# Amaka Agajja Ag'Omugole Omusajja Ow'omu Ggulu N'omugole Omukazi Ow'oku Nsi

Jeffersonville, Indiana, USA
Agusito 02, 1964.

1 Leka tusigale nga tukyayimiriddeko katono, nga bwe tuvvunamya emitima gyaffe kaakati mu maaso ga Katonda.

Kitaffe ow'omu Ggulu, ddala tusiima nnyo olw'omukisa gw'okubeera wano olwa leero, nga tukuŋŋaanye wamu mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Tusaba otusonyiwe ebibi byaffe, nga bwe tuli wano okuteeka emitima gyaffe ku bintu Ebitaggwaawo n'Obulamu obusukkawo ku buno obufa we bukoma. Kaakati tusaba Otulagirire mu ndagirira Yo, engeri gye tuteekwa okukyuka, biki bye tusaanidde okukola mu biseera eby'omu maaso, era ne mu budde buno bwennyini, okusobola okutuuka mu kifo kye twa…kye twasuubizibwa.

Waliwo bangi mu ggwanga abalwadde n'abalina ebyetaago, ate nga tebannamaliriza lugendo lwabwe. Ate nga omulabe waffe asinga, si mulabe waffe ffekka, naye naawe mulabe Wo, azze okubataayiza n'oku—n'okukomya obulamu bwabwe, n'okubasindika mu—ntaana nga ekiseera kyabwe tekinnatuuka. Kale tubasabira, leero, nti Ggwe n'okusaasira Kwo n'ekisa, Mukama, oyongezeeyo ennaku zaabwe okutuusa ku kiseera kyabwe ekyabagerekerwa.

2 Wano ku kadaala, manyanga ku kituuti, waliwo ebiremba n'ebitereke. Ne wonna mu bisenge na buli wamu, mulimu abali ku butanda, ku bisituliro, abalwadde n'abanyigirizibwa, abalala bayimiridde mu kibiina nga tebakyalimu na gayimirira.

Ayi Katonda Ataggwaawo, Ggwe Ow'omukisa, tusaba Owulire okusaba kwaffe enkya ya leero, okuyita mu Musaayi gwa Mukama waffe Yesu; nga Totunuulira bujeemu bwaffe, naye nga bwe tumanyi nti Yeewaayo ku lwaffe, era nga y'Atuukiridde mu kusaba kuno. Leka buli omu yenna awonyezebwe olw'ekitiibwa Kyo, Mukama.

Wa omukisa ebiremba bino. Bwe binaateekebwa ku balwadde, kkiriza bawone.

Era kaakano, Kitaffe, nga bwe tulindirira okutuuka ku lukuŋŋaana olukulu olw'okusabira abalwadde, lwe tukkiriza nti lwe lujja okuddako, tulage ekkubo ly'Obulamu, Mukama, tusobole okumanya nga tuyita mu Kigambo Kyo biki bye tusaanidde okukola. Kubanga tubisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

3 Nga bulijjo, guno gwe gumu ku mikisa gyange egisingayo obukulu, okubeera mu nnyumba ya Katonda n'okwogera eri abantu Be. Era kaakati mmanyi nti waliwo nnyo akanyigo, ate nga nnina eky'okuyigiriza kiwanvu nnyo. Kale ndi…Nsu—nsuubira nti—nti munakkalira bulungi, nga bwe musobola, okutuusa nga tumazeeko Obubaka.

4 Kati nno, obudde bwa bbugumu, naye twebaza olw'ebiwujjo ebiweweeza ku bbugumu. Naye, ekibiina ky'abantu ekyenkana wano obunene, tewali biwujjo biyinza kukimala, labayo, kubanga buli omu ku mmwe omubiri gwo gufulumya ebbugumu, nga lipima kumpi kyenda-mu-munaana, ate nga gweyongera bweyongezi okulifulumya obutasirikamu, ate okwo kw'oyongera n'okutuula nga twegottese. Naye nsu—nsuubira nti Katonda Ajja kubasobozesa okuwulira emirembe nga bw'Asobola.

5 Kale ffe okubeera muno, okukuŋŋaana bwe tuti, ssa—ssandyagadde mujje wano, n'akatono, bwe mba ssimanyi nti kya kubayamba, bwe mba ssirowooza nti kigenda kubagasa, nti okujja kwammwe, bwe mujja. Era, nga n'ekirala mmanyi nti tetulina kiseera kiwanvu kimala okukola bino, nga era tu—tusemberera ebi—ebiseera ebisembayo, era nja—njagala buli kaseera konna nkeyambise, nga bwe nsobola, ku lw'Obwakabaka Bwe. Era kaakati nzikiriza nti Mukama Katonda Anaatuwa omukisa nga bwe tukuŋŋaanye.

6 Era njagala okubeebaza, kubanga, eggulo nnabadde ŋŋenda mu bifo eby'enjawulo, nga ŋŋenda nnambula abalwadde n'abanyigirizibwa, mu bisulo, era nga nnabadde nnina okusisinkana abakulira ebifo ebyo wiiki eno, ebimu ku bifo ebiriirwamu. Okugeza, nnabaddeko ku Ranch House mu wiiki eno, wano eno, era nga tutandika akulira ekifo ekyo n'ankwatako mu ngalo. Yampise, era n'agamba nti, "ow'Oluganda Branham," Ne nneewuunya engeri gy'ammanyi. Era n'agamba nti…

Ne mmubuuza nti, "Ggwe okulira ekifo kino?"

N'addamu nti, "Nze nnyinikyo." Kale awo n'agamba nti, "Yee, abantu bo bajja nnyo wano okulya, nga bavudde emmanga eyo." N'agamba nti, "Ba…"

Ne mmugamba nti, "Ndowooza, bakuyitirirako obungi."

N'agamba nti, "Ssebo, abo be bamu ku Bantu abakyasingayo obulungi mu be nnali ndabye." N'agamba nti, "Balungi nnyo."

7 Nnagenze mu kisulo ky'abagenyi olunaku lw'eggulo, okulaba omuwala gwe nnabadde njagala

okwogera naye, kitaawe ne nnyina baabaddewo, kale nga nnina okugenda ewa akulira ekisulo ky'abagenyi okusobola okumanya eki—kisu-…kisenge ki mwe bali.

N'abuuza nti, "Ye ggwe Ow'oluganda Branham? We wali ku Oaks.

Ne nziramu nti, "Yee, ssebo."

N'agamba nti, "Njagala kukukwatako mu ngalo." N'agamba…N'annyanjula eri mukyala we; bombi bantu balungi nnyo. Ne bagamba nti, "Buli muntu asula mu kisulo kino ajja mu nkuŋŋaana zo. Twakibaterekedde." Ne bagamba nti, "Ba kaasitoma baffe abalala bonna twabayiye."

Ne ŋŋamba nti, "Bambi, mbeebaza nnyo olw'ekyo."

N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, abamu ku bantu abakyasinzeeyo obulungi mu be nnali ndabye, be bantu abajja wano, ababeera mu nkuŋŋaana zo."

8 Eggulo nnagenze ewa mukwano gwange, Mw. Becker emmanga wano, bulijjo ttoosi ze ensiige zimpoomera nnyo. Mu…Ye, nnamumanya dda nga nkyali mulenzi; nkuze mmumanyi obulamu bwange bwonna. Waliwo abafumbo abaababadde batudde awo nga bava eri mu—eri awakadde, emmanga eri ku Riverside Hotel wammanga eyo. Kale ne ba…Mw. Becker n'agamba nti, "Billy?"

Ne nziramu nti, "Ogamba ki, Homer?" Tumanyiganye bulungi ddala.

N'agamba nti, "Ndiisa abantu bo bonna abava engulu eyo."

Abantu ebikumi nga bibiri, n'omusobyo, buli lwa Ssande, be balya ku Blue Boar. Era buli we ŋŋenda, mpulira ebiboogerwako nga bwe muli abalungi ennyo.

Omusajja ono n'agamba nti, "Emmanga eri ku—ku Riverview eyo," n'agamba nti, "ekifo ekyo kyonna abantu abazze mu nkuŋŋaana baakijjuzizza." N'agamba nti, "Waliwo n'abalala bikumi na bikumi abatajja kusobola kuyingira."

9 Kale, okuba nga muli bwe mutyo, nze ndaba nga muli munnyo gwa nsi. Ndi—Ndi musanyufu nnyo okumanya nti nnina omukisa okuba nga mbuulira eri abantu abamanyiddwa n'aboonoonyi n'abantu abalala…Ssigamba nti abantu bano boonoonyi, naye ntegeeza nti abantu abo, abakola egyabwe bwe batyo, okusobola okuboogerako nti muli bantu balungi, nti era babasiima nnyo eyo mu mirimu gyabwe, eyo ewaabwe. Omanyi, ekyo kiraga nti muli munnyo. Ebyo mbisiima, empisa zammwe, engeri gye mukolamu ebintu.

Bulijjo ŋŋamba nti, "Ssinga wabaawo ajja nga talina, nga talina ssente za kwesasulira bya kulya, mumpite buyisi." Olaba? Ne ŋŋamba nti, "Tujja kubaako kye tukola ku nsonga eyo." Era ne ŋŋamba nti, "Bulijjo mubawe emmere, oba balina ssente oba tebalina." Laba, kyonna ekiyinza okukolebwa.

Mpulira muli nti baana bange. Muli—muli mmunyeenye ze…Bwe ndifunayo emu bw'eti nga ntuuse eyo, mmwe muliba ejjinja eryo ery'omuwendo, erisinga okumasamasa, mu—mu ngule y'obuweereza bwange. Bwe bulitikkirwa engule, mmwe mulibeera ejjinja ery'omuwendo mu yo.

10 Era bulijjo mbadde mbagamba, okuva edda, ku Bubonero Omusanvu, Emirembe gy'Ekkanisa, n'ebintu ebi—ebibadde bigenda mu maaso.

Ate kaakati, enkya ya leero, nnina eky'okuyigako ekikulu ennyo ddala. Nze ku lwange, kya mukisa munene nnyo. Nsuubira nammwe kibakwatako mu ngeri y'emu. Era ne mmala nkifulumiza mu kuluŋŋamizibwa kwe nnakifuniddemu, kiba kiyitirivu nnyo, wabula ekyo kinaaba eri Katonda okukikola.

11 Mbadde nga mbabuulira ku biki ebigenda mu maaso ne wa we biri, era tulaba ebintu bino byonna bigenda bibaawo.

Kati njogera, enkya ya leero, ku: *Amaka Agajja Ag'Omugole Omusajja Ow'Omu Ggulu n'Omugole Omukazi Ow'Oku Nsi*, mwe balibeera. Era, kubanga, nzikiriza nti olw'ekisa kya Katonda ffenna tuli kitundu ku mulimu gwa Katonda ogwo omukulu.

12 Era kaakati nsu—nsuubira mujja kuŋŋumiikiriza, mukwate Baibuli zammwe, ekkalaamu zammwe, oba kyonna kye musobola musomere wamu nange, kubanga ŋŋenda kunokola Ebyawandiikibwa bingi. Nja kugezaako okumaliriza mu budde nsobole okusabira abalwadde; era ekyo nnakisuubizza. Mubadde musaba okumala akabanga akatono akayise, mu bisenge na wano, nga musabira abo abateesobola n'abaweddemu essuubi.

Kale, nga Mukama Ayagadde, oba oli awo nja kubaayo n'olukuŋŋaana olulala nga kkumi-na-mukaaga, oba oli awo nga lwa kusabira balwadde bokka.

13 Ntandika kaakati okuwummulako. Okuva mu Janwali awedde, mbadde ntambula nnyo, kale kaakati

nkomawo wano. Kye nja okukola. Ntwala ab'amaka gange e Tucson ku makya, oluvannyuma nkomewo mmaleko akaseera wano mu Kentucky, n'egimu ku mikwano gyange, mu kuyigga, n'okuyigga kaamuje, okumala wiiki nga bbiri, oba oli awo ennaku nga musanvu oba munaana, nnaku kkumi, kyonna ekinaasoboka, okuggyako nga Mukama Alina awalala gy'Anankulembera. Ssimanya, wa w'ogenda kubeera; ebyo tetubimanya, kubanga ebyo biri mu mikono gya Katonda, Katonda Yekka.

14 Kaakati olw'eky'okuyigako kino ekikulu, tu—tu…Ndowooza, ssinga kino nkimalako obudde bwange, kubanga oba olina okuleetamu ebintu bingi nnyo, kiba kitwala wiiki eziwerako. Naye mpandiise Ebyawandiikibwa ebimu, n'ensonga ezimu, nkooneko bukoonyi ku bisingamu obukulu mu kyo, we kiyinza okukusobozesa okuyiga.

Mpozzi amangu ddala, oba oli awo, Mukama nga Ayagadde, mu Okitobba, ssimanyi oba ddi, naye wonna w'Aligabiririra, njagala okubaako n'e—n'ennaku entono, nga za nkuŋŋaana eziddiriŋŋana, ku ssuula ey'e 12 ey'Okubikkulirwa, okusobola okukikwataganya na kino wano. Ha, nzikiriza kyandibadde kikulu. Mu buli ngeri. Kigenda kuba kikulu okulaba engeri gye Yakolamu.

15 Ate, bwe tukuŋŋaanye kaakati, eggulo nnagambye, nnagambye nti, "Omanyi, bwe nna…" Ku makya, era nga buli makya gonna, ndowooza nti, "Bwe nnaatuuka wano, nja kusobola kwaniriza mikwano gyange gyonna bonna abaliwo." Kati ŋŋenda kukikola ntya?

Okuba nga nnina wano, nga mukwano gwange omulungi, Doctor Lee Vayle atudde emabega wano, mukyala we omwagalwa ne muwala waabwe. Ne ow'Oluganda Roy Borders, ne, ndowooza, ow'Oluganda Ruddell, ow'Oluganda Beeler, ow'Oluganda Palmer, n'ow'Oluganda Jackson. Era, ha, bannange, e—e… Ab'oluganda abaagalwa okuva mu bitundu ebitali bimu! ow'Oluganda Anthony Milano, ne, ha, buli wamu w'otunula, olabawo ow'oluganda omulala! Okuviira ddala emmanga mu Arkansas, amannya gaabwe ssisobola kugajjukira bulungi; ow'Oluganda John, ow'Oluganda Earl Martin, n'ow'Oluganda Blair. Era, ha, waliwo ne…o… Tebaggwaayo, ndowooza olaba. Ndi musanyufu nnyo okuba n'ekibiina bwe kityo nga banneetoolodde nga njigiriza Ekigambo kya Katonda, abasajja be ndowooleza ddala okuba nti bazira, abasajja ba Katonda bennyini.

16 Nneebaza nnyo olw'ekkuŋŋaaniro lino ettono. Ndi musanyufu olw'emiryango gyalyo etaano emiggule eri abantu bonna. Buli mulyango…Tulina abadiikoni bana wano, abasajja abajjudde Omwoyo; abawanika bana, abasajja abajjudde Omwoyo. Awo baba babiri babiri ku buli mulyango. Era eriko omulyango gwa nzigi bbiri ogwa wankaaki, ez'abasumba ababiri, be balunda.

Tuli basanyufu okuba nga tubalina; twebaza nnyo Katonda olwa kino. Abawe nga omukisa bulijjo.

17 Kaakati twagala tuyimirireko, nga bwe tusoma okuva mu Peetero eky'Okubiri essuula 3, n'okuva mu Kitabo ky'Okubikkulirwa 21.

Nga bwe tuyimirira, Ayi Mukama, jjuza emitima gyaffe n'essanyu olw'okusoma Ekigambo Kyo, nga tumanyi nti Yesu Yagamba, nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremwa." Kimanye era nti Yagamba nti, "Buli Kyawandiikibwa kiteekwa okutuukirira." Kale nga bwe tusoma ebintu bino, leka tufune okutegeera okuva gy'Oli, mu kiseera kye tulimu. Tukisaba mu Linnya lya Yesu, oyo Nnanyini Kitabo. Amiina.

18 Peetero Eky'okubiri 3.

*Abaagalwa, kaakano, eno ye bbaluwa ey'okubiri gye mbawandiikira; mu ezo zombi mbakubiriza amagezi gammwe agataliimu bukuusa nga mbajjukiza;*

*Okujjukiranga ebigambo ebyayogerwa edda bannabbi abatukuvu, n'ekiragiro ky'abatume bammwe ekya Mukama waffe era Omulokozi:*

*Nga mumaze okusooka okutegeera kino, nga mu nnaku ez'oluvannyuma abasekerezi balijja n'okusekerera, nga batambula okugobereranga okwegomba kwabwe bo,*

*Ne boogera nti, Okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa?... (Oba nga ekyo tekifaananira ddala mukazi oli omukaafiiri!) era kubanga bajjajjaffe kasookedde beebaka, byonna bibeera bwe bityo nga bwe byabanga okuva ku kutondebwa.*

*Kubanga beerabira kino nga balaba, ng'edda waaliwo eggulu, n'ensi eyava mu mazzi era yali wakati mu mazzi olw'ekigambo kya Katonda:*

*Ensi ey'edda, amazzi kye gaava gagisaanyaawo, n'ezikirira:*

*Naye eggulu erya kaakano n'ensi, ebiriwo kaakati, olw'ekigambo ekyo biterekeddwa, omuliro nga bikuumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango awamu n'okuzikirira kw'abantu abatatya Katonda.*

*Naye, kino kimu temukyerabiranga, abaagalwa, nga eri Mukama waffe olunaku olumu luli ng'emyaka*

*olukumi, n'emyaka olukumi giri ng'olunaku olumu.*

*Kale nno, Mukama waffe talwisa kye yasuubiza, nga abamu bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya.*

*Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi; mu…eggulu lirivaawo era n'ensi, n'okuwuuma okunene…lirivaawo n'okuwuuma okunene, n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi, era n'ensi n'ebikolwa ebirimu birisirikka.*

*Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde kubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda,*

*Nga musuubira nga mwegomba nnyo olunaku lwa Katonda okutuuka, olulisaanuusisa eggulu nga lyokebwa, n'ebintu eby'obuwangwa ne biseebengerera olw'ebbugumu eringi?*

*Naye, nga bwe yasuubiza, tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula.*

*Kale, abaagalwa, kubanga musuubira ebyo, mufubenga muleme okusangibwa…musobole okusangibwa mu mirembe, nga temulina bbala newakubadde omusango mu maaso Ge, era nga temuliiko kikyamu kyonna.*

*Era mulowoozenga ng'okugumiikiriza kwa Mukama waffe bwe bulokozi; era nga muganda waffe omwagalwa…Pawulo…mu magezi ge yaweebwa bwe yabawandiikira;*

*Era nga…mu bbaluwa ze zonna, ng'ayogera ku ebyo mu zo;…omuli ebimu ebizibu okutegeera, abatamanyi n'abatali banywevu bye banyoola, bye banyoola, era nga—era nga n'ebyawandiikibwa ebirala, olw'okuzikirira kwabwe bo.*

*Kale, abaagalwa, kubanga musoose okutegeera, mwekuumenga, muleme okugwa okuva mu… bunywevu bwammwe nga mutwalibwa obu…obukyamu …bw'ababi.*

*Naye mukulire mu kisa,…ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano era n'okutuusa ku lunaku olw'emirembe n'emirembe. Amiina.*

19 Kaakati mu ku—Kubikkulirwa kwa Kristo, mu ssuula eya 21, mwe nsoma Ebigambo bino.

*Ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya: kubanga eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye nga bigenze; n'ennyanja nga tekyaliwo.*

*Nze Yokaana ne ndaba ekibuga ekitukuvu, ekyo Yerusaalemi ekiggya, nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa ng'omugole ayonjereddwa bba.*

*Ne mpulira eddoboozi eddene eriva mu ntebe nga lyogera nti, Laba, eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anaatuulanga wamu nabo, nabo banaabeeranga bantu be, naye Katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo, Katonda waabwe.*

*Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nate nnaku newakubadde okulumwa: eby'olubereberye biweddewo.*

*N'oyo atuula ku ntebe n'ayogera nti, Laba, byonna mbizzizza buggya !…n'aŋŋamba nti, Wandiika: kubanga ebigambo ebyo bya bwesige era bya mazima.*

*N'aŋŋamba nti, Bituukiridde. Nze ndi Alufa ne Omega, okusooka n'enkomerero. Era ndimuwa buwa alina ennyonta okunywa mu nsulo z'amazzi ag'obulamu buwa.*

*Awangula alisikira ebyo; nange nnaabeeranga Katonda we, naye anaabanga mwana wange.*

Leka tuddemu tusabe.

20 Mukama Yesu, awali ekisuubizo ng'ekyo n'ebigambo bwe bityo ebikulu ennyo nga Yesu Yennyini era n'omutume bye batuwadde ebifa ku kiseera kye twolekedde, tuwe, Ayi Mukama, ku kuluŋŋamya Kwo, tusobole okumanya engeri entuufu gye tulina okukikwatamu. Kubanga, tumanyi nti, kijja. Ebyawandiikibwa biteekwa okutuukirira, era bwe kityo bwe kijja okuba. Era kaakano, Mukama, tusaba okusaasira Kwo kutubeereko ffenna, nga bwe tuyiga Ekigambo Kyo. Beera naffe era Okitubikkulire, Mukama, kubanga tusaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

21 Kaakati, nneebuuza oba wayinza okubaawo engeri oboolyawo, oboolyawo waliwo engeri gye bayinza okuggyako amataala ag'omu kisenge ekinene, balekeko ag'oku kituuti gokka wano, oba oli awo kyandibadde kisingako, kikendeeze ku bungi bw'amasannyalaze. Kaabula kata twokye tulansifooma, akawungeezi ka luli. Era alabirira ekifo kino ssinga ekyo akitukolera, twandisiimye okuggyako ettaala eza

wansi, ettaala ez'omu kisenge ekinene, ziveeko. Kale olwo ndowooza mujja kuba mulina wagazi aw'okulabira obulungi, okusobola okuwandiika.

22 Kaakati, omutwe nate, okugulanga, gwe tugenda okuyigako gwe—gwe mutwe ogugamba nti: *Amaka Agajja ag'Omugole Omusajja ow'Omu Ggulu N'Omugole Omukazi ow'Oku Nsi.*

Kaakati nga bwe kibadde nga…Ŋŋenda kukola bukozi kino. Eno waggulu ebbugumu liyitiridde, laba. Yee, ssebo. Nga bwe tu…Mmanyi nti mukyala wange tayagala nkole bwe ntyo; naye, ky'ekyo, okuggyako ekkooti yange. Ebbugumu eno waggulu liyitiridde. Laba, mmwe eyo mufuna ku mpewo, naye wano tetuukawo wafunda, mulaba.

23 Kaakati, gye—gye bujja, oba…

Gye buvuddeko, manyanga, twayiga Obubonero Omusanvu, Amakanisa Omusanvu. Ow'oluganda Vayle ne banne ebyo babikolako kaakati, n'obwesigwa, okusobola okubiwandiika mu ngeri y'ekitabo.

24 Kale okulaba ebintu bino byonna ebikusike bye tulabye nga bituukirira, kale ne ndowooza, nga mmaze okutegeera nti, mu kiseera kye tulimu, ne we tuyimiridde; tewali muntu n'omu yandyagadde kutuula ng'ategeerera ddala ne yeekenneenya ebyo ebyogeddwako, n'ebyasuubizibwa okubaawo, n'ebyo ebibaddewo, omuntu oyo n'atagamba nti byonna bituukiridde. Olaba? Ebyo byennyini Katonda bye Yagamba okukola, Abikoledde ddala nga bwe byayogerwa. Olaba?

25 Kaakati, mu kino ndowooza, nti, nga bwe tutamanyi kiseera ki Mukama Yesu w'Ayinza kulabikira, nnalowoozezza nti kyandibadde kirungi, kyalabise nga kisanyusa Omwoyo Omutukuvu twogere ku kino, oluvannyuma; oboolyawo tukiddire nate, emirundi nga ebiri oba esatu, kubanga ssijja kuba na biseera bimala okusobola okukimalayo kyonna.

Waliwo w'oyinza okukoona—nga eky'okuyigako ekiyinza okubaako gwe kiyisa obubi, toyinza kukimalayo kukinnyonnyola, ate olwo n'odda n'otandika eky'okuyigako ekirala.

Kale nno oluvannyumako, mu…Mukama nga Ayagadde, tujja kugenda mu bubonero obw'e 12, manyanga…Munsonyiweko. Essuula ey'e 12 mu Kubikkulirwa, eri wakati w'Okujja kwa Mukama n'enkomerero y'Amakondeere, n'ebirala. Ekyo tujja kugezaako okukikomyawo, tulage kiki Setaani ky'ali, bye yakola, wa gye yava, ekigendererwa kye, n'endabika ye ennungi ennyo eyamuweebwa bwe yamuleetera okugwa. Obulimba bwe bwamuviirako okugwa; endabika ennungi.

26 Era, n'eky'okugamba nti kizibu omuntu yenna aba ayagala okukirabirawo obutereevu, '

"eky'ezzadde" ly'omusota. Nsoomoza ku nsonga eyo, omuntu yenna, laba, eyandyagadde okukyetegereza, ne—n'okutegeera okwa bulijjo. N'omwana omuto asobola okukiraba. Olaba? Kaakati, ekyo tujja kukiddira oluvannyuma.

27 Kaakati, wano tukitegeera nti Ebyawandiikibwa bino ebibiri…Ensonga lwaki nsomye Peetero Eky'okubiri essuula ey'o 3, ne nkigeraageranya ne Kubikkulirwa 21, byombi wano byogera ku kintu ky'ekimu, naye Yokaana teya—teyakiwandiika nga Peetero bwe yakola. Olaba? Tumanyi nti Amaka gano amakulu ag'Omugole gajja kubeera wano ku nsi.

Ate kati bw'osoma, era nga mu ssuula ey'a 21, essuula eya 21 eya Kubikkulirwa, omutume wano yagamba, manyanga nnabbi yagamba, nti, "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya." Kiwulikika nga awagenda okubaawo okusaanawo.

28 Kaakati, engeri bulijjo gye nfunamu Obubaka bwange mpita mu kusaba. Nnyinza okuba nga ndi mu kusaba ekintu ne kimbikkulirwa. Awo ne nkirindako okumala eddakiika entonotono ndabe oba kituufu, ne mpulira nga kigenda kyeyongera okugaziwa n'okusembera. Oluusi nsigala nneetegereza okutuusa lwe kifuuka okwolesebwa. Naye bwe kitandika okujja, era nga mmaze okukakasa nti kivudde wa Katonda, olwo ne ndyoka ŋŋenda mu Byawandiikibwa. Labayo, Ekyo, kye kisaanidde okubeera obukakafu bwa buli kintu eky'omwoyo ekikolebwa, kubanga Baibuli kwe kubikkulirwa okujjuvu okwa Yesu Kristo; labayo, Gwe Mubiri Gwe.

Kale kaakati, mu ekyo, mpozzi nnyinza okusangayo ekintu mu Byawandiikibwa ekitawulikika nga ekituufu, ne nsooka nneewuunya. Nzirayo nate mu kusaba. Ne kikomawo nate. Awo ne—awo ntandika okwe—okwetegereza Ekyawandiikibwa kyange.

29 Kati nno, Baibuli yaffe yawandiikibwa mu Lungereza, ate ebigambo by'Olungereza bikyuka, buli kiseera. Eky'okulabirako, nga Omutukuvu Yokaana 14, wagamba nti, "Mu Nnyumba ya Kitange mulimu amayumba amangi," olwo ennyumba eba mu nnyumba ginnaayo. Kale, olwo, ggwe, ekyo ky'oba olina okukola, kwe kukizzaayo emabega ku—ku nsibuko yaakyo n'olaba kiki Yakobo kye yali ategeeza, oba n'oddayo mu Lwebbulaniya, oba Oluyonaani, ku nzivuunula eyasooka. Era awo we kigambira nti, "Mu Bwakabaka bwa Kitange mulimu embiri nnyingi." Kale, olwo, n'okomawo mu biseera abavvuunuzi we bavvuunulira Kabaka Yakobo, obwakabaka, mu Lungereza, bwali buyitibwa, "nnyumba," era nga kabaka

ye yali taata waggulu w'abakungu be. Eyo ye nsonga lwaki bavvuunula nti, "Mu Nju ya Kitange mulimu ennyumba nnyingi." Olaba? Kale nno bw'osanga ebigambo nga ebyo oba olina okubinoonyerezaako.

30 Olwo, olaba, okuva mu kuluŋŋamizibwa okwo…Mu kituuti kino enkya ya leero, ŋŋamba bwe nti nti, tewabangawo wadde omulundi ogumu lwe kitaatuukiririra ddala butereevu, okuba Ekyawandiikibwa. Bwe kityo na kino eky'Ezzadde ly'Omusota na bino ebirala byonna bwe bijja. Olaba? Okuyita mu…

Era, ddala ddala, omuntu ssinga asoma busomi n'agamba nti, "Mu Nju ya Kitange mulimu ennyumba nnyingi," bw'otomala kuyimiriramu kko kukyetegereza, n'osaba, ojja kutabulwatabulwa. Olaba? Naye ggwe sigala ng'osaba busabi. Katonda bulijjo Akitereeza, bwe kiba kiva eri Katonda.

31 Kaakati, Yokaana annyonnyola enkyukakyuka n'oku-…engeri gye kijja…Si y'akinnyonnyola, manyanga, wabula Peetero y'akinnyonnyola. Yokaana yagamba bugambi nti, "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya; eggulu ebbereberye n'ensi embereberye nga biweddewo. Nga tewakyali nnyanja. Nze Yokaana ne ndaba Ekibuga ekitukuvu nga kikka wansi okuva mu Ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa nga Omugole ayonjereddwa Bba." Naye, kati tuddayo mu Peetero eky'Okubiri ne tulaba nti, Peetero annyonnyola engeri ekintu kino gye kiribaawo. Kaakati, bw'otunuulira Yokaana kye yayogera, kiwulikika nga, "Kubanga eggulu ebbereberye n'ensi embereberye nga biweddewo," nga bisaanyeewo. Laba, awo, nti ekyo kiwulikika bulala nnyo. Kale ekyo kye kyanneewuunyisa, ne ntandika okunoonya ekigambo, "okuggwaawo." Era, kati, naye kirabikira ddala nti bano bombi, omutume ne nnabbi, baali boogera ku kintu ky'ekimu.

32 Era, kaakati, ne mu Kitabo kya Isaaya, kaakati, bw'oba oyagala kuwandiika Ebyawandiikibwa bino, mu Isaaya 65:17. Isaaya, ng'ayogera ku Myaka Olukumi, egyo emyaka olukumi egy'okuwummula eri—eri abantu ba Katonda. Isaaya yakyogerako, n'agamba nti, "Ndi…Waaliwo e…Ebintu byonna eby'edda nga biweddewo," n'engeri gye balizimbamu amayumba, bagabeeremu. Singa tubadde n'ebiseera…Oba oli awo tutwale ku budde tu—tusome kino mu ddakiika nga emu, Isaaya 65, leka tusomeyo mu ddakiika ntono wano. Era kiikino wano, ddala, mu maaso gaffe. Kaakati, tutandike, mu Isaaya 65:17.

*Kubanga, laba, ntonda eggulu eriggya n'ensi empya:…*

Kaakati, Isaaya, nnabbi, ye omu ku bannabbi abaawandiika Baibuli yonna yonna mu bunnabbi bwe. Atandikira ku kutonda; mu makkati g'ekitabo kye, nga mu ssuula ey'a 40, n'atuuka ku Yokaana Omubatiza, Endagaano Empya; n'amaliriza wano waggulu, mu Kitabo kye, mu Kubikkulirwa, mu Myaka Olukumi. Mulimu ebitabo nkaaga-mu-mukaaga mu Baibuli, ate nga mulimu essuula nkaaga-mu-mukaaga mu Isaaya. Yawandiika ekitabo kyonna mu bufunze.

Kaakati, tulaba wano nti, wano addidde essuula ey'e 65, nga ebulayo essuula emu yokka, n'ayogera ku Myaka Olukumi. Laba, bwe kiri ekirungi ennyo.

*…laba, ntonda eggulu eriggya ne…ensi empya: so ebintu ebyasooka tebirijjukirwa, so tebiriyingira mu mwoyo.* (Bya "kuggwaawo.")

*Naye mu—musanyuke era mujagulize…mu ekyo kye ntonze: kubanga, laba, ntonda Yerusaalemi okusanyuka, n'abantu baamu okuba essanyu.*

*Era ndisanyukira Yerusaalemi, ne njaguliza abantu bange: so n'eddoboozi ery'okukaaba nga terikyawulirwa omwo nate, kuba…newankubadde eddoboozi ly'okulira.*

*Temukyavangamu…mwana wa nnaku bunaku, wadde…newankubadde omukadde atannatuusa nnaku ze: kubanga omwana alifa nga yaakamaze emyaka kikumi, n'alina ebibi nga yaakamaze emyaka kikumi alikolimirwa. Olwo ne…*

*Era balizimba ennyumba, ne basulamu; era balisimba ensuku ez'emizabbibu, era ne balya ebibala byamu.*

*Era tebalizimba omulala n'asulamu;* (tugambe, nga ye ffaamu yo, mutabani wo nga agisikira, oba omu ku basika bo)…tebalisimba omulala n'alya okuva mu yo: (balyesimbiranga egyabwe era ne gisigalawo; balina Obulamu Obutaggwaawo)…*kubanga ng'ennaku ez'omuti bwe ziba, bwe zityo bwe ziriba ennaku ez'abantu bange, era okulwawo…n'abalonde bange balirwawo nga balya emirimu gy'engalo zaabwe.*

*Tebalikolera bwereere mirimu, so tebalizaala ba kulaba nnaku; kubanga lye zzadde ly'abo abaweebwa MUKAMA omukisa, n'ab'enda yaabwe wamu nabo.*

*Kaakati wetegereze, wano we nja okudda, oluvannyuma lw'akaseera.*

*Awo olulituuka, nga tebannaba kuyita, ndiyitaba; era nga bakyayogera olwo ndiwulira.*

*Omusege n'omwana gw'endiga binaaliiranga wamu, n'empologoma eneeryanga omuddo ng'ente:…*

*n'enfuufu ye eneebanga emmere y'omusota. Era tebiriruma so tebirizikiriza ku lusozi lwange olutukuvu, bw'ayogera Mukama.*

33 Nga kisuubizo kya kitalo, ekya bannabbi bano n'abasajja abagezigezi ab'ekitalo, abayigiriza ba Baibuli, mu biro eby'edda ennyo, okuba nti baalaba Olunaku luno olw'ekitiibwa nga lutuuka!

Okuyita mu nnyiriri zino, omu ayinza okulowooza, oba okuleeterwa, manyanga, okukkiriza nti ensi eno yonna, ensi eno, egenda kuzikirizibwa, "Nkola Eggulu eriggya n'Ensi Empya," laba, nti eggulu lijja kuvaawo n'ensi eggweewo, bisaanirewo ddala. Naye bwe weeyongera okwetegereza, era nga Omwoyo Omutukuvu Atuyambye, tusobola okulaba Amazima agali mu kino; era kati ekyo kye tugendamu.

34 Embeera eyeetoolodde ensi, n'okwonoona okuli mu nsi, bye bijja okuzikirizibwa. Olaba? Kaakati, tulaba nti eggulu kitegeeza "bwengula." Olaba?

35 Kikola ki? Olwo, guno omwennyango, n'endwadde, n'okufa, eby'obufuzi, n'abasajja aboonoonyi, n'abakazi aboonoonyi, n'emyoyo emibi, byonna bijja kuggwaawo era bisaanewo. Olaba? Kirina kukolebwa bwe kityo, kubanga wano wennyini we tujja okubeera. Ekyo tujja kukozesa Baibuli okukikakasa. Kuno kwennyini kwe tulibeera. Kaakati weetegereze, omwennyango, obuwuka obulwaza, endwadde zonna n'ebirala byonna, bigenda kuggibwawo ddala. Bino byonna, ebiri mu nsi eno byonna kaakati, enkola eza abantu, eby'obufuzi, ekibi, buli ngeri y'emyoyo emibi egikyafuwaza ensi, awamu n'obwengula obutuli waggulu ffe abatuula kuno, byonna byonooneddwa n'emyoyo emibi. Kati tugenda kuyingirira ddala buziba era ewala, mu kino, laba.

Bino byonna ebiri mu bwengula, oba embeera ezeetolodde, n'ensi eriwo kaakano. Ensi eno y'eriko ebintu ebyo, naye ng'ekyo si kye kigendererwa kye yakolerwa. Ekibi kye kyagireetera okuba bw'etyo. Olaba? Yakolebwa Katonda, Omutonzi. Naye byonna…

N'emibiri gyaffe gyonna, gye tulimu kaakano, gyateekebwa ku nsi Katonda bwe Yagitonda, kubanga wava mu nfuufu ya nsi. Gwali omwo gwonna. Katonda Mwene bwe Yagutonda, wali mu birowoozo Ye. Era mu Ye, Omukulu Ataggwaawo, mwe mwali ekirowoozo, ng'ekyo ye yali enneeyoleka Ye.

Naye kati ate ekibi ne kireetera bino byonna okubaawo. Era Katonda, okuyita mu mulembe guno gwonna, akuŋŋaanya ebikozesebwa Bye.

36 Setaani akyali wano. Eyo y'ensonga lwaki ebintu bino byonna bibaawo. Akyali wano, n'amaanyi ge gonna amabi gakyali wano. Labayo, y'ensonga lwaki ensi nnyonoonefu nnyo bw'eti. Ye nsonga lwaki obuvundu n'ebintu ebitasaana bikyagenda mu maaso; okuyiwa omusaayi, entalo, eby'obufuzi, okwonoona, obwenzi, na buli ngeri ya bugwagwa egenda mu maaso, kubanga Setaani ye mufuzi w'ensi eno na bino ebigyetoolodde.

Obuuza nti, "Embeera e-…? Yee, ssebo!

37 Byombi eggulu n'ensi kati byonooneddwa birimu amasetaani agatuloopa mu maaso ga Katonda. Naye Yesu Waali okutuwolereza. Olaba? Abatuloopa bwe beeyongera okutusongamu ennwe mbu, "baakoze kino, baakoze kino, baakoze kino," naye gwo Omusaayi guba gukyatubisseeko. Yajja okununula Abalonde abo be Yalaba edda. Ye nsonga lwaki ensi nnyonoonefu nnyo leero.

38 Wano, omutume, wano mu Peetero eky'Okubiri, essuula ey'o 2, n'olw'e 5 era ne…olunyiriri olw'e 5 ne 6. Weewaawo, nkifunye. Ayogera ku mitendera esatu egy'ensi. Labayo, a—alaga emitendera gyayo esatu. Weetegereze engeri gy'agireetamu.

"Ensi ey'edda yayimirira ng'evaayo mu mazzi," kaakati, eyo ye nsi eyaliwo nga amataba tegannabaawo.

Kaakati, eyo eriwo kati, ensi ya leero gye tulimu kaakati, yagiyita "nsi."

"Ensi ey'edda eyayimirira okuva mu mazzi," Lubereberye 1:1. Kati ate "ensi" eriwo kaakati. Ate, oluvannyuma, n'ayogera ku ndala, "ensi ejja," Ensi Empya. Ensi za ngeri ssatu; emitendera esatu egy'ensi.

39 Kale weetegereze engeri Katonda gy'Atulagira ddala entegeka Ye ey'obununuzi. Ha, kino kyasanyusa emmeeme yange bwe nnakiraba, engeri gy'Atulagira ddala entegeka Ye ey'obununuzi. Kati geraageranya n'ebyo bye tulaba n'amaaso gaffe. Katonda by'akoze okununula ensi Ye, Akoze entegeka y'emu okununula abantu Be, kubanga Katonda atakyuka ne mu nkola Ze zonna takyuka oba mu kintu kyonna. Nga kya kitiibwa nnyo!

40 Engeri gye Yatuluŋŋamya n'Atuleeta gy'Ali, alyoke atuule mu ffe, okuyita mu mitendera esatu egy'ekisa; era nga bw'Aluŋŋamizza ensi mu mitendera esatu, okujja mu nsi. Nga Katonda bw'Alijja ku nsi ng'emaze okuyita mu mitendera esatu egy'okulongoosebwa, era bw'atyo ddala bw'Ajja gye tuli nga ayita mu mitendera esatu egy'ekisa. Ekyo nnakiyigiriza okuva ku lubereberye; ssikikyusanga, okuva ku olwo.

Kigambo kya Katonda.

41 Olina okukuuma essatu zo awamu, emisanvu gyo, ekkumi-n'ebbiri zo. Okubala kw'omu Baibuli kuteekwa okugendera awamu nga kutuukiridde oba ssi ekyo ekifaananyi kyo kijja kutabuka butabusi. Bw'oba tosobola kukitegeera, sigala ng'osaba busabi. Ggwe weetegereze, kijja kugyamu bulungi, ddala. Katonda Atuukirira mu ngeri ssatu ssatu. Olaba?

42 Weetegereze, “ensi ey'edda,” eyaliwo nga amataba tegannabaawo; ne “ensi” eriwo kati; ate n'Eyo ejja.

Kati, omutendera ogusooka mw'Atuleeta oku…Labayo, entegeka Ye ey'obununuzi y'emu mu buli kintu. Akozesa enkola y'emu. Takyusaako n'akatono. Yagamba, mu Malaki 3 nti, “Nze Katonda, era Ssikyukakyuka.” Engeri gy'Akikolamu, n'olwekyo, oba Yalokola omuntu gwe Yasooka okulokola, nga Akozesa Omusaayi ogwayiika ogw'Oyo ataalina musango, bw'atyo bw'Ajja okulokola addako; na buli mulala yenna gw'Alokola ajja kuba mu ngeri y'emu.

Bw'Aba Yali Awonyezzaako omuntu yenna mu lugendo lwonna olw'obulamu; ka kibe mu nnaku za Yesu, abatume, bannabbi, wonna wonna we kyali kibaddewo; embeera eyo yennyini bw'eddamu n'esangibwa, Alina okuddamu okukikola. Kye ekyo. Takyuka. Omuntu akyuka, ebiseera bikyuka, emirembe gikyuka, ebiro bikyuka, naye Katonda Asigala kye kimu. Atuukiridde taliiko kamogo. Ekyo nno nga kisaanye okuleetera abalwadde essuubi!

43 Bw'Aba Yali Awonyezza omuntu, Alina okuddamu okukikola embeera y'emu nga esangiddwa. Bw'Aba nga, Yali Alokoddeko omuntu, Alina okuddamu Akikole mu mbeera y'emu gye Yakikoleramu omulundi ogwasooka. Bw'Aba yali Ajjuzizza omuntu n'Omwoyo Omutukuvu, Alina okuddamu Akikolere mu mbeera y'emu gye Yakikoleramu omulundi ogwasooka. Bw'Aba nga Yali Azuukizizza omuntu okuva mu ntaana, Alina okuddamu Akikole ogw'okubiri, na buli mulundi omulala gwonna, ku nnono y'emu.

44 Ye Takyuka. Oh, ekyo nga kimpa essuubi! Kiki? Ssi mu ndowooza obulowooza ez'abantu, ng'ekintu obuntu ebibiina by'abantu bye beegunjizaawo ebikuŋŋaanya abantu; wabula mu Kigambo Kye ekitakyukakyuka.

Ggwe obuuza nti, “Ge Mazima?”

Yagamba nti, “Leka buli kigambo kya muntu kibe bulimba, Ekyange gabeere amazima.” “Kubanga eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremwa n'akatono.” “Ebyawandiikibwa byonna byaweebwa nga biyita mu kuluŋŋamizibwa, n'olwekyo birungi era bigasa olw'Okuyigiriza.” Era jjukira, nti, “Ebyawandiikibwa byonna bigenda kutuukirizibwa,” buli katundu konna ku byo.

45 Weetegereze engeri Katonda gy'Akitulagira ddala mu ngeri entangaavu. Era ssinga ekyo tebwali bu—bukakafu bwa maanyi, obulungi…omukisa, omunene ogw'okwagala oguva eri Katonda! Bwe ndaba kino, ne ndaba nti okuva nga nkyali mulenzi muto, okuva Kristo lwe Yasooka okukolagana nange, n'okutuusa kati nkyayigiriza emitendera egyo esatu egy'ekisa. Kaakati weetegereze oba si kituufu leero.

46 Kati, eddaala erisooka kwe “kwenenya eri Katonda.” Ate ng'ekyo kiwedde, ne kuddako okubatizibwa mu mazzi, “okubatizibwa mu mazzi,” “Mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo.” Laba, okubatizibwa n'amazzi kwe kuddako, nga kiraga nti okwenenya kubadde kwa nnamaddala. Kwe kugamba nti, “okuggibwako” ebibi byaffe bye twakola, ekyo tekirina kakwate na bibi ebigenda okujja. Kiggyawo buggya bibi ebibaddewo. “Mwenenye, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo.” Lwaki? “Lwa kuggibwako bibi.” Okuggibwako ebibi byo ebyayita tekirina kakwate na bya mu maaso. Wabula, ebibi by'obadde olina bye bikuggibbwako, ebyo bye wakola.

Toyinza kwenenya lw'ebyo Adamu bye yakola. Ssi ggwe wabikola; Adamu ye yabikola. Ggwe ekisonyiwo ekikuweebwa ky'ebyo bye wakola. Naye omuntu ow'edda akyakulimu.

47 Leka nkozeseeko ku lubaawo luno akaseera. [ow'Oluganda Branham akuba obufaananyi ku lubaawo—Omuk.] Kati, guno gwe mutima gw'omuntu. Kati ssi…Siri mukubi wa bifaananyi n'akatono. Guno mutima gwa muntu; era ne guno mutima gwa muntu. Kati, guno oguli wano gulimu omusota, ekyo kye kibi, era gulina obulamu obwagwo. Ate guno wano gulimu ejjuba, nga ye Mwoyo Omutukuvu, wano gulina Obulamu. Kati, guno wano, gulina ettima, obukyayi, obuggya; nga ekibireeta, kye kino wano ekigulimu. Ate, guno wano gwo gulimu okwagala, n'essanyu, n'obugumiikiriza; era Ekyo kye kibikola, wansi wano.

Kaakati, singa oba obuuziddwa, manyanga ng'osonyiyiddwa ebibi byo, kino kyokka ky'oba okoze, oba oggyeewo ekyo. Naye ekyakukozesezza ebintu ebyo kikyakulimu. Eyo ye nsibuko y'obubi ey'edda; ekyakulimu. Weetegereze, olwo ne weenenya era n'obatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, nti Yakusonyiwa ebibi byo. Wekkaanye.

48 Olwo, ekiddako, kwe kutukuzibwa, nga kwe kuteeka ebirowoozo byaffe mu mbeera ey'obutukuvu, okulowooza mu ngeri entuufu. Nga biggiddwawo…okutukuzibwa kigambo kya Luyonaani ekirina amakulu

agatali gamu, nga kitegeeza nti "olongooseddwa, era nga olindirira kutandika kukozesebwa."

Kati awo, ekiddako, kwe kubatizibwa kw'Omuliro n'Omwoyo Omutukuvu, Katonda Alyoke Atuule mu ffe. Era Omuliro gwa Katonda gulongoosa emitima gyaffe okuva mu kibi, ne guteeka Omwoyo Omutukuvu mu ffe. Olwo ne tulyoka twoleka Obulamu bwennyini obwaleetebwa Kino, kubanga Ekyo kiri mu ffe.

49 Weetegereze, mu kuzaalibwa okwa bulijjo, omukazi bw'azaala omwana omuwere. Obulamu obw'omubiri bwoleka obulamu obw'omwoyo. Omukazi bw'azaala omwana, mu butonde, ekintu ekisooka okubaawo ge mazzi okwabika, ne kuddako omusaayi, oluvannyuma ne kuddako omwoyo (nga bwe bulamu). Kwata akaana ako okakubemu [ow'Oluganda Branham n'akuba mu ngalo omulundi gumu—Omuk.], ajja kutandikirawo, okukaaba. Amazzi, omusaayi, omwoyo.

50 Kati nno omwana bw'azaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda, ajja mu ngeri y'emu: amazzi, Omusaayi, Omwoyo.

Kaakati labayo, okutukuzibwa, eddaala ery'okusatu…eddaala lyakyo ery'okubiri, lirongoosa ebirowoozo; litereeza omutima, endowooza y'omutima, mu mbeera ey'obutukuvu.

Omuntu asobola okwenenya ebibi bye naye n'asigala nga akyalowooza ku…Mpozzi, oba oli awo mu—musajja abadde mwenzi, buli lw'asanga omukazi ayambadde mu ngeri eraga obwenzi, kiba kikyamulimu. Oboolyawo abadde mutamiivu; buli lw'awunyirwa ku mwenge, kiba kikyamulimu. Olaba?

Naye bw'amala okutukuzibwa, ekyo kimulongoosa ne kimuggyamu okwegomba okwo. Olaba? Ekyo kimuggyamu kiri ekigumwagaza. Akyayinza okukemebwa, naye kati aba Aggyeewo ekigumwagaza. Kyokka era, aba tannatereera.

Olwo nno, n'abatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Alongooseddwa, ayokeddwa, alongooseddwa; olwo n'alyoka atandika okukozesebwa mu kuweereza Katonda.

Okutukuzibwa kubateekateeka buteesiteesi balyoke bakozesebwe.

51 Era weetegereze engeri yennyini gye kijjamu, obubaka engeri gye bujjamu. Martin Luther, n'obutabalirwako musango; John Wesley, n'okutukuzibwa; omupentekoote, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Obubaka bwonna, y'ensonga lwaki tekyayinza kubaayo na mirembe mirala, laba. Tuli ku nkomerero. Emitendera esatu. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kutukuza mutima.

52 Kati nga kyewuunyisa, Addira ekifo ffenna mwe tugenda okubeera, n'Akiyisa mu nkola y'emu.

Kati, Yayita Ekkanisa okuyita mu okuggibwako musango, n'Agiyita okuyita mu kutukuzibwa, ate n'Agijjuza Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Era Yagiyisa mu mitendera, Ye kennyini, Omwoyo Omutukuvu Yennyini, Omwana wa Katonda, Asobole okutuula mu mutima gw'omuntu. Kati nno, Erina okuyita mu ebyo Alyoke Ayingire Atuule mu Yo.

Weetegereze, bw'Atyo bwe Yakola ensi, Omugole oyo mw'agenda okubeera, mu ngeri y'emu, ng'entegeka Ye eyo—ey'obununuzi bw'eri.

53 Tunuulira ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo. Ye, oluvannyuma nga emaze okwenenya, okuyita mu Mugole w'ebiro ebyo, Nuuwa, Yagiwa okubatizibwa kw'omu mazzi, yagibikka n'amazzi. Olwo, nga bwe butabalirwako musango, nga kiraga nti Ayolekedde okuyita ensi eno eyagwa, okuva mu Edeni, okugizzaawo nga bwe yali.

Oluvannyuma Kristo yajja n'agiyiwako Omusaayi Gwe, n'agirongooza era nga agibala nti yiye. [ow'Oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi egiwerako—Omuk.] Laba, eyo ye nsi gye tulimu leero.

Laba Setaani, wano mu Byawandiikibwa, engeri gye yagezaako okumumenyesa entegeka ya Katonda entuufu ey'Okugifunamu, n'agimuwa bwe yamutwala ku lusozi waggulu, nga agezaako okugimuwa awatali kugisasulira na Musaayi?

54 Wakiraba nti Ibulayimu, bwe baagezaako okumuwa ettaka, yaligula ne sekeri za ffeeza nnyingi nnyo, mu maaso g'abantu, nga akabonero, ng'obujulizi? "Leka kimanyike olwa leero nti nnagula ekifo kino eky'okuziikangamu." Laba, yakigula! Naye Setaani yagezaako oku—okumuwa obwakabaka ate kati nga ye nnyini bwo. Yagezaako okubumuwa ng'ekirabo, naye n'Abugaana. Kubanga, laba, olwo Setaani yandibadde afunye kw'asinziira okubumubanjirako. Naye, yali erina kugulwa bugulwa. Amiina. Ye yali Kigambo mu bujjuvu bwakyo. Baali tebasobola kukimulimbiramu.

Kaakati, kati esigadde kufuna kubatizibwa na Muliro.

55 Laba, kaakati ki…Kiki ekyabaawo? Kristo Yajja n'Ayita ekkanisa okwenenya, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggibwako ebibi; Atukuze Ekkanisa; era Akke n'Omuliro gwa Katonda Ayokye obukyafu bwonna, Ajje Atuule mu mutima gw'omuntu.

56 Kaakati, ensi, okusobola okununulibwa, ku lw'omuntu ono omununule, Akozesa enkola Ye ye emu. Yagibatiza mu mazzi, oluvannyuma lw'okuzikiriza kw'amataba. N'agiyiwako Omusaayi Gwe, alyoke agitukuze agyeddize. Yiye.

Setaani yagezaako okugamba mbu, "Nja kugikuwa."

Ye n'agamba nti, "Nedda, ssebo, Nja kugigula." Leka bubeere obujulizi. Yawanikibwa, nga akabonero, akalaga nti Agiguze. Yagisasulira.

57 Naye kaakati erina okuyita mu kubatizibwa n'Omuliro, Omuliro omutukuvu oguva ewa Katonda, ogulongoosa ensi n'obwengula obugyetoolodde. Olwo, eba eguliddwa abanunule basobole okugibeeramu, bagibeeremu mu mirembe. Weetegereze, okubatizibwa n'Omuliro kwa kugirongoosa okuva mu kibi, okuva mu ndwadde, okuva mu buwuka bwonna obulwaza, okuva mu boonoonyi, okuva mu setaani n'ekibinja kye kyonna. Wa kusuulibwa bweru, mu Nnyanja y'Omuliro. Omuliro Omutukuvu oguva ewa Katonda, gukka okuva ewa Katonda, okuva mu Ggulu, ne gugyokya, laba, okusobola okugiteekateeka Katonda alyoke asobole okugituulamu. Kubanga, Katonda, mu Nsi Empya ejja, agenda kubeera ku nsi. Kubanga, oyinza okugamba nti, "Katonda, Atuula mu mutima gwa muntu." Weewaawo naye, Ye awamu n'Omugole Omukazi bafuuka Omu, era bagenda mu Maka gaabwe mu Nsi Empya. Era entegeka y'emu ey'obununuzi y'ekozesebwa okununula, byombi, ensi n'abantu abagibeeramu.

58 Labayo, omutima gulina okutukuzibwa bwe gutyo. Nga Katonda tannaba kukka mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu, nga ye Kristo Akka okutuula mu mutima gw'omuntu, guteekwa okusooka okwenenya. Guteekwa okusooka okubatizibwa mu mazzi, mu Linnya Lye, okulaga ani nnyiniyo.

Oluvannyuma ekiddako guteekwa okutukuzibwa n'Omusaayi gwa Yesu.

Awo nno Omuliro omutukuvu n'Omwoyo Omutukuvu, okuva eri Katonda, ne gukka okwokya okwegomba kwonna okw'ekibi, n'obutonde bwonna obw'ensi. "N'olwekyo, oyo ayonoona nga agenderedde oluvannyuma lw'okumanya Amazima…" Olwo nno, Baibuli n'eddamu n'egamba nti, "tekisoboka…" "Kubanga, omu—omuntu eyazaalibwa Katonda tayinza kwonoona; tayonoona." Tewali ngeri yonna gy'ayinza kwonoona. Ayinza atya okuba omwonoonyi, ate nga mu kiseera kye kimu, mununule? Nnyinza ntya okubeera ekintu ekisingiddwaayo olw'ebbanja, ate ne mbeera nga si kye ndi, mu kiseera kye kimu? Olaba? Ha, Yatununula n'Omusaayi Gwe; n'Atulongoosa n'Omwoyo Gwe; ate ajja okutuula mu ffe, Ekkanisa. Si ekibiina ky'eddiini; kati, wabula Ekkanisa!

59 Kaakati weetegereze nnyo nga tulaba kino, ebifo bye tu—tulibeeramu. Kaakati, kaakati, oku—okwenenya mu biseera ebyo ng'amataba tegannabaawo, mu kiseera ekyo, kwaleeta okubatizibwa n'amazzi. Oluvannyuma Kristo n'Ajja n'Agiyiwako Omusaayi Gwe, Alyoke Aginaaze era Agibale nti Yiye. Ate ne walyoka wajja, omulundi oguddako, okuzikirizibwa kw'ensi nga bw'eri kaakati.

Ebibi byonna ebiri mu bwengula waggulu, "ye mulangira w'amaanyi ag'omu bbanga," aziyiza (alwanyisa) emikisa egiva eri Katonda. Omwo mwe mujjira laddu ez'okumyansa ne zikuba ensi, na buli kintu, ebiva mu bbanga, enkuba eva mu myaliiro gy'omuzira mu bbanga, n'emiyaga egy'amaanyi, emi-… emiyaga na buli kimu, "biva mu bbanga," nga ebyo ye Setaani, "omulangira ow'amaanyi ag'omu bbanga."

60 Weetegereze, olabe Setaani nga bwe yagezaako okugiddira, nga bwe nnagambye eddakiika ntono eziyise, agiwe Yesu nga tannagigula. Olwo, Setaani aba aky'asobola okugibanja, kubanga eba eriko obulambe, laba. Naye Yesu Agigula na Musaayi Gwe ogwayiika n'agikomyawo eri nnyiniyo omutuufu. Olaba? Bw'atyo bwe yatugula, n'Omusaayi Gwe, bw'atyo bwe yagula Ekkanisa.

Kaakati okubatizibwa kwayo okw'Omuliro kugirongoosa okuggyamu obuwuka bwonna obulwaza, endwadde zaayo zonna, obulwadde bwonna, n'ebintu eby'engeri y'omwoyo byonna; nga ate era ne mu ffe, mu ngeri y'emu, kikola mu ngeri y'emu; okugitegeka Katonda okutuulamu, mu mulembe guno omukulu ogugenda okujja, Ensi Empya. Olaba, Aginunula mu ngeri y'emu nga bw'Anunula abantu Be. Byonna Abikolera ddala mu ngeri y'emu, ye ntegeka Ye ey'obununuzi. Kubanga, Ye Katonda atakyukakyuka, era abeera bumu bulijjo mu ntegeka Ze.

61 Nga bwe nnali mbagambyeko, era ne nkibategeeza, okuva edda lyonna, nga okuyita mu mirembe gyonna, nti Katonda Tasobola kukyuka; Ayongera okukimanyisa, mu buli ngeri, mu ngeri y'emu.

62 Yakimanyisa, okuyita mu bubaka Bwe obwasooka, eri omulembe ogwaliwo nga amataba tegannabaawo, okuyita mu nnabbi Nuuwa.

Nnabadde njogerako n'ow'oluganda omwagalwa omu atudde wano nange kaakati. Eggulo, yagambye nti, "Waliwo kimu kye wayogera, Owoluganda Branham, bulijjo ekintiisa."

Ne mbuuza nti, "Kye kiki, ow'oluganda?"

N'agamba nti, "Wagamba bw'oti," era nga kituufu nti, '"Baliba batono ddala, nti akabiina katono ke kalirokolebwa mu nnaku z'Okujja." Ne twogera ku Yesu bwe Yayogera n'Agamba nti, 'Omulyango mufunda

era n'ekkubo lya kanyigo, era batono abaliriraba.' Kaakati weetegereze, Baibuli egamba nti, 'Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa emmeeme munaana bwe zaalokolebwa amazzi, bwe kityo bwe kiriba mu Kujja.'"

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, ofunidde ddala…"

N'agamba nti, "Jjukira, mwalimu emmeeme munaana zokka."

Ne ŋŋamba nti, "Ate tonnaba kukirabira ddala bulungi."

63 Ate nga, Nuuwa yali kifaananyi eky'abo abaali baafikka ku bali abaali baatwalibwa, ye teyawaanyisibwa. Enoka, yali musajja omu bw'ati, ye yagenda mu Kukwakkulibwa nga amataba tegannajja, nga kiraga nti Ekkanisa teyita mu kubonaabona okunene oba ebikuliraanye byonna. Enoka yawaanyisibwa, nga ali omu. Ha, ekkanisa bayinza okuba nga bangi; naye Omugole ajja kuba kabiina katono ddala mu muwendo abanaakolebwamu Omugole. Kaakati, ekkanisa basobola okuba abantu abangi; naye, Omugole, labayo, geraageranya abantu omunaana ku omu. Kimu-kya-munaana ku bungi bw'ekkanisa, Omugole bw'atyo bw'ajja kuba omutono, ku bungi bw'ekkanisa.

"Kale oba nga kizibu omutuukirivu okulokoka, olwo omwonoonyi atatya Katonda alirabika wa," abo abamanyi kye batasaanidde kukola, ne bagenda mu maaso, ne bakikola? Abo abagoberera ebiragiro by'amadiini mu kifo ky'Ekigambo, balirabika wa, kyokka ate nga beeyita Bakristaayo, nga beeyita Erinnya lya Kristo?

64 Kaakati, mu bujjuvu, Nuuwa yali kifaananyi ky'abo abaasomosebwa. Jjukira nti, Nuuwa bwe yavaamu, Kamu yali naye. Ekibi kyali kikyalimu. Ekibi kyasigala kikyagenda mu maaso, okuyita mu lyato. Obutakkiriza, okubuusabuusa, byasomokera mu lyato, ne biseeyeeza waggulu w'omusango. Naye Enoka yatumbiira nnyo okukira eryato, n'agenda mu Maaso ga Katonda. Naye Nuwa yayitamu n'afuluma, era nga ekibi kikyaliwo; ekiraga Emyaka Olukumi, egy'embeera y'ensi.

Emyaka Olukumi si y'enkomerero ya byonna. Wajja kuba nga wakyaliwo ebiseera oluvannyuma lw'Emyaka Olukumi. Emyaka Olukumi kiseera kigere; naye, si ye nsi Empya. Nedda, n'akatono. Weetegereze, mu ekyo, tujja kukiyingiramu oluvannyuma lw'akaseera katono.

65 Laba, ensi, ennunule, nga eddayo eri Nnannyiniyo ow'olubereberye nate. Kyatwala…Yagiggya ku Setaani. Yagisikambula, n'Agiggya ku Setaani, nga naawe bwe yakuggya ku Setaani, nga bwe yaggyayo omukazi oli ku luzzi okuva mu ngalo za Setaani. Kabona yali ayimiridde nga awo, nga alowooza nti y'ali ne Katonda, kyokka bambi nga tewali kye yali alina. Olaba?

66 Nnandyagadde ekyo nkibakubireko ekifaananyi mu kaseera katono mulabireko. Kaakati, kino twagala tukifunire ddala bulungi, kale kati mwetegerereze ddala ku ky'okuyigako kino. [Ow'oluganda Branham akuba ebifaananyi eby'okulabirako ku lubaawo, eby'okweyambisa mu bitundu ebiddirira ebitonotono—Omuk.]

Kaakati, ono wano, ono ye Katonda. Katonda, nga ye Ataggwaawo, atalina… Nga tewali mulala okuggyako Ye. Naye, nga mu Katonda, alimu enneeyoleka ze. Ate kaakati, kino wano, kikiikirira Ekigambo, Ekigambo kya Katonda, ekyayambala omubiri ne kibeera naffe mu muntu ayitibwa Yesu.

Kati ono wano, omuntu ono, tugenda kumufuula bwe tuti. Kaakati, ono ye ayitibwa omukazi ow'oku luzzi. Ono ye kabona, Omufalisaayo. Ate wano w'olaba bwe wati, awali olubaawo olwereere, wategeeza kisa na bulokozi.

67 Kaakati, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera gye tuli." Emitendera esatu. Okusooka yali nneeyoleka, eyali mu Katonda, bwe Yeerowooza okufuuka omuntu; ekyo ne kimuleetera okweyolekera mu Yesu; era kati, bw'oba nga oli wa kubaayo Eri, waliyo dda wamu Naye. Kubanga waliwo engeri emu yokka ey'Obulamu Obutaggwaawo, era oyo ye Katonda; era wali olina kubeera kitundu ku Katonda mu lubereberye, so si ekyo kye walonda obulonzi okubeera wano ku nsi. Ye Yakulonda. "Abo bonna Kitange be Yampa balijja."

68 Kaakati tunuulira kabona ono wano. Tulaba nga ekitundu kye kino eky'oku nsi, wano, obulamu bwe obw'emabega, emabega we, obulamu bwe mu kuteekerwateekerwa, bwonoonyi.

Ggeyeena yiino, wano wansi.

Kaakati, ekitundu kino ekitono wano, ekifaanana nga olubaawo luno, ekyo kye kyoleka obulongoofu bwe. Yali kabona. Yali musajja wa kitiibwa. Ekyo kyali kyoleka kino. N'ekirala, yalina, okuba omusajja omulungi, oba si ekyo, teyandibadde kabona. Naye olaba engeri gye yabufunamu, kuyita mu buyigirize obw'amagezi ag'obwongo.

69 Kaakati, mukazi wattu ono, obulamu bwe obwasooka, waggulu wano, yali malaaya, yenna yali mwonoonefu. Naye munda mu ye, wano, muno mwe mwali okutegeeratategeerako okutonotono. "Mmanyi nti Masiya bw'alijja …" Olaba? Laba, ekyo kyamulimu.

Weetegereze, Yesu bwe yajja n'ayoleka Ekigambo, kubanga Ekigambo kyabikkulanga ebirowoozo ebyali biri mu mutima; nga Abaebbulaniya 4 bwe wagamba nti bwe Kijja okukola, 4:12, nti Yali wa kukikola. "Ekigambo kyali kyawula ebirowoozo by'omu mutima," era yajja nga Omwana w'omuntu, Nnabbi. Kiki ekyabaawo? Kabona ono, eyalina obuyigirize obw'omu bwongo bwokka, yagamba nti, "Ogwo muzimu," kubanga eddiini ye bw'etyo bwe yali ekiyita. Kyakola ki? Mu ye temwalimu nsigo ekiikirirwa, kale ne kimuziba buzibi amaaso.

70 Naye mukazi wattu ono teyalina kintu kyonna ky'avaako; yali mukyafu era omwonoonefu awedde emirimu. Naye, laba, munda mu ye, yalimu ensigo ekiikirirwa, laba. Kale nno, olwo, ye yali alinda kino kirabisibwe mu mubiri.

Era bwe Yagamba nti, "Genda oleete balo mujje wano."

Yamuddamu ng'agamba nti, "Ssebo, sirina wadde omu."

N'amugamba nti, "Oyogedde mazima, kubanga olina bataano, ate ne gw'olina kaakati si wuwo. Waakabeera na bataano. Ekyo bonna kibafuula mukaaga be waakabeera nabo."

N'agamba nti, "Ssebo!" (So si, "Ggwe," si, "Beruzebuli.") "Ndaba nga Oli Nnabbi. Kati, tumanyi nti Masiya, Ayitibwa Kristo, Alijja. Era bw'Alijja, Ye Alikola bino."

N'agamba nti, "Ye Nze."

Nga tewakyali kubuusabuusa nate. Waali teweetaaga na kukinnyonnyola. Omukazi yakiraba. Yakikkiriza. Amangu ago n'adduka! Lwaki? Kyamukola ki? Kyamununula.

Kaakati labayo, Yajja abeere Omununuzi. Ekyo kituufu? [Ekibiina ne kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okununula kitegeeza ki? "Kukomyawo." Lwaki teyakomyawo kabona? Kubanga yali tabeerangako waggulu eri. Olaba? Laba, kabona yali talina kukiikirirwa kwonna.

Yajja okununula ekyo ekyali kyagwa. Mu kugwa, ono yayonoonebwa, nga ye muwala oli; naye Katonda Yali Amulina mu birowoozo Bye nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo, kale n'Ajja okumulongoosa. Olaba? Olwo N'a…Omuwala ono yalina Obulamu Obutaggwaawo. Olaba?

71 Ate, ye kabona, kyamukola ki? Kyamuzzaayo buzza eyo gy'alina okukomekkereza. N'eky'okusooka, teyaliimu kantu konna, okuggyako amagezi amasome obusomi.

Kaakati wuliriza, mukwano gwange, bw'oba nga ekintu kyokka ky'olina ge magezi ag'obuyigirize gokka, olina kintu kya njawulo nnyo ku kiri. Era tolisobola n'akatono Kiri Okukifuna okuggyako nga olina okukiikirirwa okuva waggulu. Eyo ye nsonga lwaki nzikiriza nti muva ebuvanjuba n'ebugwanjuba, obukiikakkono n'obukiikaddyo; Ekigambo, ekiramu, nga kirabisiddwa.

72 Kaakati wekkaanye engeri gy'Amanyisaamu enkola Ye ng'Ayita mu bannabbi Be, ku lubereberye. Tagikyusangako.

[Waliwo ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]…obulokozi. Yajja ku muntu omusango; n'Amutukuza; n'Atuma Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro, n'Amwokyamu ekibi, era Ye yennyini, n'Atuula mu ye.

N'ensi, gy'Agenda okukozesa mu ntegeka Ye ey'obununuzi, bw'Atyo bw'Agikola mu ngeri y'emu. Yeenenya era n'ebatizibwa mu mazzi, mu…okuyita mu Nuuwa. Yesu n'Ajja n'Agitukuza, nga Agitonnyezaako Omusaayi Gwe, era n'Agibala nti Yiye. Era mu Nsi Empya ejja, ya kufuna okubatizibwa n'Omuliro Omutukuvu, okugirongoosa okuggyamu buli muzimu, buli kawuka akalwaza, buli ndwadde, na buli kintu ekirimu, agizze bupya. "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya."

Ofuuka muntu mupya. Amiina! Si muntu ow'edda akubiddwa obukubwa ebiraka, okuyita mu kwegatta ku kkanisa oba okukyusa ku nneeyisa, naye ofuukira ddala ekintu ekiggya. Katonda Addira omuntu ow'edda n'Amwokera ddala, ng'Akozesa Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro, era Ye Yennyini n'Ajja, n'akusindikira okukiikirirwa kwo. "Tewali n'omu ajja gye ndi nga Kitange si y'amuwaludde. Era abo bonna Kitange be Yampa balijja gye Ndi," Mukiraba? [Ekibiina ne kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ntegeka y'emu; ngeri y'emu.

73 Setaani yali…aliggibwa ku nsi, nga ddala Setaani bwe yaggibwa mu bulamu bwo. Setaani tayinza kutawaanya; manyanga, ayinza okukema, naye tayinza kweddiza Mukristaayo eyazaalibwa ogw'okubiri. Kubanga, Katonda, okuva ku kutondebwa kw'ensi, Yamulabirawo, era n'Atuma Yesu Ajje Amununule, era Omusaayi gwe gumwogerera. Ayinza atya okwonoona, ate nga ne ky'akoze tekiyinza na kulabika, eri Katonda? N'okuba ta…Ekintu kyokka ky'Awulira lye ddobozi lyo. Alaba kukiikirirwa kwo. Amiina! Ekyo kituufu. Olaba?

74 Mu nkola y'emu, n'ensi eri kimu ku nneeyoleka Ze nga naawe bw'oli emu ku nneeyoleka Ze. Ensi efuuka emu ku nneeyoleka Ze, kubanga yali ndowooza ya Katonda, mu lubereberye. Okuba n'ensi,

okutuula ku Nnamulondo, okubeera Kabaka, okubeera Omununuzi, okubeera Omuwonya, ezo zonna nneeyoleka Ze.

75 Kiringa bw'olaba enneeyoleka zo. Siyinza kugamba nti e—e "ekikondo" okuggyako nga mmaze kulowooza ku kikondo. Sisobola kugamba nti "musajja" nga sisoose kuloowooza ku musajja. Kale bwe ndowooza ku musajja, ne ŋŋamba nti "musajja," awo endowooza yange evaamu enneeyoleka yange era ekiva mu mutima gwange kye kigambo. Olaba?

Nga Isaaya, yali ayinza atya okugamba, nti, "Embeerera eriba olubuto"? Ekirowoozo kye kiki?

76 Kaakati, bangi ku mmwe mwewuunya, engeri y'okumanya eby'obuziba bw'omu mitima, nga bwe kuba. Ŋŋenda kubabuulira. Laba, kigambo kye njogera obwogezi. Era tekuba na kulowooza kwange, kubanga nze mba n'okumanya simanyi. Simanyi na bwe kirowoozebwa. Nnyinza ntya okukubuulira amannya go ne wa gy'ova, nga n'okukumanya sikumanyi? Nnyinza ntya okukubuulira ekintu kye wakola emyaka kkumi egiyise, nga sikulabangako na mu bulamu bwange bwonna? Nnyinza ntya okukubuulira wa gy'olibeera ne ky'olikola emyaka kkumi okuva leero? Ebiseera eby'omu maaso nnyinza ntya okubimanya? Naye kino kibeera kirowoozo kya Muntu mulala nnyo.

"Leka endowooza eyali mu Kristo ebeere mu mmwe. Leka endowooza eyali mu Kristo ebeere mu mmwe." Olaba, awo nno tebijja kuba birowoozo byo. Ndowooza Ye, nga ayita mu ggwe. Era awo oba toyogera bigambo byo ggwe; wabula oyogera Bigambo Bye.

77 Y'ensonga lwaki emirundi mingi ab'oluganda batabulwa, ku bintu nga enzivuunula y'ennimi, n'ebirala. Laba, boogera ebintu ebitali bituufu, ne batakimanya nti oyo Setaani. Obuuza nti, "Mu lusuku lwa Katonda?" Ggwe lindako tusooke tumalirize, tujja kutegeera oba si kye kyo, oba kye kyo. Ebiddoddo n'eŋŋaano bikulira mu nnimiro y'emu. Byombi bikulira ku musana gwe gumu n'enkuba y'emu. Olaba?

"Naye wakati mu mmwe bwe mubaamu nnabbi, Nze Mukama Nnaayogeranga naye. Era by'ayogera singa bituukirira, olwo Nze Mba Njogedde, laba, kubanga tayogera bibye. Ayogera birowoozo Byange, enneeyoleka zange ezoogera ku bintu ebigenda okujja, era Nja kukozesa akamwa ke okubyogera. Era bw'amala okubyogera, biteekwa okutuukirira. Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremererwa."

Isaaya yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto." Ekyo kimala bumazi. Ddala eriba olubuto. Katonda kye Yayogera, Akikola.

78 Oh, Amanyisa, nga Ayita mu bannabbi Be, okulabisibwa Kwe kwonna, kubanga ze nneeyoleka z'ebirowoozo Bye eziba zirabisiddwa.

Kaakati, tulaba, nga kiikino kirabisibwa mu mukazi wattu ono. Yali emu ku nneeyoleka Ze. Olaba?

Ne kabona yali awo, nga akiikiridde Ekitangaala. Yali yakiyiga buyizi kuva mu Baibuli. Yali yasomesebwa nti Katonda ye Katonda. Yali yasomesebwa nti obutukuvu bwe butuufu. Yali yasomesebwa nti waaliwo amateeka ga Katonda. Yali yasomesebwa kisomesebwe olw'entegeera ey'obuyigirize. Era yali yazaalibwa kuyita mu lunyiriri olutuufu; yali Muleevi. Naye okukimanya kwe kwali kwa mu bwongo bwokka. Era Omusana gw'ekiseera ekyo…Laba, yali yakisomesebwa kusinziira ku byali bibaddewo, so si ku ekyo ekyali kigenda mu maaso; wabula kusinziira ku byayita! Era bwe yalaba ekyali kigenda mu maaso, ekibiina ky'eddiini ye tewali kye kyakyogerako, kale nga naye mu ye temulli kukiikirirwa eri Kyo.

79 Naye wano Omununuzi yali ku nsi mu kiseera ekyo, okununula enneeyoleka za Katonda ezo, era omukazi n'akisembeza. Omukazi teyamala kukibuuliriza. Yagamba bugambi nti, "Masiya bw'Alijja, Ye Alikola bino," era ekyo kyamumala. Era bwe yakiraba nga kikolebwa, kale…N'agamba nti, "nze Masiya," kale ekyo ne kimala byonna. Tekyali kubuuza kulala. Omukazi yagenda bugenzi, nga agamba buli omu nti, "Mujje, mulabe Gwe nsanze."

80 Emitendera gino gitulongoosa, ffe Yeekaalu Ye mw'Atuula: okuggibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Ebyo bye birongoosa yeekaalu (yaffe) eno.

81 Kale, ng'enkula y'ensi ey'edda bw'etaazikirizibwa, amataba bwe gaagiyiikako; enkula y'ensi, enkula yaayo ey'edda n'edda, e…obukyafu bwonna, ebintu byonna Katonda bye Yateeka ku nsi, tebyazikirizibwa ensi eyasooka bwe yazikirizibwa. Kyokka Baibuli egamba nti, "yazikirizibwa," naye tekyazikiriza nkula yaayo. Kyazikiriza kibi awamu n'aboonoonyi abaali bagituulamu. Naye yo enkula yaayo yasigalawo.

82 Naye, omanyi, obutabalirwako musango, mmwe Ababaptist n'Abamethodist nga bwe mukirowooza, obutabalirwako musango kyokka, okukkiriza n'obatizibwa, ekyo tekimala. Ojja kuddamu ovuyize mu bintu by'ensi, osale enviiri zo oyambale n'ebinu, na buli kimu. Laba, tewannabaawo kintu kyonna. Watunula butunuzi emabega n'olaba nti wakola ebikyamu.

83 Obutabalibwako musango ensi bwagikola ki? Tewali kye bwagikola; yaddamu n'etandika buto, ne yeeyongera ekibi nga ekyaliwo mu kusooka. N'omuntu bw'atyo bw'akola, era eyo gy'akoma

okweyongerayo.

Bw'atyo omubuulizi ow'amaanyi, Billy Graham, bw'asaanide okukiraba. Yagamba nti, "Ŋŋenda ne nfuna abantu emitwalo esatu ne balokoka, naye ŋŋenda okukomawo nga wayiseewo omwaka waba tewakyawerawo wadde amakumi asatu." Awo we baakoma. Olaba? Ate nga, mazima ddala, beenenya. Nzikiriza beenenya; abasinga obungi ku bo, oba kale tugambe abamu ku bo, waakiri. Naye ekyo si kye kimala. Kino kikikakasa wano.

84 Kaakati, enkula y'ensi nga bwe yatondebwa si ye yazikirizibwa n'amazzi. Ensi ey'edda yanaazibwako bunaazibwa. Yafuna bufunyi kubatizibwa. Yabatizibwa.

Kale enkula yaayo bw'etyo era ejja kusigalawo, newankubadde ejja kwokebwa n'Omuliro. Teguzikiriza nsi, laba, guzikiriza kibi ekigiriko.

85 Weetegereze wano, abamu ku mmwe abasomi ba Baibuli, naddala Doctor Dale antunuulidde. Weetegereze mu Peetero, essuula 2 eya Peetero wano, essuula 3, manyanga, akozesa ekigambo "ensi," nga kiva mu kigambo eky'Oluyonaani kosmos, ekitegeeza, "enkola y'ensi." "Ensi eriggwaawo, n'ebyo ebigiriko birisaanuuka olw'ebbugumu ejjitirivu." Olaba? Tekitegeeza nti ensi, nga sseŋŋendo, nti egenda kuggwaawo. Naye ensi, kosmos, eby'obufuzi, aboonoonyi, enkola ez'obuntu, ekibi, obuwuka obuleeta endwadde, na buli kintu ekikyamu, byonna birisaanawo. Buli kintu ekyali…

Lumu Katonda Yanyeenya eggulu, naye ku mulundi guno Yagamba nti Ajja kunyeenya ensi, eggulu n'ensi…"Yanyeenya ensi, manyanga, "era ku mulundi guno Ajja kunyeenya eggulu." Olaba? "Kubanga twafuna Obwakabaka obutasobola kunyeenyezebwa." Bwakabaka Obutaggwaawo. Laba engeri gy'agenda okukikolamu.

86 Laba wano, Peetero ng'agamba nti, "Erisaanuuka n'ebbugumu eringi, n'ebikolwa ebigirimu biryokebwa," so si nsi. "Ebikolwa ebigirimu," nga bye bikolwa by'abantu, bannabyabufuzi baabwe n'entegeka zaabwe, n'ebibiina byabwe eby'amadiini n'entegeka zaabyo ez'obuntu, byonna birigendera wamu nayo nga eyokebwa.

87 "Era—era obwengula bulivaawo n'okuwuuma okunene." Ekyo okyetegerezza? "Obwengula bulivaawo n'okuwuuma okunene." Wuliriza! Ensi yonna eribaako muliro mwereere, era gulikoleeza emikka gyonna egy'oku nsi eryoke eyabike. Ky'ekyo kyennyini. Yogera ku…Baibuli egamba wano, Peetero yagamba nti, "Eggulu lyonna liriggwaawo, n'ensi, n'okuwuuma okunene." Okubwatuka okw'amaanyi kuligikankanya, ha, bannange, kubanga kuliba kulina okutta buli ndwadde yonna, omwennyango gwonna, na buli liggwa. Buli ekyetaagisa okukolebwa, Omuliro gulibyokya byonna. Era, jjukira, byonna awamu si muliro buliro gwokka, wabula n'Omuliro omutukuvu, olaba, ogwo gwe guliggyawo Setaani n'ebibye byonna, emizimu gyonna. "Byombi ensi n'eggulu," amiina, "biriggwaawo," nga obuwuka bwonna obuleeta endwadde buttibwa, ebiwuka byonna, obulamu bwonna obutonde n'ebibwetoodde, nga mw'otwalidde ne H2O (amazzi) biritulika. Kirowoozeeko. Yogera ku kuwuuma!

Olowooza okwo okubwatuka okwali wano mu Tucson kwali kwa maanyi, bwe Yabikkula Obubonero omukaaga, okwanyeenya eggwanga okulyetooloola, ne kyogeza abantu. Ggwe lindako ensi eno lw'erifuna okubatizibwa kwayo!

88 Omanyi, omuntu bw'afuna okubatizibwa kw'Omuliro, wabeerawo okuleekaana kungi. Balowooza nti kiswaza, okuwulira abantu nga baleekaana ne bawoggana bwe batyo. Ggwe lindako olabe ensi eno ng'efuna okubatizibwa kwayo!

Yee, kijja kunnyonnyola…kigenda kugyabya, H2O, amazzi, kubanga Baibuli egamba wano mu Kubikkulirwa 21 nti, "ennyanja n'eba nga tekyaliwo," nga eyabise. Ensi yonna ku ngulu kino kigenda kugikyusa. Eryabika n'ekutukamu obutundutundu. Ku ngulu kwonna, okuva mu makkati gaayo munda, ffuuti bikumi na bikumi okukka wansi, erikutukakutuka. Ebigyetoolodde, emikka egy'enjawulo egiri mu nsi kati, yonna yonna gye bagamba nti eby'okulwanyisa bimutasubwa mbu gye bitasobola kutuuka, waggulu ewala eyo, eyo waggulu awali emikka emyereere egy'enjawulo, nga bwe bagamba; ebyo byonna biryabika. Ekiruyi kya Katonda ekitukuvu kirigikkako, laba, era kirigirongoosa, kirigikyusa kungulu kwonna.

89 Kaakati, bangi ku mmwe abandyagadde okuwandiika ekigambo kino, ekigambo eky'Oluyonaani, "okuggwaawo." Kiva mu kigambo…nnabadde nnina okukinoonya. Nnalowoozezza nti, "Ensi eno egenda kuggwaawo etya, ate nga gye tugenda okubeeramu?" Naye bwe weetegereza, mmwe abaagala okukiwandiika, leka nkibasomere nnyukuta ku nnyukuta. Ssisobola kukyatula, kiri p-a-r-e-r-e-c-h-o-m-i-a. Simanyi bwe bakyatula.

Kaakati, mu ngeri bw'etyo, nga bwe nnagambye, bwe nfuna…Okuluŋŋamizibwa bwe kunzijira ku kintu kyonna, nzirayo ekigambo ekyo ne nkinoonya. Kaakati, wano, sisobola kumenya nnyukuta za kigambo kino, manyanga ssisobola ku—sisobola kukyatula. Naye, mu ekyo, Mukama era Yampadde ekkubo. Ŋŋenda ne nnoonya amakulu g'ekigambo ekyo, ne ngafuna. Olaba? Ate era, ne nziramu ne nkifuna. Olaba?

Eggulu n'ensi biriggwaawo, kati, ekigambo kino kitegeeza, "okukyuka okuva mu mbeera emu okudda mu ndala." Tekitegeeza "kusaanirawo ddala," ng'ekigambo ekyo bwe kiri mu Lungereza nti, "kuggwaawo," awo kiba kitegeeza nti eba esaanyiziddwaawo. Naye ekigambo ekyo mu Lwebbulaniya, manyanga mu Luyonaani wano, tekitegeeza kuggwaawo; wabula kitegeeza, "kukyuka okuva mu kintu ekimu okudda mu kirala." Naye, labayo, "okuva mu mbeera emu," bwe kigamba, "okudda mu mbeera endala."

90 Kaakati weetegereze, Pawulo yakikozesaako, bw'oba oyagala okukisoma. Kiwandiike, osobola okukisoma oluvannyuma. Mu Tito 3:5, Pawulo akozesa ekigambo kye kimu kino, nga ategeeza okukyusibwa kw'omuntu, nti omuntu abadde omwonoonyi akyuse n'afuuka omutukuvu, so si nti asaanyiziddwaawo. Omuntu bw'akyusibwa, aba tasaanyeewo, wabula aba afuuse muntu akyusiddwa. Akyusiddwa okuva mu ekyo kye yali okufuuka ekyo ky'ali kaakati, wabula tasaanyiziddwaawo.

91 Yesu Yakozesa ekigambo kye kimu mu Matayo 19:28; kati, si 28:19. Kiri, 19:28, bwe Yabagamba nti, "Mulituula wamu nange mu Bwakabaka bwa Kitange, nga mukyusiddwa," ndowooza olaba, "kukyusibwa," nga mukyusiddwa. Yakozesa ekigambo ky'ekimu.

Era Yakozesa ekigambo kye kimu bwe Yayogera, ku mwana gw'endogoyi nti, yagamba nti, "Endogoyi mugiyimbule mugireke egende."

Yayogera ekintu kye kimu ku kuzuukiza kwa Lazaalo nti, "Mumusumulule! Mumukyuse! Abadde musibe; mumute agende."

Kitegeeza ki? Nti ensi eriggibwa mu magalo ga Setaani. Erisumululwa. Erisumululwa okuva mu by'obufuzi, erisumululwa okuva mu nkola z'ebibiina by'amadiini; eryoke ekozesebwe Obwakabaka bwa Katonda, obuliteekebwa wano ku nsi. Naye kasita eba nga ekyali mu ngalo za Setaani, eby'obufuzi… Setaani omufuzi w'ensi, ye nnyiniyo; ebadde yiye, naye kaakano Kristo aginunudde.

92 Lumu, nali wuwe, naye si kati. Lumu, mukazi wattu oli yali wuwe, naye si kati. Laba, Yajja agimusuuze. Yasumulula ekibi, kya Setaani, we kyali kinnyweezezza, ku bulamu bwange, ne ku bulamu bwo, kale kati tetukyali babe.

Bulijjo mumpulira nga nsaba, nga ŋŋamba nti, "ggyako engalo zo ku kintu kya Katonda"? Olaba? Amiina! Ba n'okukkiriza okubanja ebibyo. Eryo ddembe lyo lya bwebange. "Omukazi oyo muggyeeko engalo zo! Omusajja oyo muggyeeko engalo zo!" Olaba, okukkiriza kujja kukikola. Ha, bannange! Wabula, si kugisaanyaawo, wabula, "Giggyeeko engalo zo," kugisumulula, kugita, kugireka egende. Ekyuka.

Ensi ejja kukyuka. Eby'obufuzi bijja kukyuka. Amadiini gajja kukyuka. Ebibiina by'amadiini bijja kuggwaawo. Eby'obufuzi bijja kuggwaawo. Obwakabaka bwa Katonda bujja kussibwawo bunywezebwe.

93 Tusoma mu Yokaana, soma Yokaana mu Kubikkulirwa 6:14, olabe, "yavaawo nga omuzingo." Baibuli egamba…nti eri…Yokaana yagamba nti, "Ne ndaba eggulu n'ensi nga bivaawo nga omuzingo." Yokaana, Okubikkulirwa 6:14.

Yesu Yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo," manyanga, amakulu nti, "eggulu n'ensi birikyusibwa." Laba, yaddamu n'akozesa ekigambo ky'ekimu ekyo wo wennyini.

Nedda, tebyasaanawo. Kubanga, oluvannyuma, mu Kubikkulirwa 21:2 okutuuka ku 24, yalaba Yerusaalemi Ekiggya nga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda, ne kituula ku nsi kuno. Tekitegeeza nti ejja kusaanyizibwawo. Enkola zaayo ze zijja okukyusibwa.

94 Ne Danyeri yalaba ekintu kye kimu. Ejjinja lyakuba ensi, eryatemebwa awatali kukozesa ngalo; era ekifaananyi ky'enkola zonna ne kibetenteka era ne kifuumuuka nga ebisusunku eby'omu gguuliro mu biro eby'omusana, empewo n'ebifuumuula. Era Ejjinja eryo, Lyennyini, ne ligejja ne lifuukamu Olusozi olunene olwabuutikira ensi yonna. Kati weetegereze Olusozi olwo, okumala akabanga. Olusozi olwo lwabuutikira ensi yonna.

Era, tulaba ne wano, era, wano mu, mu Kubikkulirwa wano, nga wagamba nti, "Bakabaka b'Ensi Empya balireeta ekitiibwa n'ettendo mu kyo." Mu nsi, nga mutuddemu…Yerusaalemi Ekiggya nga kitudde kuno ku nsi. Olaba, yakyusibwa bukyusibwa.

95 Oli musajja y'omu, mu nkula, nga bwe wali Katonda we yakuyitira, n'omukazi bw'atyo. Naye, labayo, ekyakutuukako, kiri nti wakyusibwa. Obulamu obukadde bwavaawo. Okwegomba okw'edda kwavaawo. Luli, wateranga okwagala okunywa ku mwenge, n'ovuma, n'oyomba, n'otabuka, n'ova muno n'odda muli, ng'oli mwenzi, naye ekintu ekyo kyafa. Olaba? Naye kaakati okozesebwa…Luli wali kikozesebwa kya Setaani; naye kati wanunulibwa.

Bw'etyo n'ensi bw'ejja okubeera, mu ngeri y'emu, nga enunuliddwa, nga Ggulu Eriggya n'Ensi Empya.

Naawe bw'otyo bw'oli, "Oli kitonde kiggya." Era ekigambo ekyo mu Luyonaani, buli omu amanyi nti, kigamba nti, "Oli kitonde kiggya." Amiina! Kitonde kiggya mu Yeekaalu y'emu enkadde. AlEeruuya. Kati

laba ekiddako. Kya kitiibwa! Kale.

96 Kati tusanga nti ensi eno ejja kutuulako bakabaka b'ensi.

Nate, era, mu Matayo 5:5, Yesu yagamba nti, "Abawombeefu balisikira ensi." Tekigenda kuba nti, tulifuna ensi endala. Egenda kuba nsi y'emu. Ngezaako okukulaga e—entegeka y'obununuzi, okusooka, singa nnaaba sirina kirala kye nkutteko, laba. Okubatizibwa n'Omuliro, ku yo, kujja kugirongoosa bulongoosa okugifuula ekifo ekisaanidde abateefu Be okubeeramu. Olaba? Oh!

Nga bwe Yatukola, ekitonde Kye, alyoke atubeeremu. Nga Tannaba kukiyingiramu, Yalilna okusooka okutubatiza n'Omuliro; olwo Omwoyo Omutukuvu Alyoke Ajje Atuulemu, okubatizibwa n'Omuliro. Awo nno, bw'ofuna okubatizibwa okwo okw'Omuliro, awo Omwoyo Omutukuvu ayinza okuyingira. Kiki? Nga bwe Gukola, Gwokya buli kintu kyonna ekikontana n'Ekigambo, okukikujjamu. Olaba? Tekijja kukkiriza kirala kyonna okuggyako Ekigambo, kubanga kyo Kye Kigambo. Olaba? Olaba? Mulaba?

97 Kaakati, ekyo kye twali twogerako luli, obukakafu alina Omwoyo Omutukuvu kw'amanyikira. Olaba? Obukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu kwe kuba ng'osobola okusembeza Ekigambo; so si nkola yonna gy'osanze, naye okuba n'okutegeera okutuufu kwennyini. Omanya otya nti Ekigambo kitangaavu, okitegeera? Kitunuulilre olabe bwe Kyekakasa.

"Kale," oyinza okugamba nti, "Ndaba ono akikola, n'oli." Yee, weewaawo, n'ebiddoddo byeyisa mu ngeri y'emu. Olaba?

Naye kirina kuba Kigambo kyonna mu bujjuvu. Okubeera Omugole, olina kuba ng'oli kitundu ku Ye. Ye kye Kigambo. Olaba? Era kitundu ki ekyo ku Ye? Ekigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe guno w'Ayitira Omugole We. Beera kitundu Ku ekyo. Mukitegeera? Kaakati, ekyo to—tokita. Mwetegereze.

Era akifuula ekifo ekibeerekamu Emirembe Egitaggwaawo.

98 Weetegereze, kino era tekinnaba kwogerwako…Obufuzi buno obw'Emyaka Olukumi, emyaka olukumi, si ye Nsi Empya. Labayo, Obufuzi obw'Emyaka Olukumi bufuzi bulala. Egyo gye tuyingiramu, Emyaka Olukumi, naye egyo si ye Nsi Empya, Eggulu Eriggya. Nedda, nedda. Ekyo kifo bufo kya kuwummuliramu buwummulizi, laba, kiseera kya kuwummula, naye si lye Ggulu Eppya n'Ensi Empya n'akatono; kubanga, labayo, mu Myaka Olukumi tulina ebintu ebitali bya kugenda mu nsi Eri. Kifaananyi kya lunaku olw'omusanvu, okuva mu Adeni; olunaku olw'omusanvu, bwe Yali amaze okukola ensi. Ku lunaku olw'omusanvu, n'Awummula mu Adeni, ne mu Myaka Olukumi.

99 Olaba, ensi kati ewezezza emyaka nga kakaaga, egy'obukulu. Olaba? Buli myaka nkumi bbiri ebadde efuna oku—okuzikirizibwa. Olaba?

Emyaka enkumi ebbiri egyasooka, amataba gajja, era n'Agibatiza na (ki?) n'amazzi.

Enkumi ebbiri ezaddako, Yesu n'Ajja okugitukuza n'okugyeddiza, n'Agitonnyezaako Omusaayi Gwe, n'Agiyita Yiye. Kale.

"Ndikomawo nate," hm-hmh, kati nga Kabaka nga ali ne Nnabakyala We, ate mu myaka egiddako enkumi ebbiri (kiki ky'akola?) Ajja n'Awa ekiseera kye eky'okuwummula.

N'alyoka agyokyako, agitwale nga Yiye; Agyekuumire.

Kati weetegereze, si ye nsi etuukiridde, gino Emyaka Olukumi, kifaananyi kya lunaku olw'omusanvu. Olwo ne kulyoka kuddako Okusala Omusango okw'oku Nnamulondo Enjeru. Olaba, tukyalinayo okusala kw'emisango. Tukyali mu biseera, wano mu Myaka Olukumi. Lunaku, myaka lukumi. Kipimo kya biseera. Kale, ekyo leka kukitabula na Nsi Mpya, kati, kubanga si ye yo.

100 Oyinza okuŋŋamba bw'oti. Kati mpulira nga omuntu aŋŋamba, nti, "Kati, ow'Oluganda Branham, ogenda kukola ki kati? Emisanvu gyo emijjuvu gikuweddeko. Ogenda kudda wa kaakano? Kati, okuyigiriza kwo okwesigamya ku bifaananyi bya biseera." Ddala, ekyo kye ndi. Nzikiriza, ne Katonda bw'atyo. Laba, labayo. "Eby'okulabirako eby'okubala kw'emirembe bikuweddeko. Kubanga, bw'oba olina ekirala ky'ogenda okwongera ku lunaku olw'omusanvu, onookifuna otya? Kati ogenda kudda wa?"

Kale, leka mbeeko kye nkulaga, labayo. Olaba? Nedda, sinnaba, eby'okulabirako eby'emirembe tebinnanzigwako, nedda. Nnina Ekyawandiikibwa ekirala wano. Ate, jjukira, Byonna birina okutuukirizibwa, buli kimu ku Byo. Mulaba?

101 Kati ogamba nti, "ow'Oluganda Branham, ogezaako okwongerako ekintu ekirala oluvannyuma lw'olunaku olw'omusanvu, olw'omusanvu olwa ssabbiiti."

Nga Katonda bwe Yakola ensi n'Akola okumala ennaku mukaaga, n'Awummula olw'omusanvu, ekyo kyali kifaananyi kya biseera, kyokka. Naye nnaakoogera wano nti, tufuuka Abataggwaawo.

"Kale ekifaananyi kyo ekiraga kati kiruwa? Wagambye nti oyigiriza nga ogeraageranya ebintu ebifaanagana. Kale ekitegeeza nti, ebifaanagana bikuweddeko kati." Nedda, ssinnaba. Leka tulabe oba bituweddeko.

102 Leka tugende mu Baleevi, tuddeyo mu ssuula ey'a 23 eby'Abaleevi. Kaakati njagala okirabe mu eby'Abaleevi, we twali ku Ssande eyaakaggwa, manyanga luli…Wano we nnajja ekirowoozo, wano wennyini. Essuula ey'a 23 eby'Abaleevi, olunyiriri olw'a 26.

Kati jjukira, waliwo ennaku musanvu ez'embaga. Embaga ey'amakondeere, embaga eya—ey'amakuŋŋaaniro, embaga ey'okuwuuba ebirimba, e… Zino zonna, ziri ennaku z'embaga enkulu musanvu, nga ezo zaali bifaananyi eby'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Mujjukira ssabbiiti mmeka ezaali wakati w'embaga emu ne ginnaayo? Laba, waaliwo sabbiiti musanvu wakati wa pentekoote n'amakondeere, egyo nga gye Mirembe Omusanvu Egy'ekkanisa. Era waaliwo ennaku musanvu ez'embaga, ezooleka Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Emiwendo gyo gikuume nga obala.

103 Ogamba nti, "Kale, kati, ow'Oluganda Branham, bikuweddeko. Otuuse ku musanvu."

Kale, leka tukwate ku mbaga esembayo, nga eyo ye mbaga ey'amakuŋŋaaniro. Kati weetegereze wano mu lunyiriri olwa 36.

Munaaweerangayo ennaku musanvu ebiweebwayo ekyokebwa eby'omuliro eri MUKAMA: ku lunaku olw'omunaana—ku lunaku olw'omunaana wanaabangawo okukuŋŋaana okutukuvu (waliwo ekiseera ekirala ekitukuvu ekijja)…wanaabangawo okukuŋŋaana okutukuvu gye muli; nammwe munaawangayo ekiweebwayo ekyokebwa n'omuliro eri MUKAMA: kwe kukuŋŋaana okukulu; temukolanga mulimu gwonna ogw'emikono.

Kaakati tufunye olunaku "olw'omunaana." Kati, waliwo ennaku musanvu zokka, naye wano twogera ku "lw'omunaana," olw'enjawulo olutukuvu, olw'enjawulo. Labayo, "Temulukolerako mulimu." Olunaku olw'omunaana, kye (kiki?) tuddayo ku lunaku olusooka. Kubanga, lwogera ku Butaggwaawo, nga bwe lwetooloola awatali kuyimirira wonna. Amiina. Mukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

104 Labayo, kyaliwo era ku lunaku luno olw'omunaana. Olunaku olusembayo, olunaku lw'embaga ey'amakuŋŋaaniro, genderera oluvannyuma lw'olwo, oluvannyuma lw'olunaku olusembayo olw'embaga, oluvannyuma lw'Omulembe gw'Ekkanisa ogusembayo, oluvannyuma lw'ennaku omusanvu zonna ku nsi, oluvannyuma lw'Emyaka Olukumi, awo we wajjira olunaku luno Olw'enjawulo Olutukuvu.

Jjukira, eno mbaga y'ensiisira, ensiisira, "ebifo ebikuŋŋaanirwamu." Amiina! Ludda wa, "mu Myaka Olukumi," era Baibuli egamba nti, "balizimba amayumba; era baligabeeramu."

Naye mu Nsi Empya, Aba Yagenda dda n'Ateekateeka ekifo. Kyaggwa okuzimbibwa. Ffe eby'okukizimba tebitukwatako. Amiina. Kya mirembe egitaggwawo! Ha, Ekigambo ekyo nga nkyagala! Bannange! Olunaku Olutukuvu Olw'enjawulo, olunaku olw'omunaana. Naye, ziri ennaku musanvu zokka. Kale ku lunaku olw'omunaana, nga kwe kukomawo ku lusooka nate, tukomawo ku lunaku olusooka, olunaku Olutukuvu Olw'enja-…Olw'enjawulo.

105 Labayo, ennaku omusanvu, zikwatagana na butonde obw'edda, mu mbala y'obudde ey'ensi. Ennaku musanvu, gye Myaka Olukumi, lwe lunaku olw'okuwummula. Nga Katonda bwe Yakola ennaku mukaaga, n'Awummula ku lw'omusanvu; Ekkanisa ekola okumala ennaku mukaaga, n'ewummula ku lw'omusanvu, naye awo oba okyali mu budde obw'okubala ebiseera. Kati ssoogera ku Butaggwaawo.

Naye, labayo, tewali kintu kiyitibwa nnaku munaana; oddayo buzzi ku lunaku olusooka nate, olaba, olunaku olusooka.

106 Ssabbiiti eyogera ku mateeka amakadde, agaali ag'okuggwaawo. Okukuuma ssabbiiti, ekyo "ekyaggwaawo" manyanga, ŋŋambye nti, "kyafuukamu kirala." Tekyaggwaawo; wabula kyakyuka okuva mu tteeka ekkadde, ery'okukuuma olunaku gundi olwa wiiki.

Isaaya, essuula ey'e 19, yagamba, nsuubira 28:19, yagamba nti, "Olunyiriri luteekwa kuba ku lunyiriri; wano katono, ne wali katono." "Nyweza ekyo ekirungi." "Kubanga n'emimwa emigenyi n'olulimi olulala mwe ndyogerera eri abantu bano." Olaba?

Oyingira mu Bulamu, so si mu kukwata lunaku oba ekisiikirize. Pawulo bwe yagamba, eri mu Baebulaniya mu ssuula 4. "Mukuuma ennaku n'ebisiikirize, n'ebintu ebirala bwe bityo; mbuusabuusa obumanyirivu bwe mwafuna." Olaba, tetudda mu kukwata nnaku gundi na biragiro. "Oba ovudde mu kufa okuyingira mu Bulamu Obutaggwaawo," so si mu nnaku na biseera. Oba oyingidde mu Butaggwaawo. Olwo lwe lw'enjawulo olutu-…olw'enjawulo, olw'enjawulo, manyanga.

107 Ennaku musanvu, nga, ze "ziggwaawo", oba, nga bwe nnagambye nti, kwe "kukyuka okufuuka ekirala." Ennaku munaana zikwatagana na butonde buggya, laba, so si butonde obukadde. Ennaku omunaana za kitonde kiggya.

Kubanga, ku lunaku olw'omunaana Mukama waffe lwe Yazuukira okuva mu bafu. Olunaku lwo olulala olw'enjawulo luulwo, bwe butukuvu; so si kukwata ssabbiiti ez'enjawulo, n'akatono, oba embaga ey'ensiisira, embaga ya kino, n'embaga ya pentekoote. Yesu Yazuukira okuva mu bafu, tusobole obutabalirwako musango, ku lunaku olw'omunaana. Oluvannyuma lwa ssabbiiti omusanvu, manyanga ennaku musanvu, Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, Yesu Yazuukira okuva mu bafu. Olunaku olw'omunaana, nga lwe lutukuvu olw'enjawulo, laba, lwe lunaku olusooka.

Laba, omaze, okuyita mu biseera obuseera, n'oddamu n'otonnya mu Butaggwaawo; nga tokyakwata bukwasi nnaku, na kukwata ssabbiiti; n'emyezi egibonese, n'ebirala bwe bityo. "Naye omaze okuvaayo" okyusizza embeera yo; naye tosaanyewo. Ekitiibwa! "Naye ovudde mu kufa okuyingira mu Bulamu Obutaggwaawo." Oh, Baibuli nga etuyigiriza! Laba, ng'ovudde mu kimu okuyingira mu kirala.

108 Kale, "ovuddemu," ssabbiiti enkadde eyise. Yesu Yazuukira ku lunaku lwa munaana. Olwo lwali lunaku lukulu, olutukuvu. Ate terwali lunaku bunaku; kubanga olunaku, ebiseera, byali bikomye. Byali bifuuse Butaggwaawo. Olaba, kyetooloola ne kiddirayo ddala ku lunaku olusooka nate. Olaba?

Obutaggwaawo bufaanana nga—nga empeta. Toyinza kugisangako nsonda. Enkulungo eya nnamaddala tosobola kusanga w'ekoma. Oba weetooloola bwetooloozi. Sifaayo ne bw'okoma wa, osigala okyagenda. Oyinza okutandika okugenda nga weetooloola bw'oti; n'obotola wansi w'ennyumba n'oyitamu, n'oyita mu ttaka, n'owaguza mu buziba bw'ensi, n'ogiyitamu n'ogguka eri n'ogisukka, era osigala okyage-… [Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.]

Ebintu byonna ebyatondebwa muno wansi, byonoonefu, si bwe byatondebwa, wabula ebyayonoonebwa Setani, biriwandukamu nga ekide kya zaabu ekinene kivuze n'Ekkondeere bwe lirivuga.

Ate emabega eri ku lubereberye, byonna gye byanyweezebwa mu Adeni, omuntu we yajjira ku nsi n'agwa, akaliga ne kayiwa omusaayi gwako, ekyo kyali kirangirira Omwana gw'Endiga omukulu nti Alijja n'ayiwa Omusaayi Gwe. E Gologoosa omusaalaba gwayimusibwa, ekyo kyali kikwata ku Ndagaano Enkadde; eri abo abataabalirwako musango, nga Gwe baali balindiridde. Era mu mulembe guno omuggya, ku Kujja kwa Mukama, mu Nsi Empya, omuguwa gw'obulokozi (gwe Musaayi, n'Amaanyi aganunula ge njogerako, era nga okuyita mu nkola y'emu gununudde byombi omuntu n'ensi) gujja kutuukira ddala mu Butaggwaawo nate. Era Ennyanja ey'Omuliro eryokya n'esaanyaawo byonna ebitatya Katonda awamu n'ebyo ebitaateekerwateekerwa eri Obutaggwaawo. Mukiraba?

109 Laba, olunaku olw'omunaana, Yesu Yazuukira tuleme kubalirwako musango. Kabaka Ataggwaawo, alina Obwakabaka Obutaggwaawo bwe tubatizibwamu, eri Obulamu Obutaggwaawo. Si nnaku musanvu; tekyalina we kikwataganira n'olumu ku nnaku zonna. Kyogera ku lulala, Olutaggwaawo, olujja; kyogera ku kiseera Ekitaggwaawo, ye Nsi gye njogerako.

110 Ate, weetegereze, oluvannyuma lw'ennaku amakumi ataano, oba ssabbiiti musanvu okuva awo, era wajjawo olunaku olulala olw'enjawulo olukulu. Kiki ekyabaawo? Omwoyo Omutukuvu yakka ku lunaku lwa Pentekoote, ku lunaku olw'omusanvu…Oba, olw'omunaana, manyanga, olunaku olw'omunaana, yakka ku lunaku olw'omunaana. Waali wayiseewo ssabbiiti musanvu, zennyini, okuva lwe yazuukira, olaba; kale kyali kirina ekyo emirundi musanvu era, kisobole okukomezebwawo ku lunaku olubereberye olwa wiiki, ddala ddala. Olaba?

111 Luulwo awo olunaku lwo olw'enjawulo olutukuvu, terulina kakwate konna na bintu bya bulijjo. Lusukkawo awo. Luli mu Bwakabaka bwa Katonda, n'Obulamu Obutaggwaawo, eri abo abaateekerwateekerwa abataaliko ntandikwa. Tebulina lunaku lwonna we bwatandikira. Tewali lunaku lwonna luli awo nti olwo lwe walokolerwako. Bulijjo walinga mulokole. Amiina. Yesu Yajja buzzi okununula ekyo; naye ggwe wali walokolebwa dda, okuva ku lubereberye, kubanga walina Obulamu Obutaggwaawo, okuva mu kusookera ddala.

112 Akakejje tekasobola kubeera kayamba oba kakulwe. Bwombi buyinza okubeera mu mazzi ge gamu, naye nga bulijjo, okuva ku lubereberye, kaali kakejje. Akatimba kaakakwata bukwasi, olaba, naye, okuva ku lubereberye yali ekyo ky'ali. Awo we wali…

113 Kale nno, tetunnaggweebwako bifaanagana mu mirembe egy'enjawulo. Twabadde? Tuli wakati mu Byawandiikibwa. Oluvannyuma lw'ennaku amakumi ataano, lukomawo nate.

Labayo, omunaana tegusobola kubalirwa wamu ne wiiki. Olaba, tegusobola kubalirwamu, nti ennaku munaana mu wiiki. Tosobola kukikola, laba, kubanga mu wiiki mubaamu ennaku musanvu zokka. Ne bw'ozibala mu ngeri yonna gy'oba oyagadde. Ssande lwe lunaku olusooka mu wiiki. Kale, bw'omala okubala omusanvu, oba olina okuddayo emabega n'otandika buto. Bala musanvu, oddeyo emabega otandike buto. Olaba?

114 Era tubaddewo okuyita mu bifaananyi bino byonna, naye, bw'otuuka ku lw'omunaana, oyongira Butaggwaawo. Toyita mu mateeka, mu bulombolombo, na biragiro. Ojja nga oyita mu kuteekerwateekerwa. Amiina! Olwo lwe lunaku lwennyini, olw'enjawulo olutukuvu! Olaba? Era kati

tukomekkereza mulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu, omulembe gw'ekkanisa, omulembe ogwa Pentekoote. Mukiraba? Tuyingira olunaku olw'enjawulo olutukuvu. Tuyingira mu obwo bwennyini, obwa nnamaddala, Obutaggwaawo, Ekkanisa bwe yayitirwa; so si kubaako w'eyimirira, si kibiina kya ddiini, naye okuyingira mu Butaggwaawo ne Kabaka waabwe Ataggwaawo. Olaba? Tetukirina n'akatono, tekyali kiyitibwa nnaku, na bintu, na ebiseera. Oyingidde mu Butaggwaawo, gye wava. Waliyo Eyo okuva edda, gye wasookera. Okiraba?

115 Bw'oba olina obulamu obutaggwaawo, waliwo bwa ngeri emu yokka, ye Katonda, era ggwe oli nneeyoleka ye erabisiddwa. Olaba? Bw'oba oli…Bw'oba toli, kitegeeza tolibeerayo eri, mu buli ngeri. "Tewali ajja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuleese." Olaba? Nga, oyo "aggwaawo," bino byonna ebikadde; naye Byo bino tebiggwaawo, kale byogera ku Butaggwaawo. Omwoyo Omutukuvu Taggwaawo. Awo, oba oli mu Butaggwaawo, eyo gye wabeeranga bulijjo, naye waakategeera butegeezi ebyaliwo.

Labayo, wakolebwa lwa kigendererwa Ekitaggwaawo, kubanga wali—wali kulabisibwa kw'enneeyoleka eyali mu Katonda, eyakulowooza era n'akwoleka; era n'Akola ensi mwe Yakujja, n'okukukolamu omuntu. Ekibi ne kijja ne kikyamya enkola Ye. Naye era wajja, mu buli ngeri, naye wali wabulira wamu n'ensi. Kale Yajja n'Akununula, ggwe enneeyoleka ye erabisiddwa, era n'ensi eno aginunula mu ngeri y'emu. Olwo, Ekigendererwa Kye kyeyongera kugenda mu maaso. Olaba? Ha, Aleeruuya! Ha, ekyo nno nga kinkola bulungi ddala, bwe ndowooza ku biri mu maaso!

116 Kaakati, mu Baefeso 1:10, kiyitibwa…Kaakati, oba okiwandiika, kiri mu Abaefeso 1:10, kiyitibwa, si ekiseera, si lunaku lwa musanvu. Kiyitibwa, "Obujjuvu bw'ebiseera." Kale "obujjuvu bw'ebiseera" nga butuuse, awo nga ebiseera bituukiriziddwa. Nga tewakyaliwo kupima budde, awo oyingira mu Butaggwaawo, oluvannyuma lw'omulembe ogw'omusanvu ogw'ekkanisa, nga bwe kiri; nga omulembe gwa Luther guwedde, ogw'Abamethodist nga guwedde, era n'ogw'Abapentekoote nga guwedde. Kati olwo n'oba nga ogenda mu (ki?) mu Butaggwaawo; nga tekyali misanvu, tekyali kubala mu busatu, tekyali kirala kyonna. Awo nga bali mu butaggwaawo, awatali budde bwa bintu nga kubala, na biseera, n'ebirala. Amiina! Ha, bannange! Mukiraba kati?

117 Oba, oluvannyuma nga ebiseera bimaze okutuukirizibwa, ekibi kyonna nga kigenze, kiggiddwawo, mu Myaka Olukumi, eri ku Nnamulondo Enjeru ey'Omusango. (ekifaanaganako, n'Omwoyo Omutukuvu.) Ensi nga emaze okukoleezebwako omuliro n'ebatizibwa, okubatizibwa kwayo okw'Omuliro omutukuvu oguva mu Ggulu; nga ekibi kyonna kiweddewo, nga obuwuka obuleeta endwadde bwonna buweddewo, nga emizimu gyonna gigenze, nga buli kikemo ekireetebwa emyoyo egisendasenda kigenze, nga buli bubi bwonna bugenze. (Ekyo nakyo kifaananyi bufaananyi). Olwo Katonda kiki ky'Akola? Asobola okutuula ku nsi, laba, kubanga ekibi kyonna kiweddewo.

118 Kintu ky'ekimu ky'Akola bw'Akuwa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Asobola okujja n'Abeera naawe, era awo tuyinza okutuula mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, kubanga tusangiddwa nga tuli mu Ye. Tekiri nti "tulibeera." Kati kati tutudde mu Kristo Yesu. Tuyingiramu tutya? Okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu omu. "Okuyita mu Mwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Kristo," era, ekyo kye tuli kaakati. Si "tulibeera" mu Kristo; naye tuli mu ye. Ye Kabaka omukulu ow'omwoyo nnannyini Mwoyo atuula mu ffe, kubanga twali mu Ye ku lubereberye.

119 Labayo, Katonda, ku lubereberye, bwe yalowooza ku ggwe n'abalala abali bwe batyo, Yeerowooza ng'Ayagala Abeere nga'Akwatikako. Ebyo bye byali ebirowoozo Bye. Olaba? Kale, ebirowoozo Bye n'Abyoleka okuyita mu Kigambo. N'Agamba nti, "Leka wabeewo." "Leka wabeewo," era ne waba. "Leka wabeewo," era ne waba.

Kale, oluvannyuma lw'akaseera, n'asigala nga Ayogera nti "leka wabeewo," okutuusa, lwali lumu abantu lwe baagamba nti, "Leka Katonda aleme kwogera!"

N'agamba nti, "Kaakati nja kwogeranga nabo nga mpita mu nnabbi." Olaba? "Okuva leero okweyongerayo, Nja kwogeranga gye bali nga mpita nnabbi."

Awo nnabbi n'agamba nti, "Walijja; wajja kubaawo," era ne waba, era ne waba. Era ne waba, era ne waba, olaba, mangu ago. Mukitegeera kaakati?

120 "Obujjuvu bw'ebiseera" butuuse nga ebiseera bimaze okutuukirizibwa. Ekibi kigenze, nga ensi emaze okubatizibwa, nga okubatizibwa kw'ensi kugifudde ekifo ekisaanidde; nga tewakyali ndwadde, tewakyali buwuka bulwaza; tewakyali maggwa; tewakyali mwennyango; tewakyali kufa, tewakyali nnaku, tewakyali kulumwa mitima; tewakyali kukaddiwa, tewakyali kiraga kufa; tewakyali kikyamu; byonna nga birungi; nga tewakyali kya mubiri. Butaggwaawo!

Awo nno, enneeyoleka Ye erabisiddwa kubanga bulijjo yalingawo, okuviira ddala edda, mu kusooka. Ekyo kye Yalowooza. [ow'Oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.]

121 Ate kiki ekyabaawo? Yateeka Adamu ne Kaawa wano ku nsi, n'agamba nti, "Muzaale kaakati mwale mujjuze ensi." Emibiri gyabwe gyonna gyali omwo, ng'olina okulya osobole okubeezaawo omubiri gwo. Eyo

y'engeri gye Yalina ey'okukikolamu.

Naye ekibi kyajja ne kiyingirira entegeka Ye. Naye, mu buli ngeri, ebiseera byeyongera bweyongezi kugenda mu maaso.

122 Naye Yesu kiki kye Yakola? Katonda yakka wansi ne Yeeyoleka mu ndabika y'Omuntu, omuntu; n'Awaayo obulamu Bwe, mu kifo ky'okusigala ku nsi kuno. Oyo, eyali nga ye Kabaka, naye ne Yeewaayo okununula abasigadde bonna. Mukitegeera?

Era byonna nga biwedde, byonna biteekebwa mabega, ekigendererwa kya Katonda ne kiba nga kituukiridde. Wuuyo Kabaka Ataggwaawo nate wamu n'abantu Be Abataggwaawo, abaalabisibwa mu mubiri gw'obuntu, ddala ddala nga bwe yali yakikola; ekibi kiggiddwawo; Setaani agenze; kati nga byonna biwedde.

123 Kiki ekinaakikola? Ensi eno teyinza kuba nga kye kifo kati Eggulu kwe linaatuula. Gitunuulire, kibi kyereere. Ejja kuba erina okulongoosebwa.

Tewali musajja yenna, tewali muntu yenna, tewali mukazi, mulenzi, muwala sifaayo ne bw'aba ani, asaanidde okuyimirira emabega w'ekituuti, wadde okweyita Omukristaayo, nga teyajjuzibwa na Mwoyo Mutukuvu. Tokkirizibwa kusembera ku mmeeza ya Mukama, oba okussa ekimu kwonna, okunaaza ebigere, oba ekintu kyonna, okutuusa nga omaze okulongoosebwa n'Omuliro gwa Katonda Omutukuvu.

Tewali musajja yenna akkirizibwa kubuulira, okuggyako ng'asoose kumusisinkana Oyo eri awatukuvu, nga Musa, Empagi y'Omuliro eri we yali eyimiridde, awo w'amanyira wa w'ayimiridde. Olaba?

124 Weetegereze, engeri gye tugendamu. Nga ensi emaze okubatizibwa n'Omuliro, obuwuka bwonna obubi nga buweddewo, kigifuula ekifo ekisaanidde Eggulu kwe liyinza okukka ne lituula ku nsi eno.

Kaakati, kifaanaganye, n'okutuula mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu; nga tuyise mu buno, obukyafu nga mukazi wattu oli bwe yali, okufuuka enneeyoleka ya Katonda erabisiddwa. "Kaakano tuli Baana ba Katonda," so si tuliba. Ffe tuli nneeyoleka za birowoozo bya Katonda. Mulaba?

125 Kaakati oyinza okugamba nti, "Naye, laba kabona ono. Ye teyali mwana wa Katonda?" Kyakakasa nti teyali. Kiki ky'ataasobola kutegeera? Yagamba nti, "Nzikiririza mu Baibuli"? Ddala. Naye teyasobola kutegeera Kigambo ekirabisiddwa eky'omu kiseera ekyo. Yalinako buyigirize bwokka bwe yali yasomesebwa ekibiina ky'abo abaamusookawo.

Era ky'ekimu ne leero. Olaba? Mmanyi nti ekyo kikalubo, naye ge Mazima.

Ekigambo kyali awo wennyini, ddala nga bwe kyayogerwa nti bwe kiriba mu kiseera ekyo; naye, ye, so nga yali muyigirize mu by'eddiini, era nga yali muntu wa ttutumu, naye n'atasobola kukitegeera. Lwaki? Ka abe nga yali muyigirize okwenkana wa mu by'eddiini, ekintu kyonna bwe kityo, naye era mu baateekerwateekerwa edda teyalinaayo kimukiikirira. Olaba?

Abo bokka abaateekerwateekerwa be bokka abakikola; era be bokka abasobola. Era oyinza kukikola mu ngeri emu yokka…Kubanga, labayo, kikakasa okuteekerwateekerwa. Kubanga, bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, wali oteekwa okuba nga oli kitundu ku Katonda ebbanga lyonna, kubanga Ye yekka Ataggwaawo. Mukiraba? Ha, bannange! Kirowoozeeko.

126 Kaakati tunula olabe ebibaaawo mu Myaka Olukumi. Nga ekibi kyonna kigenze, awo Emyaka Olukumi nga gitandika, kino nga kye kiseera Omwoyo Omutukuvu atwale ekifo Kye.

Kiri nga era bw'Akola mu ffe, "Atujja mu kufa okuyingira mu Bulamu," nga tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo, mu Kubeerawo Kwe okw'ekitiibwa. Olwo n'okufa okwa bulijjo kuliggwaawo; nga okufa okw'omwoyo kati bwe kumaze okuggwaawo.

Kaakati wano tewali kintu kiyitibwa kufa kwa mwoyo, ku—ku mu—mutukuvu wa Katonda abatiziddwa. "Ne bw'aliba afudde, aliba mulamu. Buli mulamu anzikiriza Nze talifa." Ebyawandiikibwa byonna, Biteekwa okutuukirizibwa. Mulaba? Toyinza kufa. Olina Obulamu Obutaggwaawo. Enjawulo yokka eri nti, Omununuzi akusobozesezza okukitegeera. Era Ekyo kye wali bulijjo, era eyo ye nsonga lwaki osobodde okutegeera ekiseera ky'olimu. Bameka abakiraba? Muwanike ku mikono gyammwe. Olaba? Mwebale. Olaba? Ekiseera kye tulimu, osobola okukitegeera.

127 Kaakati, Abamethodist bagamba nti, "Bw'oleekaana, olwo oba okirina." Bangi ku bo baaleekaana naye nga tebaakirina.

Abapentekoote baagamba nti, "Bw'oyogera mu nnimi, olwo oba okifunye." Bangi boogera n'ennimi, naye nga tebakirina.

Wekkaanye olabe, engeri y'obulombolombo Abafalisaayo bali bwe baalina, naye ate Ekigambo bwe kyalabisibwa, tebaakitegeera. Olaba? Mulaba?

Era bw'oba ggwe Mugole, Omugole omukazi aba kitundu ku Bba. Era bwe…Engeri yokka gy'olikitegeeramu, kwe kutegeera kitundu ki ky'oli ku Balo (Ekigambo ekyo), oba si ekyo tosobola kutegeera nti ggwe Mugole omukazi. Bameka ekyo abakiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mulaba? Olaba? Olina okutegeera ekifo kyo.

128 Tosobola kutegeera kya mulala. Watya singa—watya singa Musa yajja na bubaka bwa Nuuwa? Naye Nuuwa yali kitundu ku bwo, kale tebwandikoze. Watya singa—singa—singa—singa Yesu yajja na Bubaka bwa Musa? Tebwandikoze. Laba, gwali mulembe gwa njawulo, bwali bunnabbi bwa njawulo, era kitundu kirala eky'Ekigambo ekyali kirina okutuukirizibwa mu kiseera ekyo. Lwali lunaku lulala olwa wiiki. Tekisoboka, emirimu gy'oku Lw'okubiri tegisobola kukolebwa ku Lwakusatu. Era egy'oku Lw'okusatu girina kukolebwa ku Lwakusatu. Olaba? Emirimu gy'oku Lw'omukaaga girina kuba gya ku Lwamukaaga. Olaba?

Kyokka, bali, baali beenyumiriza nti, "Ha, Musa, tulina Musa."

N'agamba nti, "Singa Musa mwamutegeera, nange mwandintegedde, kubanga ye yanjogerako Nze. 'Mukama Katonda wammwe alibayimusiza nnabbi afaanana nga nze.'" Mukitegeera? Ha, bannange! Mulaba?

Awo Yesu n'agamba, mu Yokaana 14 nti, "Oyo Omwoyo Omutukuvu, bw'Alijja, Alibajjukiza ebintu bino byonna, laba, alibalaga kiseera ki kye mulimu. Era, ekirala kwe mulimutegeerera, alibalaga ebintu ebigenda okujja," laba, laba, bw'abazzaayo ku bunnabbi nate, "bw'Alijja." Olaba?

129 Mu nsi Empya n'Eggulu Eriggya, tetuliddamu kufuna buzibu nate, mu Nsi eri Empya ejja. Setaani aliba asibiddwa…Setaani, kaakati akyetaaya; omuloopi. Naye mu Nsi Empya, aliba asibiddwa era nga asuuliddwa mu Nnyanja ey'Omuliro, mu Muliro guno omutukuvu.

130 Kale, mu Nsi eno Empya, leka twetegerezeemu okumala eddakiika ntono kati. Mu Nsi eno Empya, eggulu teririddamu kukwata kazigizigi; nedda, ekyo kyava mu kikolimo, laba. Terigenda kuddamu kuddugazibwa bire binyiivu. Embuyaga teziriddamu kukunta kuyita mu bbanga. Nedda. Teziriddamu kumenya miti, na kumenya mayumba, na kuvuunika bintu. Okumyansa n'ekiruyi tebiriddamu kuva mu kibejjagalo kya Setaani okuliyitamu, oba okutta omuntu eyeetambulira amakubo ge, wadde okwokya ekizimbe. Mulaba? Tewali, n'akatono. Waliba tewakyali miyaga gya maanyi gikunta, oba emiggundu n'embuyaga, ebiyuzaayuza amayumba, ne bitta abaana abato, n'ebirala. Hmh-mh, biriba tebikyaliwo. Okugezaako okuzikiriza, kiriba tekikyaliwo. Setaani awo nga asuulidddwa ebweru.

Singa tubadde n'ebiseera kati. Ebyawandiikibwa mpitako biyite, kaakati, tuleme kukeerewa nnyo. Nnina okusabira abalwadde.

131 Eggulu n'ensi bisisinkanye; Katonda atabaganye n'omuntu. Adeni luzziddwawo era lutandise; laba, ekikolimo kyonna kigenze.

Kiringa bw'olaba nti, ekikolimo kyonna eky'ekibi kiba kigenze Omwoyo Omutukuvu bw'akukkiriza. Laba, Oyo si ggwe omukkiriza, wabula Ye y'akukkiriza, laba, kubanga nneeyoleka ya Katonda. Laba, bw'aba nga ddala ye Mwoyo Omutukuvu, manyanga, Mwoyo wa Katonda; era nga ye nneeyoleka, ekirowoozo kya Katonda, nga akukkirizza kubanga wayawulibwa lwa kigendererwa ekyo. Olaba? Kyokka, nga ate wazaalibwa mu kibi; naye Katonda yalina enneeyoleka eyo, era n'ojja weeyolekera wano ku nsi, era n'Akka wano n'akusisinkana. Laba, oli wano eno; eno ye wammwe. Olaba? Laba, ekibi tekikyalina maanyi. Kye ekyo. Okwegomba kw'ekibi kuvuddemu mu mutima gwo, Omwoyo Omutukuvu bw'ayingira. Oli muntu azziddwawo.

132 Kale n'ensi bw'ezzibwawo, nga kikolebwa ekintu kye kimu, waba tewaddamu nate kubaawo kukolima, tewakyali miyaga, tewakyali mbuyaga, tewakyali miggundu—manyanga, miggundu. Mutabaganye; omuntu ne Katonda basisinkanye. Ensi Empya eriteekebwa mu bulungi bwa Adeni nate. Ensi Empya eritutunukayo nate, yo yennyini, nga emaze okufuna okubatizibwa n'Omuliro.

Ggwe kuba akafaananyi, ejja kukwata omuliro ebengeye. Ebigirimu biryokebwa ne—n'ebbugumu eringi. Emirimu gy'omu nsi gyonna girisirikka. Amazzi gonna galyabika; galikoleera ne gaabya byonna. Buli kintu kyonna kiryabika. Ensozi eziwandula omuliro ziritulika era, zivulule olunyata, lutumbiire mu bbanga mayiro nkumi na nkumi. Buli kawuka…Omwoyo wa Katonda Omutukuvu alirongoosa buli kaweke konna ak'ekibi na buli kimu. Setaani yenna alisibibwa asuulibwe mu Nnyanja y'Omuliro, Omuliro ogusanyaawo, ekiruyi kya Katonda eky'Omuliro.

133 Tewaliddamu kubaayo nsolo yonna ekuzikiriza nate. Nga bw'otambulako mu kkubo, mu nnimiro y'ebimuli, waliba tewakyaliyo musota gwonna gukutiisatiisa kukubojja, n'obusagwa bwagwo. Ha, bannange! Tewaliba walungi nnyo? Wuliriza. Mu Nsi eyo Empya tewalibaayo ntuumu ya ttaka eryo erya kyenvuyenvu, lye batuukako nga basima entaana; ebyo byonna tewalibaayo n'ekimu.

Omuntu ne Katonda nga basisinkanye; Omugole Omukazi n'Omugole Omusajja. Eggulu n'ensi nga bigwaŋŋanye mu kifuba; Katonda nga asse wansi okubeera n'abantu. Nga Yeekaalu Ye eri nabo.

Waliba tewakyali kibi, wadde ennaku. Era tewaliddamu kubaawo nnakazadde akulukusa ttondo lya zziga, kulitonnyesa ku lwa mwana we. Amiina. Tekiribaayo, mu Nsi eri Empya. Nedda. Enunuddwa. Ye Nnyini yo, wamu n'Ababe abaaginunulibwamu. Mulaba?

134 Era, laba, oli kitundu ku nsi eyo. Si bwe kiri? Era bwe Yakununula, n'ensi Yaginunuza ekintu ky'ekimu, era kati muli wamu nate. Ha, kiyinza kutegeerekeka kitya okusinga awo. Mukiraba? Olina okununulibwa kubanga oli kitundu ku yo. Era Omusaayi bwe guba nga tegwakuyiikira, kitegeeza tonnaba kununulibwa; era tewayitibwa. Olwo n'Agirongoosa; era kintu ky'ekimu ky'Akola mu Muliro. Newankubadde, Omusaayi gwayiika, ekyasigaddeyo okulongoosebwa n'Omuliro, ky'ekyo, kisobole okufuuka ekifo kya Katonda mw'Abeera.

Katonda Yamala dda okutwala ekifo Kye mw'Abeera, okutwalira awamu. Obwakabaka bwa Katonda buli ku nsi mu kiseera kino, mu mitima gy'abatukuvu Be. Abo ze nneeyoleka Ze ze yalina mu lubereberye. Kaakati enneeyoleka Ze zinunuddwa. Kati Alinda ki? Kununula nsi, alyoke agiteekeko enneeyoleka Ze, alyoke atuukiririze ddala entegeka Ye gye Yabateekerateekera. Mukiraba?

135 Labayo, tewali ntaana, tewali maziga, tebiribaayo, teriba kuyiwa musaayi. Tegenda kutoba na ttondo lya zziga wadde ery'omusaayi. Nedda. Tewaliddamu kubaawo ntalo. Nedda. Tewalibaawo bire bya butiti. Teriddamu kugwibwako muzira munnyogovu nate; teguliddayo kugibeerako. Enjuba eyokya, teriddamu kwokya muddo gwayo. Aleeruuya! N'eddungu lirimeramu ebimuli bya roza. “Eddungu eryo, ekkalu, lumu, ligenda kwanya, ng'ekimuli kya roza.” Katonda bw'atyo bwe Yagamba; ensi nga enunuliddwa, ng'efunye okubatizibwa kwayo okw'Omuliro. Kukyaliko enkuukuulu n'ebikwatandiga ebya buli ngeri na buli kimu, naye okubatizibwa kwayo okw'Omuliro kujja.

Ng'omuntu bwe yali, nga akyalinamu obukyayi, ettima n'okulwana mu ye; okubatizibwa kw'Omuliro bwe kwajja, byonna kwabirongoosa ne kubiggyawo. Nga tewakyali kukwatibwa buggya, tewali kintu kyonna; ng'afuukidde ddala ekifo kya Katonda mw'Atuula. Era, jjukira, nti abo kye kibiina Kye ekigenda okumusisinkana eri emitala. Amiina! Oh, nga ki…

136 Eyo si mboozi buboozi; wabula ge Mazima. Ekyo Katonda kye Yayogera. Ekyo kye yasuubiza. Ekyo Omugole Omukazi ky'agendamu. “N'eddungu,” Yagamba nti, “ligenda kwanya, libe ng'ekimuli kya roza.”

Setaani, ekibi, n'aboonoonyi, nga bigenze, obutadda. Byonna biweddewo; nga kyonna kibulidde mu Butaggwaawo. Era n'ebyo byonna ebyali byakyamizibwa, malayika oli omukulu olumu eyabeeranga eyo, oyo Setaani, eyakola obubi buno bwonna, alizikirizibwa. Mujjukira, Baibuli egamba nti, “Emmeeme eyo bw'etalikola nga Ye bwe yakola, bwe yagamba okukola, n'emmeeme eyo Aligizikiriza.”

Naye, omanyi, Tasobola kwezikiriza Ye n'asigala nga Katonda. Kale nno, emmeeme eyo bw'eba ya nsi, eba erina okuzikirizibwa. Naye bw'eba nga Teggwaawo, eri ne Katonda, eba teyaliiko ntandikwa, kubanga eri kitundu ku Katonda era tesobola kuzikirizibwa. Amiina! Nga kirungi nnyo! Nga ki—kisaana okusiimibwa, eky'okuba nti Ekkanisa erina okukiraba ekyo!

137 Bannange, byonna bye mubadde mukola biri wano wennyini. Kino kye ngezaako okugamba. Ebimu ŋŋenda mbirekayo kubanga nja kubiddira oluvannyuma.

138 N'ebintu bino, Setaani, aboonoonyi, byonna bigenze, Emirembe Egitaggwaawo; era tebiriddamu kubaawo. Byonna…Laba, Setaani tasobola kutonda. Singa asobola, awo aba Katonda. Mulaba? Asobola kwonoona bwonoonyi ebyo ebyatondebwa. Mulaba? Ate, okukyamya kwonna, okukyamya, kujja kumalirwawo ddala. Era okufa kwe kukyamizibwa kw'obulamu; era okukyamizibwa nga kuweddewo, waliba tewakyali kufa nate. Okukaddiwa kabonero ka kufa; era okukaddiwa nga kugenze, obulamu we buyingirira. Buli kabonero ka kukyamizibwa na buli kimu byonna biweddewo. Amaggwa n'omwennyango kabonero ka kibi, “ensi ekolimiddwa nabyo,” era nabyo nga biweddewo. Endwadde zijja, okuyita mu ebyo; nazo ziijja kuggwaawo. Okufa kujja kuggwaawo. Okuyiwa omusaayi kujja kuggwaawo.

139 Tewali kiririnnya ku nsi eri okuggyako obutukuvu, Abanunule. Ha, bannange! Yee. Ha, nga mpulira bulungi nnyo. Katonda, n'obutonde Bwe; n'ebitonde Bye bye Yatonda binunuliddwa Omusaayi Gwe Ye. Nga birongooseddwa n'ennongoosa Ye; ennongoosa Ye etta obuwuka obulwaza, era etta n'ekibi kyonna!

Tugambe ekintu kyonna bwe kiba nga obuwuka bwonna obukibaddeko buttiddwa, engeri ekyasinzeeyo okubutta gye tulina y'ey'okukozesa omuliro. Oyinza okuddira ekintu n'okyoza ne sabbuuni owa buli ngeri oba n'eddagala lino lyonna lye boogerako, naye kiba tekinnatukula. Naye gezaako okyokye!

140 Kale Omuliro gwa Katonda omutukuvu bwe gulongoosa ensi n'Eddagala lyagwo; awo aba Asitudde Omugole We, basobole okugenda Bombi mu Ggulu, nga kino bwe bigenda mu maaso. Baddamu ne bakomawo ku nsi, Eggulu Eriggya n'Ensi Empya. Obutiti tebukyayinza kugikosa. Ekyeya ekyokya tekikyayinza kugikosa. Amalungu gagenda kwanya nga ekimuli kya roza. Ekibi n'abonoonyi nga biweddewo.

Katonda, n'ebitonde Bye wamu n'obutonde, olwo nga babeera wamu mu bumu obutaliiko kamogo. Nga eggulu n'ensi bwe biri omwami n'omukyala, bw'atyo Kristo bw'Ali n'Ekkanisa, era bonna basisinkanira wamu mu ntegeka ya Katonda enkuukuutivu ey'obununuzi byonna ne biddira ddala mu kifuba kya Katonda. Mukiraba?

141 Era, mu Nsi Empya, mulimu Ekibuga Ekiggya. Ha, bannange! Kaakati wuliriza bulungi. Kino tokyerabira. Nti, Yesu yagamba, mu Yokaana 14, nti Yali wa kugenda ateeketeeke. "Emitima gyammwe tegyeraliikiranga." Bwe yali agenda yagamba nti, "Nnina ensonga lwaki ŋŋenda. Mwakkiririza mu Katonda," N'agamba, nti "Nange munzikirizemu." Baali tebalaba nti Yali Katonda. N'agamba nti, "Mukkiririza mu Katonda, kati munzikiririzeemu. Era ŋŋenda kubateekerateekera Ekifo. Mu Nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi; mu Bwakabaka bwa Kitange mulimu embiri nnyingi." Kristo gyali, mu kuzimbibwa kwa Yerusaleemi kino Ekiggya kaakati. Kaakati wuliriza bulungi. Tosagaasagana. Leka, kino kireme kukiyitako. Kristo ali mu Ggulu, leero, nga ateekateeka Yerusaleemi Ekiggya.

142 Era nga Katonda bwe yatonda ensi mu nnaku mukaaga, nga bwe Yakola ensi mu nnaku mukaaga, oba emyaka kakaaga. Nga bwe yagamba nti, "Muleme okuba abatamanyi," tusoma mu Byawandiikibwa nti, "emyaka olukumi giri nga olunaku lumu."

Kale Kristo Yagenda era Ateekateeka Ekifo, ekibadde kizimbibwa okumala enkumi n'enkumi z'emyaka, ng'Ateekateeka Ekifo. "Era bwe ŋŋenda okuteekateeka Ekifo, Ndikomawo nate, Mbatwale; eyo gye Ndi, nammwe mubeere eyo." Laba Omununuzi n'Abanunule!

143 Singa kati tubadde n'ebiseera. Nnalambyeewo wano, Sulemaani ng'anokola ng'ayogera ku "muwala ono, Omugole." Ha, tulina kukibuuka bubuusi; obudde buyise nnyo, laba. Nja kukiddira, buddizi. "Aba agezaako okumufuna, asanga alina omulenzi omulunzi w'endiga amwogereza." Abamu oboolyawo baalowooza nti olwo lwali luyimba buyimba lwe yayimba. Ha, nedda. Sulemaani ye yasikira nnamulondo ya Dawudi, ku nsi, naye yalaga nti obwo obwakabaka bwali bulina okuggwaawo. Kyali kifaananyi kya Kristo mu mukwano n'Omugole. Mulaba?

144 Kitegeere nti wano Yesu yagamba, mu Yokaana 14 kaakati, "okugenda okubateekerateekera Ekifo."

Ha, kirifaanana kitya? Wali olowoozezza, ggwe Omugole, ku ngeri gye kirifaananamu? Kyateekebwateekebwa era ne kiwundibwa Omukubi wa pulaani Ow'omu Ggulu. Ekibuga ekyo kiriba kirabika kitya? Kaakati, tugenda kukyogerako okumala eddakiika ntonotono. Omukubi wa pulaani Ow'omu Ggulu ye yakiteekateeka, ye yakiwunda. Ekirala, laba, yakiwunda n'emikono egijjudde obwegendereza, olw'Omugole We omwagalwa. Kigenda kufaanana kitya?

Muli oyinza okukuba akafaananyi nga omusajja agenda okuwasa omukazi, omusajja eyeesobola, engeri gy'azimbamu ennyumba n'agiteekamu buli kantu nga mukazi we bw'akaagala, mu ngeri yennyini nga omukazi bw'ayagala? Amiina.

145 Kale nno, n'Omukubi wa pulaani Ow'omu Ggulu yawunda Ekibuga Ekiggya, omwo mw'Anaabeeranga n'Omugole We, nga Mukyala we bw'ayagala kifaanane. Omutume kye yava agamba nti, "Amaaso bye gatalabangako, amatu bye gatawulirangako, ebyo ebitafumiitirizibwanga mutima gwa muntu yenna." Leka tulabe oba tusobola okukinoonyerezaako tulabe, tulabe bwe kirifaanana.

Omukubi wa pulaani Ow'omu Ggulu kino ye yakiwundira Omwagalwa We. Mulaba? Oh, nga kifo kirungi ddala, ekyo, Enkula ey'Obwakatonda, Omukubu wa pulaani Ow'omu Ggulu kye yawundira enneyoleka Ye Ey'obwakatonda eyateekerwateekerwa Katonda Ow'omu Ggulu Oyo—Oyo nga Ye nnanyini Bulamu bwa Katonda! Ekibuga ekyo kirifaanana kitya! Kirowoozeeko.

146 Jjukira, si Ggulu. Yokaana yagamba nti, "Nnakiraba nga kikka okuva mu Ggulu." Kya kubeera ku nsi. Mulaba?

Ensi eno si y'ejja okuggwaawo; ejja kuba efuuse nnunule. Katonda teyagamba nti yali Ajja kutandikawo omugigi omupya; wabula agenda kununula ogwo gwennyini oguliwo. Tagenda kuyimusa mulembe mulala; wabula Anunula bununuzi ogwo gwennyini ogusangiddwaawo. Tagenda kukola nsi mpya; eno yennyini y'enaasigalawo. Wabula Ajja kugyokyako, agirongoose, nga naawe bwe Yakukola. Entegeka Ze zirina okubeerera emirembe gyonna. Kale, laba, kijja kuba bwe kityo.

147 Jjukira nti, tekijja kuba Ggulu "Kikka okuva mu Ggulu." Kifo kya kubeeramu, Kifo Ekibeerwamu, mw'Anaabeeranga. Nga, yali Yokaana, ku kizinga kye Patumo, wano mu Kubikkulirwa 21, bwe yakiraba "nga kikka." Yokaana yalaba Ekibuga ekyo, nga "kikka wansi okuva mu Ggulu," ng'ejjuba, bw'atyo bwe yalaba.

Wuuno Katonda Ajja, Akka mu Yeekaalu Ye ey'oku nsi, Yesu, mu ki…"nga'Akka okuva mu Ggulu." Yesu Yabatizibwa, n'Agenderawo butereevu…

Bwe Yasisinkana nnabbi! "Ekigambo kijja eri nnabbi." Ate, Ye Yali Kigambo. Era nnabbi yali ayimiridde

awo wennyini, nga yeegaana ebibiina byabwe eby'eddiini, byonna. Era, bwe yalaba Ekigambo, Ekigambo ne kijja butereevu gy'ali.

Awo nnabbi ne yeekanga nnyo, n'agamba nti, "Nze nneetaaga okubatizibwa Ggwe. Lwaki Ggwe ojja gyendi?

N'amugamba nti, "Leka kibeere bwe kityo, kubanga kitugwanidde (tumanyi obubaka) okutuukiriza obutuukirivu bwonna. Nze Ssaddaaka; Eteekwa okunaazibwa." N'akikola nga bwe yali amusabye.

148 Bwe yava mu mazzi, n'agamba nti, "Nnalaba eggulu nga libikkuse." Nnabbi yaliraba. Yalaba eggulu nga libikkuse.

Kale ne wajja, okuva mu Ggulu, engeri y'Ejjiba; awamu n'Eddoboozi, nga ligamba nti, "Kino kye kitundu Kyange eky'oku nsi kye nnunudde, era okuva mu kitundu kino eky'oku nsi nja kununula n'abasigadde bonna, kubanga Ye Kigambo Kyange ekirabisiddwa." "Era ensi yonna, Nnagyogera bwogezi n'eryoka ebaawo okuyita mu Kigambo Kyange," Abaebbulaniya 11. "Era Setaani abadde agikutte okumala ekiseera kino kyonna, naye Nzize okuginunula. Ekitundu ekinene ku yo kye kyakolebwamu omubiri Gwe, era Nzija kugutuulamu."

149 Yokaana yagamba nti, "Nnalaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya nga kikka okuva mu Ggulu, ng'Omugole ayonjereddwa Bba." Kati bwe kyakka kyatuula wa? Era nga bwe kyakolera ddala luli; ku nsi kwe kyatuula.

Yesu yali kitundu kya nsi Omwoyo Omutukuvu kye yakkako, (si bwe kiri?) era n'amusigalako emirembe gyonna. Tasobola kumuvaako. Bulijjo abeerawo. Ye ne Katonda bali Omu. Alina okusigalawo bulijjo!

Kale nno, Yokaana yalaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya, nga kikka nga ekibun'oomu, oba e—ejjiba, nga kikka wansi okuva mu Ggulu ne kituula ku nsi ennunule, ku nsi yonna, (okukola ki?) okusobola okubanja buli nneeyoleka gye yali yakolera ensi. Buli musajja eyali yakiikirirwa mu Butaggwaawo, na buli mukazi, anunuddwa. Akuutiddwa n'ayokebwa n'Omuliro.

Yesu, mu kukemebwa Kwe okuzito mu ddungu, okumala ennaku amakumi ana. Oluvannyuma lw'ekyo, weetegereze, ekiseera kyali kituuse agende mu buweereza Bwe.

150 Kirowoozeeko, Omwoyo Omutukuvu nga akka ku nsi, Yesu, ate n'Omusaayi ogwo omutukuvu! Kaakati weetegereze, era ka nsuubire nti ssibatutte buziba nnyo, laba. Omusaayi omutukuvu ogwatondebwa Katonda; Omusaayi, Obulamu, obutonde bwa Katonda. "Yesu ye yali omubereberye w'obutonde bwa Katonda. Ha! Mukiraba? Katonda, nga yeefudde obutonde. Yali Mwoyo. Baibuli egamba nti, "Ye lubereberye lw'obutonde bwa Katonda." Yatandika atya? Mu lubuto lw'omukazi. Ekyo kye kiki? Omukazi si ye…

Kiri nga abazibe b'amaaso wano wennyini bwe batayinza kutegeera "zzadde" lya musota. Mulaba? Kaawa yateekebwa wano ku nsi, era, nga ne Setaani tannaba kumukwatako, oba ekirala kyonna, Katonda n'abagamba nti, "Muzaale, mwale, mujjuze ensi." Kye ekyo, naye Setaani ayingiramu wano. Era, oyo bw'aba nga yali mutabani wa Adamu, olwo ludda wa…

Adamu yava mu Katonda butereevu. Era enkula yo eba ya muzadde wo.

Era bw'ozaalibwa ogw'okubiri, otwala Nkula ya Muzadde wo, ow'omu Ggulu. Ate nga Muzadde wo ow'omu Ggulu ye nneyoleka ey'Ekigambo…Manyanga, Ekigambo ye nneeyoleka ya Muzadde wo. N'olwekyo, oyinza otya okukyegaana, n'otwalamu ekibiina ky'eddiini? Bannange!

Ka nsuubire nti kino tekiibayiteko. Mmanyi nti kiva eri Katonda.

151 Yesu. Wuuno Ajja, ng'Akka; ate ne wali yali Yesu, enneeyoleka ya Katonda.

Kaakati, "omukazi", ye. Labayo. Katonda yagamba nti, "Kubanga bakoze kino," n'Agamba nti, "Nja kuleeta obukyayi wakati w'Ezzadde lyo n'ezzadde ly'omusota." Si bwe kiri? Ate jjukira omukazi talina zzadde lyonna. Ekyo wali okirowoozezzaako? Alina ennimiro, naye talina nsigo. Laba, omusota gwo gwali gwamaze dda okuteekamu "ensigo" yaagwo.

Kale, oba nga omukazi talina nsigo, alina kusigalawo afune Ensigo.

152 Laba, okuyita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi, kyali kireese, omusota, okuva eri Setaani, ekitaali kyewalula; naye nga kyalina amagulu, kubanga amagulu gaakyo gaakongokako luvannyuma. Kye kyali kisinga obukalabakalaba, nga kye kisolo kyokka ekyali—ekyali kyogeraganya n'omukazi.

Ensigo y'ekisolo kaakati tekyayinza kukikola, era tewali kirala kiyinza. Bagezezzaako. Naye bigaanye. Laba, obulamu bw'ensigo obuva mu kisajja tebusobola kugenda mu mukazi. Tekisoboka.

153 Naye ekyo kye kyali kisinga okukifaanana ennyo. Labayo, balemeddwa okuzuula ekitonde ekyo ekiri

wakati w'ezzike n'omuntu. Laba, byonna, nga bwe biddiriŋŋana, okuva ku binyonyi, okufuukamu enkima, n'ebirala, okutuuka ku mazike, awo bagamba nti waliwo "ekibulawo." Ogwo gwe gwali omusota, si guno ogwewalula; kubanga guno enkula yaagwo eyasooka yonna yakyuka, kubanga gwakolimirwa.

Kaakati, Katonda teyakolimira Adamu; yandikoze ekintu kye kimu, naye Yakolimira nsi, emereko "amaggwa n'omwennyango."

Ate teyakolimira Kaawa, wabula yagamba nti Adamu abeere nga "y'amufuga." Okuva ku olwo okweyongerayo, nga tajja kugezaako kubuulira oba ekintu kyonna, afugibwa Adamu. "Ennaku z'obulamu bwo bwonna, era mu bulumi, mw'onoozaaliranga okuleeta obulamu mu nsi." Kyokka n'Agamba nti, "Nja kuteeka obulabe wakati w'Ezzadde lyo…"

Kaakati, omukazi teyalina nsigo yonna, era tabangako nayo, kale, yalina kufuna Ensigo okuva awantu awamu. Katonda yamuwa Ensigo, awatali kuyita mu kwegatta na musajja, wabula okuyita mu kutonda.

Mmwe abazibe b'amaaso temulaba nti eyo ye "nsigo" y'omusota? Ha, bannange! Setaani yasookayo nga Adamu tannagendayo; eyo ye yali "ensigo."

Naye yafuna Ensigo. Yali nsigo ki? Katonda Mwene. "Ye yali entandikwa y'okutonda kwa Katonda"

154 Kaakati laba Seezi bwe yazaalibwa, manyanga Abiri, yali musajja mutuukirivu, nga obutukirivu yabufuna kuyita mu kitaawe. Ne Seezi mu ngeri y'emu.

Naye oli omubi yava wa; omutemu, omulimba? Laba, olaba gye yava? Yali erina kuba "nsigo," kubanga yali nsigo; Kayini yali musajja.

Ha, abo abazibe b'amaaso bali ludda wa? "Katonda w'omulembe guno yabaziba amaaso." Ky'ova olaba, nti, Yesu yagamba nti tewali muntu ayinza kukiraba. Mulaba?

Oyinza okwebuuza nti, "Lwaki tebakiraba?"

Lumu Yesu yayogera, eri abayigirizwa Be nti, "Mmwe kyabaweebwa okumanya eby'Obwakabaka bwa Katonda, naye bali tekyabaweebwa."

155 Era eyo ye nsonga lwaki muva mu mayiro lukumi-mu-bitaano okwetooloola, laba, "Kyabaweebwa mmwe okumanya eby'Obwakabaka." Laba, abantu bajja okuva ne mu South Africa n'awalala wonna, mu kiseera kino ekiweddeyo ng'Omugole ategekeddwa okugenda mu Bwakabaka.

Obudde obumala bwe ssirina. Weetegereze. Kaakati weetegereze, laba.

Kaakati awo osobola okulabawo "ensigo" y'omusota, olaba engeri gye yakikolamu? Laba, kirabikira ddala. Kaakati, abamu ku bo bagamba…

Okugeza, nga omusajja oli ow'e Tucson luli, nga agezaako… Ah, ayinza okuwulira olutambi luno. Kale, naye singa lukutuukako, ssebo, njagala nkubuulire kino.

Bwe yagamba nti, "Kaawa n'agamba," wano we bakijja awagamba nti, "'Nfunye omwana ow'obulenzi okuva eri Mukama, manyanga omusajja okuva eri Mukama.'" Ddala, ddala bwe kiri. Kubanga Katonda alina etteeka.

156 Laba, ddira ensigo ogisimbe mu nnimiro omuli eŋŋaano, ggwe osimbemu amatovu. Ekyo si kikulu, kubanga omusana gwe gumu n'enkuba y'emu ebinaabeezaawo ensigo eyo n'ekula. Katonda alina etteeka, era etteeka eryo teriyinza kumenyebwa.

Si kikulu ne bwe—ne bw'abeera omukazi asingayo obugwenyufu mu kibuga n'omusajja asingayo obugwenyufu, nga si na bafumbo, ssinga beegatta—ne beegatta, ne babeera bonna bajja kuzaala omwana; era omwana oyo ajja kuzaalibwa okusinziira ku tteeka lya Katonda, kubanga tewali ngeri ndala yonna. Bwe kitaba bwe kityo, olwo Setaani oba omufudde mutonzi, olwo aba afuuse katonda. Ha, oyinza otya okuziba amaaso okwenkana awo! Laba, tteeka lya Katonda, ddala.

Singa ozaala omwana, sifaayo oba ye Esawo, oba Yakobo, leka abe ani, oba omuntu ow'empisa mbi yenna, ne bw'abeera Yuda, Katonda y'amusobozesa okuzaalibwa. Katonda alina etteeka.

157 Baibuli egamba nti, "Omusana gwakira abalungi n'ababi; era enkuba etonnyera abalungi n'abata-…" Abaebbulaniya essuula 6, era wagamba nti, "E—enkuba etonnya bulijjo ku nsi, okugifukirira, n'okugitegekera ekyo ekigirimya, ng'ekyo omanyi nti, kwe kuleeta obulamu; naye amaggwa n'omwennyango nabyo obulamu bwabyo bubeererawo ku nkuba y'emu, n'omusana gwe gumu." Kubanga, tteeka lya Katonda, okwengeza buli nsigo, okusobozesa buli nsigo okwezaala.

Kale, kyalina okuvaamu "ensigo" y'omusota. Era n'okuziyiza tekya—tekyaziyiza Katonda; wabula kyatuukiriza butuukiriza ntegeka Ye, kubanga kyamufuula Mununuzi. Buli muzibe w'amaaso asaanidde

ekyo okukiraba, okuggyako nga kyakukwekebwa. "Nga katonda w'ensi eno" yakikukweka. Kyeraga kyokka ng'ebirala byonna bw'obiraba. Ky'ekyo. Eryo lye "zzadde" ly'omusota. Kati weetegereze.

Naye, "Yesu ye Yali omubereberye mu kutonda kwa Katonda."

158 Kati omukazi ye akola ki? Tulaba, nga enkwaso y'obulamu eva mu musajja. Ekyo okigaana? Omukazi talina bulamu mu ye, n'akatono. Alina ggi bugi, nga ye nnimiro.

Kiri nga bw'oddira ennimiro yonna n'ogirima, era—era n'ogifuuyira, n'ofuuyiramu obuwuka bwonna n'obutta. Nga te—tewali wadde omuddo ogugimezeemu; era n'oddamu n'ogissaamu ebigimusa, n'olyoka osigamu ensigo ennungi. Omulabe bw'ajja n'asigamu ensigo endala, etteeka lya Katonda lye limu erinaasobozesa ensigo zino zombi okwengera.

Kyokka, ekyo Katonda si kye yali yagenderera, laba. Naye kiki ekyaddirira?

159 Laba, enkwaso eva mu musajja y'erimu enkula y'obulamu, nga gwe musaayi. Mu musaayi mwe muli obulamu. Era bw'oli…Nnali nkirabyeko, nga bawakisa ente okufunamu maleeto n'ebirala bwe bityo. Nze n'ow'Oluganda Shakarian baabitulagako, awamu n'abasawo, nga tulaba, engeri gye babikola, abatabuzi baabyo. Olaba? Eno nga baggyayo amazzi agava mu kikazi, nga ge magi. Ate eri ne baggyayo amazzi okuva mu nnume, nga ze nkwaso.

Gano tegaliimu nkwaso ya bulamu n'akatono. Gano gava mu kiri ekyava mu musajja. Bw'atyo bwe yajja ku nsi, mu kusookera ddala, era ye nnimiro bulimiro. Eryo ggi, era lye lirina ettaka eddungi obulamu buno mwe busobola okukulira. Kaakati obulamu buno mwe buyingira nga buwuga. Ekyo kye kyama, engeri gye…

160 "Mpozzi," oyinza okugamba nti, "esookayo mu maaso, ye ekwasa. Ezisigadde zonna zifa bufi." Kale, naye kibaawo kitya, era ani asalawo kibe bwe kityo? "Yee, esooka." Naye ye enaabeera mu maaso ga zinnaayo; eggi erisooka mu maaso, n'enkwaaso sooka mu maaso? Nedda, nedda.

Liyinza okuba eggi limu; nga liri na mabega, emabega ddala, eyo wakati mu mazzi, ne wajja enkwaso n'ejja n'egenda erisisinkana. Ekyo kiraga nti waliwo amagezi agasalawo oba anaaba wa nviiri mmyufu, oba nzirugavu; oba anaaba mutono, munene; mulenzi oba muwala. Mulaba? Toyinza, era tewali ky'oyinza kukikolera; tekijja kukola. Osobola n'okugatabula awamu, na buli kimu, naye tekirina njawulo yonna gye kijja kukola. Katonda ekyo y'akisalawo. Era wayitawo kaseera buseera, enkwaso emu ejja kuwuga eyingire wali mu nnimiro, mu ggi. Ako akalina engeri y'akakira, nga, ku kko, nga keenyoola; ne kakongokako, era ne katandika okumeramu enkizi y'akaana akawere.

161 Olwo omukazi kye kiki? Talina nsigo. Wabula alina ennimiro omugwa ensigo. Kale e…

Laba, omulabe yafuluma. Omusizi omulungi bwe yafuluma, nga asiga Ensigo ennungi; n'omulabe n'ajja nga amuva mabega, nga bw'asiga ensigo embi. "Naye enkuba etonnyera abalungi n'ababi; n'omusana." Byonna birina okukula.

Naye Yesu yagamba nti, "Muzireke zikulilire wamu. Ku lunaku luli zirisibibwa mu binywa, eŋŋaano ey'omu nsiko. Era kaakati ziri mu kusibibwa ebinywa, mu bibiina ebinene; nga byonna bigenda mu kinywa ekinene ddala, ke Kakiiko k'Amakanisa ag'Ensi yonna. Era enkomerero yali etya? Kwali kwokebwa. Naye eŋŋaano nga erina kutwalibwa mu tterekero. Olaba? Nga zombi ekiziwa obulamu kye kimu, amazzi ge gamu, enkuba y'emu.

162 Omuti gw'ebibala, tugambe omu—omuti gw'omucungwa, gujja kubala, era guteekwa; okubalako, bwe guba gukookeddwamu, enkomamawanga. Gujja kusobola okubala enniimu. Gujja kusobola okubala omuzabbibu. Mulaba? Naye ekibala tekijja kuba mucungwa, kyokka nga gubeererawo ku bulamu bwa muti ogw'omucungwa.

Ebibiina by'amadiini bikookeddwa mu Muzabbibu. Kubanga, bwe biba byeyita "Abakristaayo," omwo mwe bijja obulamu obubibeesaawo. Kayafa naye bw'atyo bwe yali; kye yali mukimanyi, kyokka nga yawa ne ku bunnabbi. Mulaba? Ky'ekyo, gwe gubabeezaawo.

Oh, singa tubade ne wiiki nnamba, ekintu kino twandikiyize ne kiggwaayo, ne tukitangaaliza ddala gye muli—temuyinza kukisubwa ne mutakiraba. Kati ku bino ŋŋenda kubaako ebimu bye mbuuka.

163 Kaakati labayo. Laba, emikono egyo gye gyawundira Omugole We Omwagalwa ekifo kino, ne gikiwunda mu kwagala okungi olw'Omugole We.

Jjukira nti Omwoyo Omutukuvu yakka ku Yesu, oyo, Yesu eyali ekitundu ku nsi. Lwaki? Akaweke ka Katonda, Obulamu bwa Katonda, bwabumbirwa mu lubuto lw'omukazi (si kye ekyo?), nga ye nsi. Kale. Kaakati olwo Obulamu bwa Katonda ne buyingira, n'olwekyo, "Ye yali omubereberye mu butonde bwa Katonda." Mulaba? Kale Omusaayi guli ogwa Katonda, ogwajjira mu nsigo eri; bwe gwayiika e Gologoosa, ne gwatonnya ku nsi. Gukole ki? Gununule ensi. Kaakati, tebalirwako musango; era yatukuzibwa;

yayitibwa, era yabanjibwayo; era kati esigadde kufuna kubatizibwa na Muliro, erongoosebwe olwa Yesu n'Omugole We.

Era mmwe muli bitundu bino ebirala ebyaggibwa mu nsi eno. Ensi, oli kitundu ku yo; omubiri gwo. Emmeeme yo kitundu ku Katonda, enneeyoleka ya Katonda, erabisibwa wano ku nsi mu mubiri. Omubiri gwo gulinda okununulibwa.

Kaakati, emmeeme enunulibwa, kubanga yali mu kibi. Kale Katonda yakka wansi, okuyita mu kuggibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'anunula emmeeme yo.

164 Era ggwe, nga bwe wali ekitundu ku nsi, kye kiginunula. Oyita mu kuteekebwateekebwa kaakati. Kye kigenda mu maaso. Omubiri gwo gwaggibwako omusango mu kubatizibwa kwa Nuuwa. Amiina! Era, omubiri gwo, Omusaayi bwe gwagutonnyako. Era ensi erina okulongoosebwa n'Omuliro, ekifo kw'onoobeera, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; Ekifo ekibeerwamu ekya Kristo n'Omugole We, Yerusaalemi Ekiggya.

165 Tunulira Ekibuga kino; ku nsi, kwe kituula ku nsi. Kati osobola okulabira ddala nga bwe nnagambye, nti e…okukyusibwa kuno, ensi eteekwa okukyusibwa. Tekisobola kugibeerako nga eri bw'eti. Ekkanisa yali teyinza kugenda… Manyanga, ensi yali teyinza kugenda mu maaso, oluvannyuma lw'Emyaka Olukumi, nga tesoose kukyusibwa. Mulaba? Okusobola okubaamu Ekifo bwe kityo, eteekwa okusooka okukyusibwa.

Kiri nga, bwe tuteekwa okukyusibwa n'Omuliro Gwe omutukuvu, okukolebwamu embeera n'ekifo asobole okutuula mu ffe; ekyo, nga ye Mwoyo Omutukuvu.

166 Kaakati laba, mu Ensi Empya ejja kuba ngazi nnyo. Hm-hmh. Labayo, ngazi ddala! Ejja kulongoosebwa, kituufu, n'Omuliro, naye tewaliba nnyanja nate. Weetegereze, Ekibuga ekyo kiriba kya mmayiro lukumi-mu-bitaano buli ludda.

Kati wuliriza nnyo nga bwe tukuba ekifaananyi ky'ebipimo bino. Njagala kusiimuula lubaawo, mu kaseera katono ddala. [Ow'oluganda Branham bye yali asoose okukuba ku lubaawo abisiimulako—Omuk.]

Wano waliwo okubikkulirwa kwa buziba okuva eri Katonda. Wano, nja kukoma wano. Bino ebirala tebi…Ebisigadde nja kubijjayo oluvannyuma, nga Mukama ayagadde.

167 Laba kaakati ensi eri…Kale, mubikkule mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, mulabe engeri gye yakipimamu ng'akozesa ebipimo by'emikono ne sutadyo. Enkumi bbiri mu bisatu…Kale kaakati tulaba nga e—Ekibuga kyali kiriko mmayiro, "lukumi mu bitaano" ku lukumi mu bitaano.

Mumanyi ezo zandibadde zikoma wa? Nnakipimyeemukko, mu wiiki eno. Nga kyenkana n'okuva e Maine okutuuka e Florida, n'okuva ku lubalama lw'ebuvanjuba n'okusussaawo mmayiro nga lukaaga, okutuuka mu bugwanjuba bwa Mississippi. Amakulu nti, kimu kya kubiri eky'obunene bwa United States, nga Kibuga kyokka.

Oyinza okugamba nti, "Tekigyaawo."

168 Ennyanja bw'enaaba evuddewo, wajja kuba wamala bulungi, kubanga kumpi bina bya kutaano ku nsi mazzi meereere. Si bwe kiri? Okubwatuka kulikaliza ennyanja, era kirireetera ensi okufulumya okutulika omuliro. Ha, bannange! Jjukira, mmayiro lukumi mu bitaano ku lukumi mu bitaano, ekyo nga Kibuga! Ate, naye, jjukira nti, ennyanja eweddewo.

"Era obugazi bwakyo n'obugulumivu bwakyo byenkanankana." Ekyo kizifuula mmayiro lukumi mu bitaano okudda eno, lukumi mu bitaano okudda muli, lukumi mu bitaano; obuwanvu obugazi n'obugulumivu. Mmayiro lukumi mu bitaano, kirowoozeeko, wonna zaabu atangalijja. Era Ekibuga nga kiriko bbugwe akyetooloola.

169 Kaakati, kati, ekyo tekitegeeza nti, olw'okuba byenkana…Kigambye nti, "Era ebisenge n'omusingi byali byenkana," ekyo tekitegeeza nti kyali nga ekibookisi oba eky'enjuuyi omukaaga nga zonna zenkanankana. Waliwo ekipimo ekirala, ng'enjuuyi zonna zenkana, ekyo kye kiyitibwa, piramiidi. Nga ensonda zonna zenkanankana, "nga kitereevu ensonda zonna," n'ebisenge byonna byenkana.

170 Leka nkikube ku lubaawo. [ow'Oluganda Branham akuba ekifaananyi kyakyo ku lubaawo—Omuk.] Labayo: obuwanvu, obugazi, obugulumivu. Tulina kye tugenda okulaba kati, ekyannamaddala. Mulaba? Labayo, ebipimo by'ensonda eno bye bimu ddala, enjuuyi zonna, obuwanvu ku bu—ku busimba. Waliwo empima endala, eya piramiidi, y'ekikakasa.

Kino, nga bwe kiri bwe kiti, kiba kinnyonnyola akabonero ka Enoka ak'omu Misiri, ye piramiidi. Si bwe kiri? Enoka, ng'amataba tegannazikiriza nsi, ng'okuggibwako omusango kunaatera okutuuka, yaleeta akabonero, era mu piramiidi eno mulimu amadaala musanvu agambuka okutuuka ku kisenge kya kabaka. Laba ku ddaala ery'omusanvu, bw'oba wali weetegerezza ebipimo bya piramiidi, awo omuntu aba azze eri kabaka w'ayanirizibwa, okumwanjula eri kabaka. Tunuulira awo awatuukirwa, olabe oba mu piramiidi,

toolabemu biseera ki bye tulimu.

171 Kati nno, Katonda Yakola Baibuli ssatu. Kati, waliwo enjigiriza etaliimu magezi ekwata ku piramiidi, naye ate waliwo piramiidi entuufu. Mulaba? Labayo. Kaakati, Katonda, Baibuli eyasooka…Yakola ssatu. Ebintu byonna birina kuba mu busatu.

Yesu Ajja emirundi esatu. Yajja, ogwasooka, okununula Omugole We; oguddako, kunona Mugole We; ate oguddako, nga ali wamu n'Omugole We. Mulaba?

172 Kati mulabeeyo obulungi bwakyo. Mulaba? Era piramiidi eno yalimu amadaala musanvu, n'olyoka otuuka ku kisenge kya kabaka. Era tuli mu mulembe ogw'omusanvu ogw'ekkanisa, nga Kabaka tannaba kutuula ku Nnamulondo Ye. Ate, mujjukire nti, piramiidi eyo teyaliiko jjinja ligitikkira.

173 Baibuli ya Katonda eyasooka yali mu bwengula, mu Nsengeka y'emmunyeenye; y'etandika era n'etambuza buli mulembe. Ekisooka, nga Ensengeka y'emmunyeenye etandika, esooka n'akabonero k'embeerera; bw'atyo bwe Yajja, omulundi ogwasooka. Ate akabonero akasembayo mu Nsengeka y'emmunyeenye ke ka Leo nga ye Mpologoma; kwe kudda Kwe okw'okubiri. Nga ako tekannatuukibwako waliwo akabonero ak'obwennyanja obubiri obuyisiŋŋanya, nga ke kabonero akayitibwa aka kkansa; nga ogwo gwe mulembe gwe tulimu kaakano.

Waaliwo piramiidi oluvannyuma lw'ebyo, eya Enoka, nga ye yali ekakasiza ddala. Tetulina biseera bigenda mu ekyo, naye, olulala, tulikikola nga Katonda Ayambye, ndyoke mbalage, engeri gye kyolekeramu ddala ebiseera bye tulimu. Mulaba?

Labayo, kati ebipimo bino ebya gyogulafiya bye tulina, nga byenkanankana, tekitegeeza butegeeza nti kirina kuba nga bw'olaba eki—ekibookisi. Labayo, kino kyandiyambye okunnyonnyola eky'e Misiri… manyanga akabonero ka Enoka mu Misiri.

174 Mu kiseera ky'okulongoosa ensi, nga ebatizibwa n'Omuliro, walibaawo ensozi ezitulika ziwandule omuliro, ng'ensi eno okwabika, Olusozi olwakula nga piramiidi lututunukeyo. Mulaba? Waliwo ebbanga aw'okukikolera ddene nnyo! Ekintu kino kyonna kijja kukyusibwa. Kungulu kwonna kujja kukyusibwa. Mukitegedde? Olusozi olwakula nga piramiidi lugenda kututunukayo.

175 Kino singa kirikolebwa kiriba kikwatagana n'Ekigambo, ate nga ddala kigenda kubaawo. Kaakati weetegereze, kubanga, mu Isaaya 65:25, we twakasoma bw'atyo bwe Yagamba.

Tebiriruma wadde tebirizikiriza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu, bw'Ayogera Mukama.

Oh! "Ku Lusozi Lwange lwonna olutukuvu!" Jjukira nti, bulijjo "Lusozi."

Singa ebisenge byali bitereevu okuva wansi okudda waggulu, olwo Ekibuga kyandibadde kirabibwa okuva wabweru waakyo wokka…manyanga okuva munda waakyo, olwo Nnamulondo eba erabika kusinziira munda mwokka; naye weetegereze erabibwa kusinziira munda mwokka.

Naye kati tulaba ekisuubizo kya Isaaya 4:5. Leka tusomeyo busomi.

176 Muli mu bwangu? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Nedda, kale muleme kwanguyirira kati. Tu—tu—tuli ku—tuli ku kintu ekikulu kaakati, kiwanvu—kiwanvu nnyo—tumaze eki—ekiseera kiwanvu nnyo okulaba nti tuteekwa okutegeera ekintu kino wano. Kubanga, njagala kino kitegeerekeke. Era bwe tulikiddamu nate, ndi—ndibalaga nate wa we—we tubadde twogerako, ku ekyo, lwe tunaddamu okuyigako, omulundi omulala.

177 Oh, Mukama Yesu atenderezebwe! Mulabeeyo wano, nga Ebigambo bwe bitayinza kugwa butaka. Kati labayo wano mu Isaaya. Nnakiwandiise wano, singa nsobola okukiraba nate, mu ddakiika. Isaaya 4:5. Kaakati wuliriza, ayogera ku Kujja kwa Mukama, ng'abakazi bwe balibeera abenzi ennyo. Oh, yagamba nti, "Abakazi musanvu…" Wuliriza. Leka tukisome busomi. Labayo wano.

*Era abakazi musanvu balyekwata ku musajja omu ku lunaku luli, nga boogera nti, Tujja kulyanga emmere yaffe ffe,..tunaayambalanga ebyambalo byaffe ffe: kyokka tutuumibwe erinnya lyo, otuggyeko ekivume kyaffe.*

Ebyo bye biro eby'enkomerero, bye tulimu kaakati; okufumbiriganwa, okwawukana, n'obwamalaaya, na buli kimu.

*Ku lunaku luli ettabi lya MUKAMA liriba ddungi era nga lya kitiibwa,…ebibala by'ensi biribawoomera nnyo…abo…abawonye ku Isiraeri.* (Engeri gye mwasimattuka okuzikirira okwenkana awo! Olaba?)

*Awo olulituuka, oyo asigadde mu Sayuuni, n'oyo eyasigalira mu Yerusalemi, ali…*(Leka tulabe.)*…mu Yerusalemi, aliyitibwa mutukuvu, ye buli muntu awandiikibwa mu balamu mu Yerusalemi, laba:*

*Nga MUKAMA bw'aliba ng'anaalizza ddala empitambi ya muwala wa Sayuuni,* (jjukira, oyo bulijjo ye

Mugole, laba)*…era nga amazeemu omusaayi gwa Yerusaalemi* (abo be baasigalira ku Bayudaaya, nga ogasseeko n'Omugole, laba)*…ne wakati mu kyo awamu n'omwoyo ogw'omusango, omuliro…*

Bulijjo okulamula kwa Katonda bwe kutyo, bw'Asala omusango Gwe ogw'enkomeredde. Akuyita, n'akwejjeereza, n'Akuleeta mu kununulibwa; awo Okulamula Kwe ne kukugwako, awo nno Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro ne bikulongoosaako ekibi. Olwo n'oba Wuwe.

Ekintu kye kimu ky'akola ensi, bw'Agirongoosa n'Omuliro, "n'omwoyo ogw'okwokya." Kati labayo. Wuliriza! Muli beetegefu?

*Era Mukama alitondera ku buli nnyumba ey'olusozi Sayuuni, era ne ku abo abagikuŋŋaaniramu, ekire eky'omukka emisana, awamu n'okumasamasa kw'o…omuliro ekiro: kubanga waggulu ku kitiibwa kyonna kulibaako ekiritimbibwako.*

178 [Ow'oluganda Branham aliko ky'alaga ku lubaawo—Omuk.] "Mukama, ku lunaku luli, waggulu ku kyo, alitondako Omuliro ogw'Ekitangaala okwaka emisana." Era kigenda mu maaso ne kigamba nti, "Kiribeera kisulo, kiwummulo, era obuddukiro." Labayo, nga kyogerera ddala nga Baibuli, bw'egamba. Ebisenge byakyo nga bitereevu busimba, era nga toyinza kukiraba. Kirina kuba nga kyesuliseemu. "Olusozi Lwange lwonna olutukuvu…" "Aliteeka Ekitangaala kino ku Lusozi luno, era lulibeera lwa bukuumi." Oh, tutera okuyimba oluyimba olwo:

Oh, Ekibuga kiri ku Lusozi Sayuuni,

Ng'omutambuze, era nkyagalira ddala;

Kaakano n'emirembe egyo gyonna,

Bwe ndituuka mu Kibuga ekyo ekiri ku Lusozi. Mulaba?

179 Labayo, ku Lusozi Sinaayi Katonda we yakkira waggulu ku lwo, bwe Yayogera eri Isiraeri mu Mpagi ey'Omuliro. Yakka ku lusozi waggulu, Olusozi Sinaayi.

Ku Lusozi Olw'okuwaanyisibwa, lwe Yalangirira nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa ennyo; mumuwulire," Yakka mu mpagi ey'Ekitangaala n'okwakayakana okw'amaanyi, ku ntikko y'olusozi, nga Peetero, Yakobo ne Yokaana balaba. Era, omwo, yali akiikiriddwa ne Musa awamu ne Eriya; era n'Awaanyisibwa, abafu ne bazuukira. Ekitiibwa!

180 Ekibuga Ekiggya n'Ensi Empya; ekitonde ekiggya; Ekibuga ekiri ku Lusozi, nga kiriko Nnamulondo waggulu ku kyo. [ow'Oluganda Branham akuba ekifaananyi ku lubaawo, kye yeeyambisa okunnyonnyola mu nnyiriri eziddako—Omuk.] Nnamulondo eri waggulu wano, ku ntikko; n'abakituulamu, wonna waggulu ne wansi, ku Lusozi luno.

Era ekisenge ekyetoolodde kino, kyalina emisingi kkumi-n'ebiri. Era buli gumu ku gyo gwaliko ejjinja erimu ku gaali mu ky'omu kifuba kya Alooni, agaali gakiikirira ebika ekkumi-n'ebibiri ebya Isiraeri.

Ate, mu miryango, kwaliko emiryango ena era nga bw'olaba yeekaalu ey'omu ddungu, nga bw'olaba weema ey'omu ddungu. Laba buli gumu, nga—nga kuliko abatume, basatu ku buli ludda, abatume kkumi na babiri. Buli…Era kyali kya mikono kikumi-mu-ana-mu-ena obugulumivu. Emikono kikumi-mu-ana-mu-ena ze ffuuti bibiri mu kkumi na mukaaga zennyini, ng'ekyo kiraga nti buli limu ku mayinja ago amanene okuba nga lya ffuuti ng'amakumi abiri obuwanvu, ejjinja ly'eky'omu kifuba ery'omu mulyango, nga gonna gakola ekisenge ekyo ekyali kyetoolodde Ekibuga.

181 Kati kyo, Ekibuga, tekituula waggulu kungulu ku kisenge, kubanga ddala ekibuga, ekya mmayiro olukumi mu ebitaano, tekisobola kuba bwe kityo. Ekigo wano ky'oyingiramu, nga bw'oyingira mu miryango gya Yerusaalemi. Ng'oyita mu kigo, okuyingira muli.

Era buli gumu ku gino, nga kiriko emisingi kkumi n'ebiri, era nga buli gumu guliko ejjinja ag'erya nnawandagala n'amayinja ag'enjawulo, nga kye kyoleka ebika ekkumi-n'ebibiri ebya Isiraeri.

Era abatume, buli omu, waggulu, ku mulyango omunene ogwa luulu enzito, nga kuliko erinnya ly'omutume. Yesu teyagamba nti, "Mulituula ku nnamulondo ekkumi n'ebbiri, nga musalira ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri omusango"? Ba ani abatuulanga ku mulyango, okulamula, ng'abantu bayingira mu Kibuga? Ha, bannange! Ky'ekyo. Bakabaka b'ensi nga bayingira mu Kibuga, nga bajja mu maaso g'omulamuzi ow'ekitume, nga Yesu bwe yasuubiza. Ha, bannange!

182 Ku Nnamulondo eno, waggulu ku yo, mmayiro lukumi mu bitaano obugulumivu, ensi yonna eriba eraba Omusana gw'ensi, Yesu, nga'Atudde ku Nnamulondo ku nsi waggulu, ku ntikko y'Ekkanisa, ku ntikko y'Olusozi Sayuuni; ekiriko mmayiro lukumi mu bitaano, kyenkana kimu kya kubiri eky'eggwanga lya America, era nga kitumbidde waggulu ddala awo ng'osobola n'okumulaba ng'osinziira buli wamu mu nsi, mmayiro lukumi mu bitaano obugulumivu.

183 Era wonna obusimba wano, Abanunule mwe balibeera. Mulibaamu ennyumba eza zaabu omwereere. Mulibaamu amakubo, ebifo ebiwummulirwamu, n'ensuku. N'Omugga gw'Obulamu nga gujja, gukulukuta okuva mu Nnamulondo, era nga gukkirira gukulukuta guyita mu bikko ebirungi, era nga, ha, guyita ne ku mbibiro. Era Omuti ogw'Obulamu guliba gutojjera mu buli mbuga; era nga gubala ebibala Byagwo, emirundi kkumi n'ebiri buli mwaka, nga gukyusa ebibala buli mwezi.

Era bakabaka b'oku nsi balijjangamu okuwa ekitiibwa. "N'ebikoola bya kuwonyezebwa kw'amawanga," nga bakabaka bali mu mirembe ewaabwe eyo ebweru waakyo. Nga bwe bafuluma, banogayo ku muti, banogayo ekikoola bwe bati. Okufaanana ng'ejjuba eryakomawo, okulaga nti obusungu bwa Katonda bwali bukkakkanye, ne lireeta akakoola k'omuti mu lyato. Kale kabaka nga bw'aba addayo, ng'ava kutwala kitiibwa mu kisenge ky'Omugole wano mu Kibuga, ng'awanikira kabaka muliraanwa we ekikoola, nti, "Tuli mu mirembe emirembe egitaggwaawo." Amiina! Okuwonyezebwa kw'amawanga! "Byonna biteredde. Lumu twalwananga nga buli omu ayiwa omusaayi gwa munne, ow'oluganda. Ne tuyaayaana, ne tuleekaana; ne tutta, twokezza n'abaana, na buli kimu. Naye kaakati waliwo emirembe, kwe kuwonyezebwa." Si kuwonyezebwa ndwadde; ebyo byonna biweddewo. Kuwonyezebwa kwa mawanga! Amiina!

184 Ekibuga ekiriko Nnamulondo waggulu ku kyo. Kubikkulirwa 21:23, "Era tebeetaaga musana, kubanga Omwana gw'Endiga era Mukama Katonda ye Musana gwakyo." Mulaba? Mukama Katonda ye Mpagi eri ey'Omulliro eyagobereranga abaana ba Isiraeri okuyita mu ddungu. Ate kati nga Alinnye waggulu ku Nnamulondo, mu Bwakabaka obwo obutuukiridde…mu budde… "Obwakabaka Yesu bw'Alina okuwaayo eri Kitaffe, Katonda Alyoke Abeere byonna, era mu byonna." Wano Yesu atuula ku Nnamulondo Ye, nga Yusufu waffe. Era Kabaka ye Musana guli ogulibeera waggulu ku lusozi Sayuuni, era Ekitangaala Kye ekitukuvu kiribuna Ekibuga kyonna. Aleeruuya!

185 Mmayiro lukumi mu bitaano obugulumivu, ne mmayiro lukumi mu bitaano ku lukumi mu bitaano, n'ebifo eby'okuwummuliramu ebya Katonda nga bizimbiddwa mu Kibuga ekyo wonna; enguudo, n'amakubo! Weesomere Kubikkulirwa 21, olabe oba si bwe kiri. Laba, "Tebeetaaga musana eyo, kubanga Omwana gw'Endiga ye Musana." Era nga ku Nnamulondo wasobola okulengerwa, nga eri, mmayiro lukumi mu bitaano.

Si kigolokofu butereevu waggulu bwe kiti. Wabula kyesulikamuuko, nga bw'olaba piramiidi. Singa obugulumivu bwakyo bubadde kimu kya kubiri ku bwe kirina, awo kyandibadde kirabika bwe kiti, mulaba, okuva ku kibuga ekimu okudda ku kirala…kaakati singa weetegereza, okuva ku ludda olumu olw'Ekibuga okutuuka ku lulala.

186 Wano nnandibaddeko kye nnyongerawo bwe muba mwagala nkikole. Olaba akabiina akatono kano? Kali nga katundu butundu, we kabikka okweetooloola wonna. Georgia, California, okutuuka e Saskatchewan; okuva e Kansas, okwetooloola ku lubalama lwa Maine; nga byonna obigasse wamu. Kumpi ebyo byonna bye biba byegasse awamu wano, okusobola okuweza mayiro nga lukumi mu bitaano ku lukumi mu bitaano.

Oh, bava Ebuvanjuba n'Ebugwanjuba,

Bava mu nsi ey'ewala;

Okusembera ku mbaga awamu ne Kabaka waffe; okulya ekijjulo…(Ku ki? "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka." Lwa Mugaati, Kigambo!... okulya ekijjulo ku mmeeza ng'abagenyi Be;

Abalamazi bano nga ba mukisa!

Mu nsi yonna, nnina okugamba nti, sirabangako Bantu bafaanana ng'abo.

Ha, nga batunula mu maaso Ge ag'ekitiibwa

Agaakayakana n'Ekitangaala Ekitukuvu;

Abalina omugabo gw'ekisa Kye ab'omukisa,

Balimasamasa ng'amayinja g'omuwendo mu ngule Ye.

Oh, Yesu Akomawo mangu,

Emitawaana gyaffe giriba giweddewo.

Ha, watya singa Mukama waffe Akomawo akaseera kano?

187 Tekijja kutwala bbanga ddene. Buli kimu kiteredde. Okusinziira ku buli mbeera ya kifo, Sodomu, ababaka; buli kiri nga bwe kiteekwa okubeera. Mulaba? Kitegeeza ki? Mukirowoozeeko, nga bajja mu kkuŋŋaaniro lino erimu, erya mmayiro olukumi mu ebitaano ku lukumi mu ebitaano, okusinziira ku bipimo by'ebimu.

Lwaki Katonda Yalowooza nnyo era n'Afaayo nnyo ku katundu ako akali mu Buyudaaya, laba, so nga katundu katono bwe kati? Naye omwo mwennyini mwe muli Yeekaalu. Awo wennyini Yerusaalemi Ekiggya we kirisinziira, awo wennyini. "Omuzeyituuni, Olusozi lw'Emizeyituuni lulyeyawulamu, eruuyi ku ddyo n'eruuyi ku kkono," ddala, bwe kirivaayo wansi okudda ku ngulu. Si bwe kiri, nga bwe bagamba nti, lulyawukanamu bwe luti. Lulisitukayo nga ludda waggulu, "Ku lunaku luli bw'Alisimba ebigere bye ebitukuvu ku Lusozi." Labayo, ku Nnamulondo Ye, mmayiro lukumi mu bitaano obugulumivu!

188 Jjukira, Setaani yagezaako okumukemera, lumu, ku lusozi waggulu. Olaba?

Ekibuga Ekiggya kirina emisingi kkumi n'ebiri, nga bwe twalabye, abakadde kkumi na babiri; emikono kikumi mu ana mu ena; nga kye ky'omukifuba kya Alooni; emiryango gya luulu kkumi n'ebiri, amannya g'abatume ekkumi n'abiri.

Yesu nga Ayimiridde, Ejjinja ery'oku mutwe, ku Nnamulondo, nga abatukuvu Be bamutikkidde, "Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami." Era nga ye Jjinja ery'oku mutwe.

189 Akatabo kange ssaayise nako. Naye bwe weetegereza mu kako, bwoba olinamu olupapula lwa ssente olwa ddoola emu, kuliko envumbo ya United States; akabonero k'empungu ku ludda olumu, ng'ekutte amafumu, akabonero ak'obuyinza, nga bwe kali; ate ku ludda olulala, kuliko piramiidi, ne waggulu ku yo kuliko eriiso eriraba wonna. Laba, tebaamanya kye baali bakola. Era kuwandiikiddwako mu Lulattini, era ojja kulaba nga kigamba nti, eno "ye Nvumbo enkulu." Baali tebamanyi kye bakola. Ngeri y'emu nga Kayaafa bw'ataamanya nti yali alagula.

[ow'Oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.] Eyo ye Envumbo Enkulu. Kiikino wano, laba, kye Kibuga. Tekyeesimbye butereevu waggulu nga bw'olaba ekibookisi bwe kiti, laba, naye kyewunzikamukko ne kiryoka kisoboka okulabika. Era wano ku Lusozi lwa Mukama olutukuvu, Mukama alikka ku ntikko y'Olusozi Lwe; Wuuno wano. Eyo y'ensonga lwaki ejjinja Enoka teyaliteekako. Olaba? Y'ensonga lwaki Ejjinja kati lirina okujja. Era olusozi lulisituka okuva wansi nga ludda waggulu, era lulibeera Olusozi lwa Mukama.

190 Era munda muno mwe mulibeera Abanunule. Gano, amakubo n'enguudo engazi, nga biringa, ebifo ebigazi ebiwummulirwamu, n'Omugga Gw'obulamu nga gukulukuta, nga gukiyitamu. Era buli nnyumba nga ezimbiddwa ne zaabu etangalijja. Era n'enguudo ziriba za zaabu. N'emiti gy'Obulamu giribaayo, era giribala ebibala bya ngeri kkumi na bbiri. Era bakabaka n'abakungu ab'ensi balireeta ekitiibwa n'ettendo okuyita mu miryango gyakyo. Era emiryango tegiriggalwa emisana n'ekiro, kubanga eri teri kiro.

Mu Kibuga Omwana gw'endiga nga Ye Musana,

Mu kibuga awatali kiro;

Nninayo ennyumba, omutali kufuba na kweraliikirira,

Oh, ŋŋenda eyo Omwana gw'endiga nga Ye Musana.

191 Tolaba ng'ebibuga ebitono, n'ebinene, n'amayumba, n'ebifo eby'okubeeramu, byo—byonna byogera ku ekyo kaakati? Ebintu bino byonna eby'obuntu bisiikirize.

Tunuulira ekisiikirize, ng'osinziira walako, tugambe eky'omukono gwange. Nga tewannabawo ki—kifaananyi kyennyini…manyanga ekyeziyezi, wateekwa okubaawo ekintu ekyannamaddala ekikwatikako. Era, bw'otunuulira, ekisiikirize ekyo, kirabikanga nze alina engalo ekkumi n'ebbiri, naye bwe weeyongera okusemberera omukono, ki—kigenda kifuuka kimu, era ekisiikirize kikomekkereza kiggweeredde mu mukono.

Era, emirundi mingi, abantu balowooza nti eriyo Bakatonda basatu oba bana. Awo oba otunudde mabega nnyo eri mu biro by'okuddaabulula. Olaba? Genda nga osembera kati, ojja kuzuula nti, bwo'neeyongera okutunula obulungi ali Omu. Ky'ekyo kyennyini.

192 Waliwo Omugole omu; si bibiina by'amadiini, kkumi na babiri. Naye Omugole ali omu, oyo be Balonde, okuva mu buli…okuva mu—okuva mu nsi abo abaatekerwateekerwa kino, abo abasobola okutegeera ekifo kyabwe mu Bwakabaka.

193 Ku Nnamulondo eno, laba, engulumivu bw'eti! Ekibuga Ekiggya; n'emisingi gyakyo; emiryango kkumi n'ebiri; Yesu, Ejjinja ery'oku mutwe; abatume, okulamula; ebika ekkumi n'ebibiri.

Piramiidi ya Enoka teriiko budde bwonna mu lunaku w'eragira kisiikirize. Nnali mbaddeko mu Misiri, piramiidi we ziri. Yazimbibwa mu ngeri ya gyogulafiya yennyini, era ssaayansi w'ebipimo by'ekintu kino eky'ekitalo; kiri nti awo w'eri, enjuba ne bw'eba eri ludda ki, piramiidi eyo terina kisiikirize ky'ekola. Mulaba bwe yakula?

Era eyo tewalibaayo kiro. Nga Ye ali ku ntikko y'Olusozi, ng'Akijjuza n'ekitiibwa Kye. Omusana

gw'ekitiibwa Kye gulibaayo ebbanga lyonna. Eyo teribaayo kiro. Yesu, Iye Jjinja ery'oku mutwe!

194 Kaakati weetegereze. N'olwekyo, Abanunule balitambulira mu Musana. Kati tuyimba nti, "Tunaatambulira mu Musana, Omusana ogwo omulungi." Mu ffe mulimu ekintu ekikoowoola. "Nga avudde mu kufa okuyingira mu Bulamu." Olw'ekyo ekirindiridde. Mulaba? Eyo ye nneeyoleka, kye ekyo kye tuwulira.

Mazima ddala, kino kye…Muli beetegefu? Kino kye Kibuga Ibulayimu kye yali anoonya. Mulaba? Nga bwe yali nnabbi, yali amanyi nti Ekibuga ekyo kirina we kiri. Baibuli bw'egamba. Era yalekawo ekibuga kye yabeerangamu, n'agenda; era gye yagenda, weewo wennyini we kiribeera. Mulaba? "Yali anoonya Ekibuga ekyazimbibwa era ekyakolebwa Katonda," kubanga, yali nnabbi.

195 Yesu Yagenda okuteekateeka, n'emikono Emitukuvu, Ekibuga Ekitukuvu; Omukubi wa pulaani Omutukuvu, ng'Ateekerateekera abantu abaagulibwa Abatukuvu, abaateekerwateekerwa. Yagenda okuteekateeka.

Ibulayimu yali akinoonya. "Era yayatula nti yali mutambuze era omugenyi, kuba yali anoonya Ekibuga ekyazimbibwa era ekyakolebwa Katonda." Nnabbi oyo, yali amanyi nti kirina we kiri! Yokaana yakiraba nga kikka, naye ate Ibulayimu ye yalowooleza ddala nti kiteekwa okuba nga kiri ku nsi mu kiseera ekyo kyennyini. Lwaki? Kubanga yasanga Melekizedeki, Kabaka waakyo, n'Amuwa ekimu eky'ekkumi. "Oyo ataaliko kitaawe, wadde nnyina. Teyaliiko ntandikwa ya bulamu wadde enkomerero yaabwo." Kale Ibulayimu yamusisinkana, era baaliira wamu ku mmeeza mu kifo wennyini Ekibuga we kiriyimusibwa, Olusozi lwa Mukama olutukuvu, Abanunule mwe balibeera. Ha, bannange!

Obudde bw'eyo bwo tebukoma. Wano nedda, tuli mu biseera; nga wayiseewo akabanga, tugenda kuyingira mu Butaggwaawo.

196 Ha, Olusozi olutukuvu! Mulibaamu enguudo eza zaabu atangalijja, amakubo; ennyumba, n'ebifo ebigazi ebiwummulirwamu. Kino bw'oba oyagala okukisoma, kiri mu Kubikkulirwa 21:18. Omuti gw'Obulamu gulibaayo; nga gubala ebika kkumi na bibiri eby'ebibala, kika kimu kimu buli mwezi, bye gulibala. Abantu abalya ku bibala bino, baliba bakyusa endya yabwe buli mwezi.

Era ky'abo—kiva mu abo… ky'abo abawanguzi bokka. Ekyo mukimanyi? Si kya bibiina by'amadiini.

Gwe kati ogamba nti, "ow'Oluganda Branham, ekyo bwe kiri ddala tosaaga?"

Leka tubikkule mu Kubikkulirwa 2, mu ddakiika emu, tukirabe. Kubikkulirwa 2:7. Leka tulabe kati oba ddala ago ge Mazima oba si bwe kiri. Kubikkulirwa 2:7 wasoma bwe wati.

Era oyo alina okutu, awulire Omwoyo ky'a…

Kati, jjukira nti, tayogera eri Bayudaaya mu kaseera kano. Eno Kkanisa ya, be b'Amawanga.

Alina okutu, awulire Omwoyo ky'Agamba eri amakanisa; Oyo awangula, Ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu, oguli mu makkati g'olusuku lwa Katonda.

197 "Abawanguzi bokka, abaawangula ensolo, abaawangula akabonero kaayo," bwe Bukatuliki, Obupolotesitante, enkola y'ekinnaddiini, "abaawangula ensolo, akabonero kaayo, ennukuta ey'erinnya lyaayo." "Oyo y'aliba akkirizibwa ku Muti ogw'Obulamu, n'okuyingira mu miryango awatayingirwa kyonoona kyonna." Mulaba? Kirowoozeeko. Kati, mu ddakiika budakiika kati, nga bwe tweyongerayokko. Omuti gw'Obulamu guliba gw'abo abawanguzi bokka.

Amakoola galiba ga kuwonyezebwa kw'amawanga. Nga abo, be bakabaka abalibeeramu, nga baleetamu ekitiibwa kyabwe, bwe balireeta ekitiibwa kyabwe okukiteeka mu maaso ga Nnamulondo ya Katonda. Okufaanana nga bw'olaba ebweru, ebika ekkumi…ebika ekkumi n'ekimu nga bireeta, byonna buli kimu, nga bireeta ekimu eky'ekkumi eri Levi, laba. Nga baleeta ebitiibwa byabwe mu…okuva mu nsi ey'omukisa, nga baleeta mu kyo, balyoke batuuke ku Muti ogw'Obulamu, banogoleko akakoola ku gwo… manyanga ekikoola ku Muti gw'Obulamu, era bagenda kufulumira wamu. Nga tewakyali ntalo nate. Buli kimu nga kiri mu mirembe. Amakoola ga kijjukizo, olw'okuwonyezebwa kw'amawanga.

198 Omuti gwe gumu, si nga Adamu, ye…Waaliwo Omuti ogw'Obulamu mu lusuku Edeni, gwe yandiriddengako singa teyagwa. Omuti ogwo ogw'Obulamu, gwamujjukizanga buli kaseera, nti obu… obuvubuka bwe bwalinga bweyongera bweyongezi mu maaso. Mulaba?

N'amawanga bwe gatyo bwe galiba. Amakoola galiba ga kuwonyezebwa kw'amawanga; laba, kati wano si kuwonya ndwadde. Oliba n'obuyinza bwe bumu nga Adamu bwe yalina, nga e-…ejjuba bwe lyetikka akakoola k'omuzeyituuni, byonna…buli kabaka ng'atwalako ekikoola.

199 Labayo, Omugga gw'Obulamu, mpozzi waliwo emigga mingi egyegatta nga giyiwa mu gwo. Kaakati, mu nsi eno…

Ŋŋenda kumaliriza mu ddakiika ntono kati. Mu nsi eno…Oba, leka mmalirize bumaliriza. Ebifunze bye nnina bwe biti bwe byenkana, biweza emiko amakumi ng'asatu. Weewaawo. Mulabeeyo.

Mu buno—mu bulamu buno, sirabanga kintu kiweweeza nga kubeera eyo mu nsozi n'osanga, nga bwe nnabuulira luli, akagga nga kakulukuta, nga kawaayo ensulo yaako ey'obulamu. Obeera okooye ng'ennyonta ekuluma, n'ogwa ku kagga akalungi; omutabeera buwuka bulwaza, nga kava ffuuti bikumi na bikumi eyo wansi, nga kafubutukamu amazzi, amalongoofu ddala, amalungi, amazzi agaleeta obulamu. Ekyo tukyagala. Ekyo kitono. Kaakati, ensi erimu emigga gyayo egy'amazzi amalungi agaweweeza obulamu. Bw'oba ofa ennyonta, ofunayo ku tuzzi, otunnyogovu n'onywako, tujja ku—kukuyamba okuba omulamu.

200 Naye laba Guno gye guva. Guva mu Nnamulondo, omwo mwe gujja ensibuko yaagwo ey'Obulamu. Guva mu Nnamulondo ya Katonda, Katonda w'Atuula.

Yonna yonna, ensi eno yonna, ensi eno kwe tubeera kaakati; buli omu, oba Mukristaayo oba mukaafiiri, bonna balina amasinzizo. Ekyo wali okirowoozezzaako? Balina amakanisa, bonna.

Naye kino tekirina n'erimu. Baibuli egamba nti, "Era temwalimu yeekaalu yonna. Naye Mukama Katonda n'Omwana gw'endiga ye Yeekaalu yaakyo." Omwana gw'endiga gwe Musana. Omwana gw'endiga ye Yeekaalu. Omwana gw'endiga ye Nnamulondo. Omwana gw'endiga bwe Bulamu. Ye Yeekaalu. Laba, Yeekaalu zino zonna zirina ekintu kye zisinza; naye, mu Kibuga kino, Ye asinzibwa. Ali n'abantu Be. Ekitangaala kye eky'Omwoyo kibuna wonna mu Kibuga kino ekyazimbwa nga piramiidi.

201 Nga Peteero ne Yokaana, nga bali waggulu ku lusozi. Ekitangaala kyabuutikira olusozi waggulu, era Eddoboozi ne lyogera, nti, "Ono ye Mwana wange gwe njagala ennyo."

202 Mu Kubikkulirwa 21:3 ne 4, "Yeekaalu ya Katonda eri wamu n'abantu." Katonda Atudde mu muntu, nga amununula, okuyita mu mitendera gino esatu. Kati Katonda Agenda kununula ensi era Atuule mu nsi, wamu n'abantu Be ab'oku nsi, be Yajja mu nsi. Era okuyita mu kibi ensi yagwa, naye e…Yalina okugireka egende mu maaso. Naye kati Yatuma Yesu Ajje Anunule ensi eyo eyagwa, nga tuli kitundu ku yo. "Tewaliba wadde oluviiri olumu olw'oku mutwe gwo olulibula." Yesu bw'atyo bwe Yagamba. Yagamba nti, "Ndigizuukiza nate ku lunaku olw'oluvannyuma." Mulaba? Lwaki? Oli kitundu ku nsi.

203 Laba, lumu mukyala wange yaŋŋamba nti enviiri zimpweddeko ng'asaaga. Ne mmuddamu nti ssinnabulwako wadde olumu bwe luti.

N'ambuuza nti, "Ziri ludda wa?"

Ne mmugamba nti, "Eyo gye zaali nga ssinnazifuna." Yonna yonna gye zaali, akantu konna; oba zaali wa, gye ziri zinninze. Olaba? Kye ekyo. Ndigenda ne nzisangayo, lumu.

204 Omubiri guno ogukaddiye, ogugenda gukutuka n'enkanyanya, nga n'ebibegabega bisongola, amaviivi nga galuma, n'e—n'emimiro nga gisaakaala. Tekirina mutawaana. Ne bw'oguziika mu nnyanja, Ekkondeere lirinzuukusaayo! …?…Yee, ssebo. Tugenda kukyusibwa, olumu ku nnaku zino. Ndi kitundu ku nsi eno eyanunulibwa. Oli mu nsi, naye nga eby'ensi tebikukwatako. Oli mu nkola ya njawulo, enkola ennunule.

205 Labayo, "Yekaalu ya Katonda enaabeeranga n'abantu." Laba, "Eby'edda byonna nga biweddewo." Kino, ekintu kino, nga kiweddewo. Kino kitegeeza nti Eggulu lisse wansi libeere n'abantu. Mulaba? Eggulu n'ensi binywegeraganye.

Amangu ddala nga Ejjuba lisse ku kitundu eky'oku nsi, ekyo nga ye yali Yesu; Ye yava mu nfuufu y'ensi, omuntu. Katonda, ng'Ava mu kaweke ako akamu ak'Obulamu, okuyita mu maanyi agatonda. Era Omusaayi ogwo ogwali mu ako…Obulamu obwali mu Musaayi ogwo bwalinnya ne buddayo eri Katonda, naye Omusaayi gwatonnya ku nsi, okugibanja. [ow'Oluganda Branham akonkona ku kituuti emirundi egiwerako—Omuk.]

206 Olw'omusaayi mwe yatita okujja, okuva mu kaweke k'obulamu akaava mu Kayini, laba; kaakati Akomawo nate n'amaanyi agatonda era nga bwe Yakola Adamu, nga atonda Adamu, ono ye Adamu Ow'okubiri. Era okuyita mu kaweke akaayabizibwa, awo (ekibi) Kayini we yayiira omusaayi gw'ataaliko musango, laba, kaakati Akaweke k'Omusaayi guno…Kubanga, yatta Abiri, naye Abiri yali yazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi.

Naye Ono Ye teyazaalibwa kuyita mu kwegatta. "Ye yali olubereberye lw'okutonda kwa Katonda, olubereberye lwakwo," era kye Kyanunula ensi. Na buli birungo ebigumya amagumba, evvu ery'omunnyo ogw'omu mubiri, ebirungo by'amafuta, amaanyi agava mu kitangaala eky'omu bwengula, ebyo mwe wakolebwa, nga binunuliddwa. "Wadde oluviiri lwo olumu bwe luti terulifuna kabi. Era ndiruzuukiza ku lunaku olw'oluvannyuma."

207 Kati kiki ekiddirira? Katonda Akka wansi okutuula ku nsi. Nga, Ye kitundu ku yo, omubiri Gwe Ye. Yaguzuukiza tuleme kubalirwako musango, era tujjibwako omusango nga tukkiriza ekyo. Laba, mu

bifaananyi eby'okulabirako, Yesu afuuka…Mu ngeri emu, Yesu Afuuka omuntu; Katonda…ka tugambe nti yateekerwateekerwa okutwala ekifo Kye, okutununula, n'okusobozesa ebintu byonna okuyinzika.

Laba, wabweru w'ebisenge ebirungi ennyo, eby'Ekibuga kino.

208 Kaakati "Ekibuga" mukitegedde? Laba, Lusozi lutukuvu. [ow'Oluganda Branham akiraga ku lubaawo—Omuk.] "Tewali kirirumya wadde okuzikiriza mu Lusozi Lwange olutukuvu, bw'Ayogera Mukama." Ekibuga tekyakula nga kibookisi. Lusozi. Era obu—obukiika ku bugazi ku bugulumivu, wonna wenkana, laba; mmayiro lukumi mu bitaano wano, ku mmayiro lukumi mu bitaano wali, ne mmayiro lukumi mu bitaano okwetooloola; era mmayiro lukumi mu bitaano obugulumivu. Kale Lusozi lunene ddala, nga piramiidi, n'Ekibuga bwe kityo bwe kiri ku Lusozi. Ekitiibwa!

Kiikyo, luulwo olusuku lwa Katonda, Omusana gw'ensi, Obwakabaka buli obutuukiridde. Si lunaku lwa musanvu; wabula Olutaggwawo! mulaba? Si myaka lukumi; wabula Ensi Empya! Olaba?

209 Nga ekyayita mu Myaka Olukumi, eba ekyayita mu kutukuzibwa kwayo, naye era ekyalina okwokebwa. Mulaba? Olw'okuba, Omusaayi gwe gwaanunula abantu, kiraga ekijjukizo kino nti…omuwendo gwasasulwa, gye myaka egyo olukumi. Naye ate ekyalina okulongoosebwa n'Omuliro; okufaanana nga nammwe bwe mwalongoosebwa nagwo, mmwe abakungu Be b'Ekibuga kino, abakungu.

Kale oba ofa oba tofa, njawulo ki? Bw'Ajja leero, oba Ajja nga wayiseewo emyaka kikumi, oba emyaka lukumi, nja kuwummula buwummuzi okutuusa nga okuwaanyisibwa kwange kutuuse.

210 Kale, musajja wattu omukadde oba mukazi wattu omukadde, toggwamu maanyi. [ow'Oluganda Branham annyonnyola nga yeeyambisa olubaawo—Omuk.] Bw'oba olina ekikukiikirira waggulu eno, mu nneeyoleka ya Katonda; wano, Katonda; bw'oba okirina, nga wakiikirirwa wano, toyinza ku…Oli mu Butaggwaawo. Era bw'oba omaze okuva mu lunaku olw'omusanvu, okuyingira mu lw'omunaana, oyingira mu Butaggwawo okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, era awo oba obalirwa Muno. Naye, bw'oba wesigamye ku kukyamuukirira, oba okubuukabuuka, oba, "Kino nkikola. Nkwata olwa ssabbiiti. Sirya nnyama," n'ebirala bwe bityo, ebyo bijja kuggwaawo, mu buli ngeri. Olaba? Naye kino Tekiggwawo. Olaba? Kino kye Kitaggwaawo, ye Mbaga ey'oluvannyuma lw'embaga y'ensiisira. Olaba? Embaga y'ensiisira ye yali esembayo, ye mbaga ey'omusanvu. Kati tusinza nga tusinziira wansi w'embaga ey'amakuŋŋaaniro, nga gwe mulembe ogw'omusanvu ogw'ekkanisa.

211 Mu Myaka Olukumi, era, tuliba tukyali wansi w'embaga y'ensiisira, mu lunaku olw'omusanvu.

Naye, olwo, oluvannyuma lw'olunaku olw'omusanvu, tulinayo Okukuŋŋaana Okutukuvu, tuddayo mu Butaggwaawo. Tutya? Okuyita mu Oyo Ataggwaawo eyajja n'atununula era n'atuzzaayo, ng'Atuleetera okutegeera nti twava mu Kino.

Kaakati omanya otya nti oli kitundu ku kyo? Lwa kubanga, ekyo, kye Ekigambo Eky'ekiseera kino, ekisuubizo ky'ebiro bino. Kye kiri wa? Kwe kuzzibwayo ku lunaku olubereberye, olusooka. "Era alizzaayo emitima gy'abaana eri bakitaabwe," nga aleeta okuzzibwawo nate okwa Pentekoote entuufu, okutali kukyamuukirira bukyamuukirizi; era ajja kwoleka Omusana gw'akawungeezi, nga ye Mwana y'Omu eyalabika mu Musana gw'enkya, nga bwe kyasuubizibwa olw'ekiseera kino. Amiina era amiina!

Tuli ludda wa, ab'emikwano, tuli ludda wa? Tulinda bulinzi kaakati ffe okuva mu kkubo, Kubikkulirwa 11 kiryoke kisoboke oku…okumanyisibwa eri Abayudaaya; kye ekyo, Okukwakkulibwa kujja.

212 Labayo, wabweru w'emiryango egiri ku bisenge, wonna mu Nsi empya, walibaayo amawanga galituula mu mirembe Egitaggwaawo. Kaakati kiki ekiddako? Bakabaka ab'ebitiibwa balireetanga ebitiibwa byabwe mu kibuga kino. Tewali kibi kiyinza kubeeramu. Tewali na bakazi basazeeko nviiri baliyingira mu Kibuga ekyo. Ekyo nkikukakasa. Tekyali kwambala mpale nnyimpi, na kufuuweeta ssigala. Abenzi, ba malaaya, oba abalimba, abasinza ebifaananyi, kyonna kye bali, tebaliyingira Kibuga ekyo. Nedda, byonna biriba biweddewo. Ekibi kiriba kiweddewo. "Tewali kyonoona butukuvu bwakyo kiriyingirayo eri." Bw'atyo bwe Yayogera. "Byonna nga biweddewo, emirembe gyonna."

Tunula wonna ebweru waakyo ne ku miryango gyakyo:

Eddubu liriba likkakkamu, nga n'omusege gufugika;

N'empologoma erigalamira kumpi n'omwana gw'endiga;

N'ensolo enkambwe ey'omu ttale, nga ekulemberwa omwana omuto;

Bwe ntyo ndikyusibwa okuva mu kitonde kyendi kati.

213 Okufa kuno nga kukola mu mubiri gwange guno ogufa, obukadde nga bugenda busembera, ndikyusibwa.

Muwulidde oluyimba olwo? "Eddubu liriba likkakkamu. Omusege gulifugika." Tegulibuuka, na kutabuka

nga gwagala okukutta. Gulitambula naawe mu makubo eyo.

Ani agenda okusikira ebyo? Abanunule. Baliba ba ani?

Labayo, nnyinza kuyigiriza buyigiriza eby'okulabirako byange kati. Labayo, Ow'oluganda Lee.

214 Ba ani abaakomawo ku nsi empya awamu ne nnabbi Nuuwa? Beebo abaayingira naye mu lyato. Si kye ekyo? Beebo abagitambulirako. Mulaba? Abo abaayingira ne Nuuwa, okuyita mu bubaka bwe, beebo abaatambulira ku nsi empya nga emaze okubatizibwa n'amazzi.

215 Kati abanaayingira ne Yesu. Oyingira otya mu Ye? Okuyita mu Mwoyo omu; era Ye kye Kigambo. Ofuuka kitundu ku Ye. Oli kitundu ki ku Ye? Ng'otegeera Ekigambo ekiramu, mu kiseera kino. Olitambula wamu naye mu Myaka Olukumi. Awo w'olifulumira. Laba, si mugigi mupya. Wabula mugigi gwe gumu nga gusimbuliziddwa!

Oyinza okugamba nti, "Ha, Ow'oluganda Branham!" Ha!

Weetegereze, oba Katonda Yasobola okuyimusa Eriya n'Amutwala, nga wayise emyaka enkumi bbiri mu bitaano, okumusimbuliza n'Amukomyawo ku nsi, abeere nnabbi eri Abayudaaya, taasingewo ku Mugole!

216 Nuuwa ng'amaze okuva mu lyato, laba ebyagambibwa Nuuwa ng'avudde mu mataba, bifaanana nga ebyagambibwa Adamu okusooka. Bwe yafuluma, n'ajja ku nsi empya; n'amugamba nti, "Mwale, mujjuze ensi," oluvannyuma lw'amataba. Laba, "baali ba kwala, bajjuze ensi," nga Adamu ku lubereberye.

Kaakati osobola okukirabira ddala wano. Kaakati muwulirize nnyo.

217 Adamu yali wa "kwala na kujjuza nsi." Si kye ekyo? Nuuwa naye, oluvannyuma lw'empya, (nga ensi emaze okuzikirizibwa), yali wa "kwala na kujjuza nsi." Mukitegeera? Kaakati temulaba "nsigo" ya musota kye kiki? Kiki ekyajjuza ensi? Mukiraba? Kale. Kati mulaba engeri Setaani gye yajjamu eri Kaawa. Ye nsonga lwaki okufa kufuze ku nsi okuva ku olwo. Kale nno obwengula, ensi, ebisolo, embeera, byonna byakolimirwa Katonda olw'ekyo. Kye kikolimo, kubanga Setaani yeesooka n'atuuka ku kino.

Yesu Yajja okuginunula agizzeeyo ewa Kitaffe. Okusobola okukola kino, yafuuka kitundu ku yo; nga bwe mbadde nnyinyonnyola. Era okuva mu nfuufu eyo yennyini (ekitundu Yesu kye yali, Ye kennyini) ng'enunulibwa, okuyita mu Ye enneeyoleka za Katonda zonna zinunulibwa wamu n'ensi.

218 Ye yali Ekigambo ekyogere. Ffe abanunule tuli kitundu ku Ye. Kale, bw'oba osobola okukitegeera! Olaba?

Abafalisaayo baagamba mbunno baanunulibwa. Naye, bw'otunuulira kye nnasoose okulaga, baali bakyegwanyiza bwegwanyiza mu ndowooza zaabwe. Baali tebasobola kutegeera Kigambo bwe kyalabisibwa mu maaso gaabwe. Baagamba bugambi nti, "Omusajja ono muzimu buzimu."

Kaakati, leero, tuyitibwa bannabbi ba bulimba. Tupaatiikiddwako buli linnya lyonna ebbi, nga bannaddiinibe bakola ekyo, laba, abasajja ab'ekitalo abalina talanta be batuyita batyo. Laba, tebategeera butegeezi. Olaba?

219 Okubatizibwa kwayo mu mazzi kwali tekumala kugirongoosa; n'okwabwe bwe kutyo. Okutukuzibwa, n'Omusaayi, kwagikomyawo, ne kugisasulira. Naye okubatizibwa n'Omuliro kwe kwagirongoosa; era nga bwe kwalongoosa Omugole We. Nga obutabalirwako musango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

220 Tasuubizangako kuyimusa mugigi mupya, nga bwe ŋŋambye, wabula Yasuubiza okununula guli ogwali gwagwa. Era abo be—be baali baateekerwateekerwa, okugisikira nga bwe Yasuubiza. Era Ye Katonda Atakyuka; ekyo tukimanyi.

221 Jjukira, Katonda yaddira Eriya, nga okukwakkulibwa kuwedde, n'Amukyusa, n'Amusimbuliza n'Amukomyawo eri abantu, okutwala ekifo kye nga nnabbi mu bantu be; esigaddeyo ebbanga ttono ekyo Akikole. Era amukuumye, nga mulamu, emyaka gino enkumi bbiri mu ebitaano. Wa kuddamu okulabika nate.

222 Laba nate, Yazuukiza Musa okuva mu bafu. Entaana ye eri ludda wa? Waliwo ayinza okugizuula? Soma Ekitabo kya Yuda. Olaba? Setaani…Malayika Omukulu nga awakana ne malayika omukulu, Setaani, n'agamba nti, tekakutanda… "Mukama akunenye," nga bakaayanira omubiri gwa Musa. Ate wano Peetero, Yakobo ne Yokaana baali bayimiridde wali nga bamutunuulidde, ku Lusozi Lw'okuwaanyisibwa, mu nsi awo wennyini omuliyimusibwa Olusozi mwe tulituula. Olaba?

Era Yajja okuginunula.

223 Laba, awo we waali Ekkanisa ekwakkuddwa, nga ekiikiriddwa; waaliwo n'abo abaali beebaka, nabo

nga bakiikiriddwa. Ludda wa? [ow'Oluganda Branham akiraga ku lubaawo, n'akyeyambisa okunnyonnyola ebitundu ebiddirira ebiwerako—Omuk.] Mu Kibuga; waggulu ku lusozi. Olaba?

Waaliwo Peetero, Yakobo ne Yokaana, nga batunula; basatu, omujulirwa. Waaliwo Eriya, Musa, ne Yesu; ng'omujulirwa ow'omu Ggulu. Olaba?

Era Musa nga waali, eyali yafa, nga yazuukizibwa. Waaliwo Eriya, eyali yakwakkulibwa, era nga akyali mulamu. Era bombi baali bakiikiriddwa ku lusozi luno olutukuvu.

Ate, ne Yesu, Omununuzi. Katonda, waggulu We bw'ati, yamusiikiriza, n'agamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa."

224 Jjukira, Yesu Yali Yagambye, ng'eggulo limu, nga Yagambye nti, "Mazima ddala mbagamba nti, waliwo abamu ku bayimiridde wano, abataliraba kufa, okutuusa nga bamaze okulaba Obwakabaka bwa Katonda nga bunywezebwa mu maanyi."

Kyali kiki? Abafu abaali bazuukidde wamu n'abatukuvu abakwakkuliddwa, awamu, nga basituliddwa wamu okumusisinkana mu bbanga. Katonda nga'Amusiikirizza, ne Yesu nga ayimiridde awo mu kisiikirize kino, nga agamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa, gwe nsanyukiramu," enkola y'Obwakabaka Obuggya. Ha, ow'oluganda, mwannyinaze!

225 Okufa tekukukyusa. Okufa kukyusa bukyusa kifo mw'obeera. Olaba?

Jjukira, Samwiri, bwe yali yafa n'aziikibwa nga wayiseewo n'emyaka ebiri, yali mu Lusuku lwa Katonda. Omukazi abuuza abafu owe Endoli n'amuyitayo, era Sawulo n'amutegeera; omukazi omusamize, naye n'amutegeera, n'agwa ku bwenyi bwe. Yali takyukangako, wadde akatono. Yali akyali Samwiri y'omu, nga amaze emyaka ebiri kasookedde afa, era yali akyali nnabbi. N'agamba nti, "Olunaku lw'enkya ojja kufiira mu lutalo, ne mutabani wo, era bunaaba bwe buti enkya olw'eggulo ojja kuba wamu nange." Era bwe kityo bwe kyali ddala.

Olaba? Era Musa bw'akomawo, ne Eriya, mu Kubikkulirwa 11, bajja kuba bakyali bannabbi. Aleeruuya!

226 Era emitala eri, mu Nsi eyo, Omwana gw'Endiga nga ye Musana, ndiba nsobola okukutegeera, Ow'oluganda McKinney. Ndibategeera, mmwe abantu bange, amayinja gange ag'omuwendo mu ngule yange. Bwe baliva e Buvanjuba n'Ebugwanjuba, ne bajja mu Kibuga; ekya mmayiro lukumi mu bitaano erudda n'erudda, kiriba kiri awo, ng'Ekibuga ekyo kyenkanankana erudda n'erudda. Nga bw'oba otudde wali ku Lusozi olutukuvu, Katonda w'atuula ku Lusozi, nga Yesu Ali ku Nnamulondo. Ekkondeere erya zaabu ne liryoka livuga nga Yusufu ayitawo, nga agenda okuyitaayita mu Lusuku, n'abaana ba Katonda nga bavunnama ku maviivi gaabwe okumusinza, nga bamanyi bulungi nti baanunulibwa. Olaba? Amiina! Aleeruuya!

Ebiseera ebimu mpulira nga njagala kudda waffe mu Ggulu,

Era ekitiibwa kiriba kingi kye ndirabayo Eyo;

Nga kiriba kya ssanyu nnyo bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zaabu.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi

Mukama kye yateekateeka…

[Waliwo ebbanga ejjeerere ku lutambi—Omuk.]

227 Isaaya yagamba, mu Isaaya 9:6 nti, "Okufuga Kwe n'emiriembe tebirikoma kweyongeranga. N'okufuga kunaabeeranga ku bibegabega Bye; era Erinnya Lye anaayitibwanga Ateesa ebigambo, Kabaka ow'Emirembe, Katonda Omukulu, Kitaffe Ataggwaawo. Era obufuzi bunaabeeranga ku bibegabega Bye; era okufuga Kwe n'emirembe tebirikoma." N'ebisolo biribaayo. Ha, bannange!

Eddubu liriba likkakkamu, n'omusege gulifugika;

Era empologoma erigalamira okumpi n'omwana gw'endiga;

Era n'ensolo enkambwe ey'omu ttale, erikulemberwa omwana omuto;

Naye nange ndikyusibwa.

228 Ndikyusibwa okuva mu kitonde kino kye ndi kaakati, Olunaku luli bwe lulituuka, kubanga ŋŋenda mu Kibuga ekyo. Njolekedde Ekibuga ekyo! Mpulira Amaanyi aganunula mu mutima gwange gwonna kaakano.

Oba kino tekiri bwe kityo, kitegeeza obulamu bwange mbufiiriddwa; njigirizza abalala ebintu

eby'obulimba. Naye bwe ntunula wansi ne ndaba ekisuubizo kye Yawa eri omulembe guno, ne ndaba nga kikakasiddwa; ate ne ndaba ekibiina kino ekya mmayiro olukumi mu ebitaano erudda n'erudda nga kitudde wano, Abalonde abayitiddwa okuva mu bibiina by'amadiini n'enzikiriza ez'enjawulo n'ebika eby'enjawulo n'ebirala, nga bakuŋŋaanye wamu; nga bwe ndaba Ekigambo nga Kyeyolese ne Kyekakasa, mmanyi, awatali kubuusabuusa kwonna, nti amayinja ag'omuwendo mu ngule yange galyakayakana okusinga buli kintu ky'ensi eno, ku Lunaku luli.

229 Ekiseera kirituuka! Bannange, tetukuŋŋaanira wano bwereere. Tulinda bulinzi kaseera kali. Obudde buyise nnyo, nnyo, naye Yesu Ali kumpi nnyo, nnyo ddala. Era, Ekitiibwa Kye, kyewuunyisa. "Erinnya Lye aliyitibwa Ateesa ebigambo." Ekibuga ekyo, mukiraba? Eyo Omugole Omukazi n'Omugole Omusajja gye bagenda okubeerera ddala, era tebaliddamu ku…

230 Kaakati, oba okyalowooza nti kirungi nnyo bwe tuvuga mmayiro eziri mu bikumi ne tujja tutuula wano okulya Ekigambo Kye, ng'ate kino kisiikirize busiikirize, olwo ate kiriba kitya bwe tulibeeranga Naye mu Kibuga! Bwe ndibeera muliraanwa wo akuddirira, nga tulya ku miti egyo, nga tutambulira mu nguudo ezo, nga tutambulira mu nguudo ezo eza zaabu okugenda awali ensulo, ne tunywa ku nsulo, ne tuyingira mu nsuku za Katonda, nga Bamalayika babuukira waggulu mu bbanga, nga n'ennyimba bwe ziyimbibwa, ha, nga luliba Lunaku lwa kitalo! Kisinga byonna. Olugendo lulabika nga oluzibu, oluusi lukaluba, naye, ha, ekyo kiriba kitono nnyo bwe ndimulaba, ekyo kiriba kitono ddala. Amannya amapaatiike ge batuyita, galinkola ki nga mmaze okumulaba mu Kibuga kya Katonda, ekirungi?

231 Tukoteke ku mitwe gyaffe.

Njolekedde Kibuga ekyo ekirungi

Mukama wange kye Yategekera Ababe;

Eyo Abanunule bonna ab'emirembe gyonna

Gye bayimbira "Ekitiibwa!" okwetooloola Nnamulondo Enjeru.

Ebiseera ebimu nnumwa kuba njagala kugenda mu Ggulu,

Era ebitiibwa byalyo ndibiraba nga ntuuseeyo;

Nga liriba ssanyu lingi bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga kiri ekirungi ekya zaabu!

Ku kizinga kya Patumo, Yokaana yakiraba! [ow'Oluganda Branham akaaba olw'essanyu—Omuk.]

232 Ayi Yesu Omwagalwa, essuubi lyange teriyimiridde ku kirala kyonna, Mukama. Oyo ye maama w'omutima gwange; Ekibuga kiri, Kabaka ow'ekitalo. Ayi Katonda, toleka muntu n'omu wano okubula, nkwegayiridde. Leka tuddemu twekebere mu bulamu bwaffe, olwa leero, Mukama, nga tulindirira Okujja kwa Mukama. Eyo, bonna Abanunule, eri mu kisaawe ekinene eky'e Rooma, empologoma gye zaaliira Abakristaayo, luliba lumu ettaka ne lyabulukuka!

Teribaayo malaalo eyo mu busozi bw'omu Kitiibwa. Era teri minyolo gya nzigi girissibwako bisaaganda bya bimuli bya maziika. Teritonnyayo zziga. Nedda, nedda. Teribaayo bigulumu bya malaalo. Eri terikubwa miyaga. Wonna kiriba kitiibwa kyereere.

233 Tuyambe, Mukama. Bwe waba nga wakyaliyo wano omu…eyayitibwa ku Mbaga eno ey'Omwana Gw'endiga, Emyaka gino Olukumi egy'obufuzi, oluvannyuma lwagyo wabeewo okuyingira mu Kibuga nga Okubeera mu Kisenge kukomye. Emyaka Olukumi kye kiwummulo ky'omu kisenge nga embaga yaakaggwa. Olwo nno, Omugole, atwale E…Omugole Omusajja Alyoke Atwale Omugole we Omukazi mu Maka. Wuwe. Ye Bba; naye ye Mukazi We. Ha, Yagenda okuteekateeka Ennyumba, kasookedde amwoogereza.

Leka tubeere beesigwa gy'Ali Oyo Kigambo, kubanga ye Kigambo. Wadde abalala batujerega kwenkana wa, nga bagezaako okutujja ku Kigambo; ayi Mukama, nsembeza kumpi.

Kubanga ebiseera ebimu nnumwa nga njagala kugenda mu Ggulu ewaffe,

Era ekitiibwa kyayo ndikiraba;

Nga liriba ssanyu lingi bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zaabu!

234 Amaka agajja ag'Omugole Omusajja n'Omugole Omukazi! Akomawo…[Waliwo ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]…ku Mbaga y'Obugole; zigenda kuba ennaku ssatu n'ekitundu. Tukomewo nate, mu Myaka Olukumi, nga tuli mu kisenge. Olwo Alyoke—Alyoke aggyeyo Ekibuga kirabike. Nga omugole omusajja bw'ayinza okuyiiyiza omugole we; omukazi, bw'atyo omugole n'ayimirira awo nga asamaaliridde

atunuulira amaka ge g'ajja okubeeramu! Era olw'okukkiriza, leero, Mukama, tukirengera. Kiribeera ddala wano wennyini ku nsi. Wakisuubiza.

Ekkanisa Yo eriba enunuliddwa ddala mu bujjuvu, olumu ku nnaku zino. Era ensi Yo eriba enunuliddwa, buli kaweke konna. Naye okusooka Wanunula abantu Bo, n'emibiri gyabwe egyakolebwa okuva mu ttaka ly'ensi.

235 Tuyambe, Ayi Katonda. Wano bwe waba nga waliwo omuntu yenna atali mukakafu ku ekyo, Mukama, leka bakifune kaakano.

Mmanyi nti tututte ekiseera kiwanvu ate nga ebbugumu lingi, naye, bannange, tetujja kuyimiriranga wano bulijjo. Si nze nja okubeeranga omusumba wammwe bulijjo. Kale leka tubeere bakakafu.

"Waliwo engeri yonna, ow'Oluganda Branham?"

Yee, fuuka kitundu ku Kigambo, obeere kitundu ku Kigambo kya leero. Toyinza kubeera kitundu ku Kigambo kya mu biseera bya Musa; ekyo ekitundu kyaggwa dda, ebyo bye byali ebigere. Kaakati tuli ku Mutwe. Ono Kristo. Si kiseera kya mikono, eri emabega mu biseera bya Luther, nedda. Kino kiseera kya Mutwe. Kristo, Ejjinja ery'oku mutwe, Akka wansi okwegatta ku Mubiri.

236 Bw'oba teweewulira bulungi ku nsonga eno, wonna wonna w'oli, oyinza okuwanika ku mukono gwo nsobole okugulaba. Leka abasigadde bonna bakoteke ku mitwe gyabwe wansi. Katonda Abawe omukisa.

Oyinza okugamba nti, "Nzijukira mu kusaba, ow'Oluganda Branham. Njagala nnyo okutuukayo! Ssa—ssaagala kubulayo, ow'Oluganda Branham. Nke—nneekebera, era nkola kyonna ekisoboka, naye nsabira kaakano, ononsabira?" Katonda Abawe omukisa.

Kati ng'okyakirowoozaako, saba busabi, ng'ogamba nti, "Ayi Katonda…" Kiri mu mutima gwo. Laba, bw'oba owulira ekintu ekikutteko, nga kikoona ku mutima gwo, ky'ekyo. Ye nneeyoleka eri ng'egezaako okwerangirira.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi

Mukama wange Yategekedde Ababe;

Eyo Abanunule bonna ab'emirembe gyonna

Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" okwetooloola Nnamulondo Enjeru.

Oluusi mpulira nnumwa nga njagala kugenda mu Ggulu,

Era ebitiibwa ebiri Eyo ndibiraba;

Nga liriba ssanyu lingi bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekirungi ekyo ekya zaabu!

237 Kitaffe ow'omu Gguku, tutwale kaakano, Mukama. Leka Omusumba Omukulu, Omusumba Omununuzi ow'Ekitalo, Omusumba w'Ekitalo Eyalekayo Ekitiibwa, ng'Amanyi nti ezimu ku nneeyoleka ze zaabulira mu biwonvu ebyo eby'ekibi, omwo emisege ne—n'ensolo mwe byanguyira okuvaabira endiga eyo; wabula Yavaayo mu bif eby'ekitiibwa ebya zaabu, n'Akka ku nsi n'Afuuka omu ku ffe, Alyoke Alangirire okwagala kwa Katonda gye tuli. Eyo gye Yazisanga, ezimu ku zo nga ziri mu bibiina by'amadiini, endala nga ziri mu mayumba g'abantu ba mpisa mbi, endala nga ziri mu nguudo, nga zizibye amaaso, ezimu ku zo nga ziri mu nkomera ne mu makubo aga buli ngeri, naye ezo zonna Kitaffe ze Yamutegekera okununula n'Azinunula.

238 Era n'Atutuma omulimu, obulamu bwaffe bubeerewo mu kitundu kino eky'Ekigambo ky'omulembe gwaffe. Era tulaba okuddaabulula okw'ekitalo okwa Luther, mu mulembe ogwo; n'ogwa Wesley; n'Omupentekoote. Kaakati tunoonya Ejjinja ery'oku mutwe ery'Ekibuga kino. Ayi Katonda, omulembe tugumanyi n'ekisuubizo ekyatuweebwa eky'omulembe guno, nga Kino bwe kyali kirina okuzzibwawo. "Omusana ogw'akawungeezi gwa kwengeza ebibala byakyo. Era awo olulituuka walibaawo olunaku olutali misana newankubadde ekiro, nga bwe lwandiyitiddwa, naye mu kiseera eky'akawungeezi walibaawo Omusana."

Omwana y'Omu oyo owa Katonda ow'ekitiibwa, nga Yeeyoleka mu mubiri gw'obuntu wano ku nsi, nga Atuukiririza ddala ekisuubizo ne kibeera kiramu ddala, ekyo nga amaaso g'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo n'Abakerode, n'abalala gaazibibwa obutakiraba.

Era leero kiddamu ne kibaawo, Ekigambo nga kirabisibwa ddala nga bwe Kyali. Ekigambo, okumanya ebyama by'omu mitima, era ddala nga bwe kyali, nga Ebyawandiikibwa bwe byagamba, ebitayinza kumenyebwa. Tuyambe, Ayi Katonda, tukitegeere.

Yamba bano kati abayimusizza emikono gyabwe. Leka beeyongere okwenyweeza; beesibe n'engatto

ez'Enjiri ey'emirembe; bambale eby'okulwanyisa bya Katonda byonna; sseppeewo bagitereeze; bakwate engabo y'okukkiriza; bakumbe nga bagenda mu maaso, okutanula leero n'okweyongerayo. Kikole, Ayi Mukama.

239 Ebula akaseera katono, tuyitibwe, awo Okukwakkulibwa kulyoke kubeewo. Akabiina akatono ddala, nga Enoka, ke kanaatwalibwa waggulu.

Olwo, "abaliba basigaddewo ku zzadde ly'omukazi, abakuuma ebiragiro bya Katonda," Abayudaaya, "abalina okutegeeza kwa Yesu Kristo," ab'Amawanga, baliyiggibwa ng'embwa, "era baliwaayo obulamu bwabwe olw'okutegeeza kwabwe."

Olwo, ku makya agamu amalungi, Emyaka Olukumi giritandika, kubanga—Ekiwummulo eky'omugole okubeera mu kisenge kitandike.

"Era abafu abalala tebaddamu kuba balamu okutuusa nga emyaka olukumi giwedde." Olwo nno, ku nkomererero y'Emyaka Olukumi, ne walyoka waba Okusala Emisango, ekiraga nti Kaamu yali mu lyato. Era Kaamu akyali mu abo abaasigalawo. Abaakiwulira naye ne bakigaana balisalirwa omusango.

Kaakati, kituwe, Ayi Mukama, tuleme kubalirwa mu abo, naye tubeere mu abo abaayitibwa ku Kyeggulo ky'Embaga y'Obugole. Kubanga, tutegeera nga Yesu ali mu makkati gaffe leero. Tuyingirayo wamu Naye; okuva mu nsi, okuyingira mu Ye. Leka tutambulire mu Kibuga ekyo, era tufulume wamu naye.

240 Mukama, ŋŋenda nkaddiwa. Ssikyalinayo bubaka bungi bwa kubuulira. Wabula Ggwe gwe nneesigidde ddala. Nnoonya Ekibuga ekyo, nga jjajjange Ibulayimu bwe yakola. Mu nze mulimu ekiŋŋamba nti kijja. Ngezaako buli wamu, Ayi Mukama, okubunya Omusana nga mbayita bajje. Leka waleme kubaako n'omu ku bano, Mukama…

Nga kinyumye nnyo, emabegako awo, bwe Wakimbikkulidde. Okwetooloola mmayiro nga lukumi mu bitaano, okuva wano okudda wali, batudde wamu leero, abaakuŋŋaanye mu kafo akamu, nga balindirira Ekibuga ekyo okulabika. Twatula nti tuli batambuze era abagenyi. Tuli baboole. Abakaafiiri, n'ensi, batusekerera era ne batujerega; ebibiina by'amadiini bituvuma; naye ebintu bwe bityo tebirina kye bitukoze. Tufuule kitundu ku Kigambo, Ayi Mukama, tube nga tetunyeenyezeka. "Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma." Leka ffe tuba tukituukako, Mukama, leka tubalibwe mu abo. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."] Leka tuwanike emikono gya ffe bwe tuti.

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi

Mukama wange kye Yategekera Ababe;

Eyo Abanunule bonna ab'emirembe gyonna

Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" okwetooloola Nnamulondo Enjeru.

Ebiseera ebimu nnumwa nga njagala kugenda mu Ggulu,

Era ebitiibwa byayo ndibiraba;

Nga liriba ssanyu lingi bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zaabu!

241 Kaakati, bwe tuba ba kubeera wamu mu Kibuga ekyo, kwatako munno mu ngalo, omugambe nti, "Katonda Akuwe omukisa, omutambuze. Oviira ludda wa? Louisiana, Georgia, Mississippi? Nange, ndi mutambuze. Nnoonya Kibuga ekyo."

Nnoonya Kibuga ekyo, ow'Oluganda Neville. Nja kutuukayo eri mu…?…Amiina. Ow'oluganda Capps, nnoonya kibuga ekyo, na kati, ekiro kino. [ow'Oluganda Branham atandika okumuumuunya oluyimba Teri Kirituyiwa—Omuk.]

Era ebitiibwa byayo ndibiraba;

Nga liriba ssanyu lingi bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zaabu!

Ha, eddubu liriba likkakkamu, n'omusege gulifugika;

N'empologoma erigalamira awali omwana gw'endiga; ha, weewaawo;

Era n'ensolo y'omu…erikulemberwa omwana omuto;

Nange ndikyusibwa okuva mu kitonde kye ndi kati, ha, weewaawo.

Ha, waliba emirembe gyendi mu kiwonvu luliba olwo;

Ha, waliba emirembe gyendi mu kiwonvu. (Ddala! Kye ekyo!)

Tewaliba nnaku nate, wadde obuyinike, era ssiriddamu kulaba mitawaana

Kale walibaawo emirembe gyendi mu kiwonvu.

242 Kabaka waffe Atalabika, enkya ya leero, Ajja kulabisibwa. Era Bill Dauch ndiba sikyamulaba nga w'amyaka kyenda egy'obukulu. Oliba tokyandaba nga w'ataano. Kuba ndiba nkyusiddwa, ku Lunaku luli.

Era ensolo enkambwe ey'omu ttale, bw'erikulemberwa omwana omuto;

Naye nange ndikyusibwa okuva mu kitonde kye ndi kati.

243 Tolisanyuka? Nga envi zigenze; n'ebibegabega ebisongovu. Naye bwo obulungi, obutafa, biriyimirira nga bimufaanana, nga byaaka n'okukira enjuba. Ha, nga kya ttendo!

… gyendi, Ayi Mukama, bwe nsaba;

Tewaliba nnaku, wadde obuyinike, siriddamu kulaba mitawaana;

Era walibaawo emirembe gyendi mu kiwonvu.

244 Ekyo kye kituleese wano. Bameka ku mmwe abeetaaga amaanyi ag'okukozesa mu lugendo? Ayi Katonda gatuwe! Bameka mu mmwe abalwadde mu mibiri gyammwe, abajaasi abafunye ebiwundu? Basoba, mu kkumi n'ababiri. Mukkiriza nti Waali wano, Kabaka atalabika? Ebintu ebirabika; ebitalabika birabisibwa okuyita mu birabika. Ye aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, omubiri gwokka gwe ogufa. Kaakati, ono bw'aba nga Mwoyo We y'Abuulidde bino okuyita mu nze, era Ajja kukola emirimu Gye yakola nga Akyali wano. Ha, nga kya kitalo!

Ŋŋenda mu nsi ensuubize,

Ŋŋenda mu nsi ensuubize;

Ha, ani anajja n'agenda nange?

Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

Wonna mu bifo byayo eby'omuseetwe

Waakayo Olunaku lumu Olutaggwaawo;

Eyo Katonda Omwana gy'Afugira emirembe gyonna,

N'aggyawo ekiro.

Ha, ŋŋenda mu nsi ensuubize,

Ŋŋenda mu nsi ensuubize;

Ha, ani anajja n'agenda nange?

Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

245 Abantu ebikumi bitaano nga bayingira mu mugga eri, olunaku Malayika wa Mukama lwe yasooka okubikira ddala, nga bwe Yakola ku Lusozi Sinaayi, okukakasa nti, nnali mmusisinkanye. Nnalinnya mu mugga, ng'ebikumi n'ebikumi by'abantu bayimba oluyimba olwo lwennyini olw'okubatiza. N'Ajja, ng'Akka, Empagi y'emu ey'Omuliro gye mulaba mu kifaananyi kiri; nga Ekka wansi, wano wennyini ku mugga, n'egamba nti, “Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja Kwe okwasooka, Obubaka buno bujja kukulembera Okujja Kwe okw'okubiri.” Mulaba? Laba, kye ekyo.

Ha, ani anajja n'agenda nange?

Ŋŋenda mu nsi ensuubize.

246 Empagi eyo ey'Omuliro y'emu eri wano naffe kaakati. Mukimanyi? Abamu kuffe yatukola olw'ekintu ekimu, n'abalala lwa kirala. Bw'oba, awatali kubuusabuusa kwonna, onokkiriza nti ali wakati mu kizimbe kino, nkakasa Ajja kweraga gy'oli. Ekyo kinaakumatiza? Ssinga mba ssisobodde kutuuka ku buli kinnoomu…Zigenda kuwera ssaawa munaana, naye bw'oba nga…Essaawa omusanvu ziyiseemu akatundu, manyanga. Oba mukkiriza, leka Ayimuke ajje akke mu makkati gaffe! Okukkiriza kwaffe kuli luuyi wa? Laba, osaanidde okukikkiriza ekyo. Bw'oba nga tokibuusabuusa, n'akamu, kijja kukola.

Mpu—Mpulira Okubeerawo kwa Kristo Mwene Okutukuvu, Oyo nga ye Kigambo. Era Baibuli egamba nti, "Ekigambo ki...kya maanyi n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era Kisala n'okutuuka ku busomyo bw'eggumba, era kikebera ebirowoozo ebiri—ebiri mu mutima, ne kibikkula ebyama by'omu mutima."

247 Laba. Kubanga, ebintu ebyo nnali sibimanyi, mu myaka egiyise. Era bwe nnakyogera, nga ssimanyi na kumanya, laba ekyavaamu. N'Agamba nti, "Kaakati ojja kukwatanga abantu ku mikono gyabwe, era, nga toliiko kyolowooza, awo oyogere bwogezi enneeyoleka eyo ky'eba ekugambye. Tugambe kiyinza okuba ekizimba, oba ekintu ekirala kyonna." N'Agamba nti, "Awo ekiseera kirituuka nga tokyetaaga kukola bwotyo." Olaba? Mulaba? "Kiribikkula ekintu kyennyini ekibalimu." Tulabyeko ku buli kugeegeenya, ekyo tukimanyi, kabekasinge kulimbe n'Abalonde ssinga kyali kisoboka. Naye tunula olabe engeri ebisigadde byonna bwe bitambulira awamu n'Ekigambo, awo w'ojja okumanyira oba kituufu oba si kituufu. Naye, era, Yesu asigala nga ali bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

248 Bameka wano abalwadde, ng'okimanyi nti sikumanyi? Wanika omukono gwo, bw'oba ogamba nti, "Mma—mmanyi nti tommanyi." Ha, kiri, kumpi, buli wamu wonna. Ky'olina okukola kyokka kukikkiriza bukkiriza.

Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza

Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza;

Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza

Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza.

249 Yesu yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biseera bya Sodomu, bwe kityo bwe kiriba Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa ku nsi mu nnaku ez'oluvannyuma. Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa, manyanga, bw'Alyebikkula mu nnaku ez'oluvannyuma." Kati nno, si mu nnaku ezisooka, oba ennaku ez'omu makkati; wabula mu nnaku ez'oluvannyuma, laba, mw'Alyeyorekera. Era kati tuli mu nnaku za luvannyuma. Sodomu eri mu mbeera yaayo yennyini, buli kimu, ababaka, byonna bifaanagana.

Kiki ekyatuuka ku ba—ku baasigalawo abaayitibwayo abaali ne Ibulayimu? Waliwo Omu mu bo, Eyali Ayambadde omubiri gw'obuntu; Eyeeyolekera mu mubiri, n'Alya nabo, n'Anywa nabo, emmere y'emu gye baalyako, buli kimu. Yabayimiriramu, n'Ayogera Obubaka. Era n'Agamba nti, "Ŋŋenda kukola ekintu kino ekikulu."

250 Awo Ibulayimu n'abeera awo nga yekkaanya, "Oba kye kino? Mbadde nnoonya Ekibuga. Ono ye Kabaka?"

Awo n'Abuuza nti, "Lwaki Saala abuusabuusizza kino?" Mu weema, emabega We.

Ibulayimu n'ayogera nti, "Mukama Katonda, Elohim!" Kubanga, Alabye ebirowoozo bya Saala.

Yesu Yagamba nti kiriddamu ne kibaawo bw'Alibikkulwa mu nnaku ez'oluvannyuma, nga Ejjinja ery'oku mutwe lijja okwegatta ku Mubiri. Okununula aba…Abo be banunule, nga Ajja okutwala Ababe. Ali wano naffe.

251 Kaakati, waliwo emikono nga kkumi n'ebiri gyokka, oba okusingawo, egiwanikiddwa. Nzikiriza nti Katonda Asobola okubawonya mwenna. Ddala ddala. Nzikiriza musobola okuwona. Ssikkiriza n'akatono nti omuntu ayinza okutuula mu kifo bwe kiti awatali…mu kaseera nga kano, mu mbeera bw'eti, n'atamanya, n'abulwako eky'enjawulo ky'awulira nti weekiri.

Njagala osabe. Njagala oddire ekyo ky'omanyi nti kye kikutawaanya, mu—mu—mu mutima gwo, laba, otandike okusaba, nti, "Mukama Yesu, bikkula ekintu kino. Njo—njogera gy'Oli ku kino ekintawaanya. Kale kaakano tuma Omwoyo Wo Omutukuvu eri ow'Oluganda Branham, okutuukiriza ekyo ky'agambye nti ge Mazima, mu Bubaka buno mw'akwogereddeko olwa leero, bwe mmanyi nga ge Mazima. Kaakati, Kimbikkulire, Mukama. Yogera nange."

252 Kaakati kibunye wonna, okwetooloola wano. Kale saba busabi, era okkirize n'omutima gwo gwonna, Katonda Akikole.

Kaakati njagala muntunuulire, nga bwe musaba. Nga Peetero ne Yokaana bwe baagamba nti, "Twekalirize amaaso." Waliwo kye yali yeetaaga, era nga abuzaako katono okukifuna. Naawe olina kye weetaaga, era nzikiriza nti onaatera okukifuna. N'agamba nti, "Twekalirize amaaso."

N'agamba nti, "Zaabu ne ffeeza ssirina; naye kye nnina, kye nnaakuwa."

Kaakati, okuwonyezebwa, ssirina kantu. Ebyo byonna biri mu Kristo. Wabula kye nnina, kirabo kya Katonda, kye nkuwa ggwe, kwe kukkiriza osobole okumukkiriza. Kaakati, mu Linnya lya Yesu Kristo, muwonyezebwe mwenna. Mukikkirize. Olaba? "Bw'oba osobola okukkiriza!"

253 Omukyala atudde wano, antunuulide. Abadde akaaba, gye buvuddeko katono, nga asaba. Alina obuzibu mu mimiro obumutawaanya. Sikumanyi. Oli mupya gyendi. Ekyo kituufu, si bwe kiri. [Mwannyinaffe addamu nti, "Kituufu."—Omuk.] Toli wa kuno. Ova Chicago. Ggwe Muky. Alexander. Oba kituufu wuuba omukono gwo. Kati ddayo e Chicago obeere bulungi.

Akutte ku ki? Kye Kimu ng'omukazi oli kye yakwatako eyalina ekikulukuto ky'omusaayi, ku ggemo ly'ekyambalo Kye, si kyange.

Omukyala wuuno atudde wakati mu kibiina, singa nsobola okumusobozesa okuntegeera. Ggwe atunuzza omutwe gwo erudda. Sikumanyi. Oli mupya gyendi, naye olumizibwa obulwadde mu lubuto. Balo y'akuliraanye awo w'otudde. Omwami alina ekizibu mu kutu kwe. Erinnya lyo ggwe Czap. Muli bapya gyendi. Temuli ba kuno. Mubeera Michigan, yee. Oba kituufu, muwuube ku mikono gyammwe. Muddeeyo e Michigan, mubeere balamu. Okukkiriza kwammwe kubawonyezza. "Bwe mukkiriza, byonna biyinzika."

254 Omukyala oyo omutono alina obulwadde mu bulago, ggwe atudde wali awasembayo, ova Georgia, ggwe ayambadde ebyeru. Ddayo, eri mu Georgia, nga oli mulamu. Yesu Kristo akuwonya. Okikkiriza?

Omukyala atudde awo, antunuulidde, asemberayo ddala ku ntebe. Alwadde okuziyira okuva mu nnyindo okutuuka mu kiwanga. Bw'akikkiriza, Katonda Ajja kumuwonya. Muky. Brown, okkiriza n'omutima gwo gwonna, Yesu Kristo Anaaku…Oli mupya gyendi, naye Ye akumanyi. Hm-hmh. Okikkiriza? Wanika ku mukono gwo. Kye ekyo.

Ono agalamidde wano ku katanda. Mumugambe atunule erudda eno. Abadde abonaabona, bulijjo. Singa mbadde nsobola okumuwonya, nnandikikoze, ssebo. Naye siyinza kuwonya. Si wa kuno; yavudde wala. Oviira Missouri. Ekizibu kyo kya munda. Naye bw'onakkiriza n'omutima gwo gwonna, n'otobuusabuusa, Yesu Kristo asobola okukuwonya; era osobola okuddayo e Missouri, nga oli bulungi, n'owa obujulizi bwo. Okikkiriza? Kale kikkirize, okwate akatanda ko oddeyo eka. Yesu Kristo Akuwonyezza.

255 Mukkiriza? Okwo kwe kweyoleka kw'Okubeerawo kwa Kabaka Ataggwaawo. Kaakati mukukkiriza, n'omutima gwammwe gwonna? Kaakati, ddala akoze olugo okwetooloola ekizimbe kino. Mukikkiriza n'omutima gwammwe gwonna? Mukkiriza nti muli mu Kubeerawo Kwe?

Kaakati, mukkiriza era mukitwala nti muli bamu ku bakungu b'Obwakabaka Bwe? Wanika ku mukono gwo. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Tuli kitundu buli omu ku munne; oli kitundu ku nze, ndi kitundu ku ggwe; ffenna tuli kitundu ku Kristo. Kaakati, awamu, leka buli omu ateeke ku munne emikono.

Wano wennyini, omukazi abadde ku katanda asituse, atambula agenda ayitayita, era addayo ewuwe abeere bulungi. Amiina.

256 Mwenna, muwonye, buli omu, bwe munaakikkiriza. Kaakati buli omu ateeke omukono gwe ku munne, era nga bwe muli ekitundu ku Kristo. Kati sabira omuntu oyo gw'otaddeko omukono gwo, ggwe saba nga bw'oyagala.

Mukama Yesu, tutegedde nga Oli wano. Ggwe Kabaka waffe; Weeyolese mu makkati gaffe. Tukwebaza olw'okubeerawo Kwo kuno. Era, Mukama, Wagamba nti, "Bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otobuusabuusa; naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, onookifuna, osobola okufuna ekyo ky'oyogedde."

Kale, mu kugondera ekiragiro kino, mu kugondera Ekigambo kya Katonda ekitasobola kulemwa, ffe ng'ababaka Bo abava mu kifo kiri ekya mmayiro olukumi mu ebitaano obugazi ku buwanvu n'obusimba, ng'Ekibuga, tugamba Setaani, oyo omulyolyomi eyawangulwa nti, "Enkomerero yo kwokebwa. Ffe babaka abava mu Kibuga kiri ekyenkanankana, Ekibuga ekyo nga Omwana gw'Endiga gwe Musana gwakyo. Ffe nneeyoleka ya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna erabisiddwa, Yesu Kristo be yanunula olw'ekisa Kye."

Setaani, vvaamu, era va ku buli mulwadde ali wano, mu Linnya lya Yesu Kristo. Emikono emitukuvu egyanunulibwa, kubanga bakkiriza Ekigambo era abo ze nneeyoleka z'ebirowoozo bya Katonda, kaakano nga batadde emikono buli omu ku munne. Tosobola kusigala ng'obakutte n'akatono. Fuluma, mu Linnya erya Yesu Kristo!

257 Kaakati, mu Linnya lya Mukama Yesu, kati, Ali wano. Ekigambo Kye kigamba nti Ali wano. Okubeerawo kwo wano n'okukkiriza kwo byogera, nti, oli omu ku bakungu. Ka bibe bipimo bya gyogulafiya mu buli kifo tusobola okukikakasa, nti bwe kiri. Musobola okukiraba nti muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala abanunule? Mukiraba nti gano ge Maka gammwe? Eno gye mugenda.

Kye kibaleeta wano, y'ensonga lwaki mujja eri Kristo, mulya ku Kigambo Kye. Kale oba nga musobola okufuna akaseera nga kano, wano, awamu n'enneeyoleka Ze ezirabisiddwa, kiryenkana wa bwe tulituuka mu Maaso Ge? Oh, kiriba kya kitalo nnyo! Buli omu ku mmwe wa ddembe okuwonya abalwadde, buli omu kummwe wa ddembe okubatiza.

258 Oba wano waliwo omuntu yenna atannaba kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, ekidiba kiggule.

Eyo ye ngeri yokka gye mujja okuwangulamu, hm-hmh, kye ekyo, nga mugondera buli Kigambo. Jjukira, akatundu katono nnyo ku Kigambo, ku lubereberye, ke kaavaako ekibi ku nsi. Yesu Yagamba nti, "Buli aliggyako Ekigambo ekimu ku Kino, oba oyo aligattako ku Kyo, taliyingirayo." Erinnya lye liriggibwamu mu Kitabo, amangu ddala nga yaakakikola.

Ate tewali kifo kyonna mu Baibuli awaali wabadde omuntu yenna eyali abatiziddwa, mu Kkanisa, mu ngeri endala yonna okujjako mu Linnya lya Yesu Kristo. Bw'oba tobatizibwanga mu ngeri eyo, osaanye okikole.

"Oh," oyinza okugamba nti, nti "nze ndaba bifaanagana." Ne Kaawa bw'atyo bwe yalaba.

Setaani yagamba nti, "Ha, ddala, Katonda, omanyi Katonda…" Naye, Katonda yayogera. Bw'atyo bwe yayogera.

259 Yawa Peetero ebisumuluzo by'Obwakabaka, era ekyasibibwa ku lunaku lwa Pentekoote kyasibwa emirembe gyonna. Y'ensonga lwaki Omugole akomawo n'alabika, omulundi ogw'okubiri; walina okubaawo Ekkanisa eyitibwa okuvaayo mu nnaku ez'oluvannyuma, okufaanana nga bwe waaliwo eyaliwo mu lunaku olubereberye, ddala ddala. Omuti guvudde mu mirandira gyagwo, gukuze okutuuka mu kufuuka Omuti Omugole, nga bwe kyali mu kiseera kiri; omulimu gw'obukugu bwa Katonda nate, nga bwe nnagamba Ssande bbiri eziyise, okutwalibwa mu Kibuga.

Katonda abawe omukisa. "Kaakano nzikiriza."

260 Setaani awanguddwa. Akimanyi. Amanyi nti ku nsi, atambulatambula ng'empologoma ewuluguma. Ebbanga ssi ddene erisigaddeyo, Oh, aggweewo. Ekiseera kye akimanyi. Agenda awuluguma ng'empologoma.

Naye, jjukira, Kabaka ow'Emirembe Ayimiridde mwetegefu; Oyo Omukulu ow'omu Ggulu. Omukubi wa pulaani y'obutonde bwange, Omukubi wa pulaani Eyanzimba okubeera kyendi, Eyakuzimbamu ekyo ky'oli, Ali wano. Oba ng'Omukubi wa pulaani, aba Amanyi engeri y'okugattamu ekizimbe awamu, mu kifo kyakyo ekituufu, ani amanyi okumusinga oyo Eyakuba pulaani? Era ali wano okukikakasa, Ye kennyini, Ali wano.

Kati nno, kisinziira ku kukkiriza kwo. Kkiriza, kkiriza bukkiriza!

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi

Mukama wange kye Yateekerateekera Ababe;

Eyo Abanunule ab'emirembe gyonna

Gye baliyimbira "Ekitiibwa!" okwetooloola Nnamulondo Enjeru.

Oluusi mpulira nga njagala kugenda mu Ggulu, (bino byonna nga biwedde),

Era ekitiibwa kyayo ndikiraba;

Nga liriba ssanyu bwe ndiraba Omulokozi wange,

Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zaabu!

261 Mujjukire, ku kkanisa, ekiro kya leero, wajja kubaayo okusembera. Bw'oba oli wa muno mu kibuga, nga, wandyagadde okujja, twandyagadde okuba naawe. Kya kutujjukiza ekyo kye tulirya, olumu ku nnaku zino, awamu Naye.

Mbaagala. Simanyi ngeri ya kukibalagamu. Ndowooza nti mmwe munnyo gw'ensi. Era bwe mpulira empisa zammwe ennungi ebweru eyo mu nsi, ekyo kinnyongera okubassaamu obwesige.

Naye, lowooza, akabiina kano kajja, wadde twagalana nnyo bwe tuti, kajja kweyawulamu, olumu ku nnaku zino. Kino tujja kukiroota. Naye singa omu ku ffe yeebaka nga tetunnaddamu kusisinkana, tujja ku…

Ndikusisinkana ku makya, ku mabbali g'omugga ogumasamasa,

Ng'ennaku yonna eweddewo;

Ndiba nnyimiridde awatuukirwa, nga emiryango giggulwawo,

Ku nkomerero y'ekiseera ky'obulamu ekiwanvu, era ekikooya.

Ndikusisinkana ku makya, ku mabbali g'omugga ogumasamasa,

Ntera oku…?…ku mabbali g'omuga, era, n'essanyu, ne nziramu okulaba mikwano gyange ab'edda; (Bwe ndikulaba ku olwo, ndikutegeera.)

Olintegeera ku makya, olindabira ku kamwenyumwenyu ke ndiba nako,

Ndikusisinkana ku makya, mu Kibuga, Ekibuga ekyazimbibwa ekyenkanankana.

Mukyagala? "Okutuusa lwe tulisisinkana." Kaakati leka tuyimirire. Twalanga Erinnya lya Yesu, tuwe eddoboozi.

262 Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina,"—Omuk.] Si mulungi nnyo? ["Amiina."] Mukkiriza nti gano ge Mazima? ["Amiina."] Lye kkubo lye mukutte, olw'ekisa kya Katonda? ["Amiina."] Okutuusa lwe tulituukayo:

Twalanga Erinnya lya Yesu,

Nga engabo eri buli kyambika;

Era ebikemo bwe bikwetooloola,

Ssa omukka gw'Erinnya eryo ettukuvu mu kusaba.

Ekyo kyokka kye tulina okukola, okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana. Kale.

Gendanga n'Erinnya lya Yesu,

Ggwe omwana w'ennaku n'e…

[Waliwo agamba nti, "Ekiro kya leero?"—Omuk.] Nedda.

Linaakuleetera esanyu n'eddembe,

Litwale wonna buli w'ogenda.

Erinnya Ery'omuwendo, Oh nga ddungi!

Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;

Erinnya Ery'omuwendo, Oh nga ddungi!

Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

263 Kati nno, nneesanze ng'ebimu mu Bubaka bwange nnina okubibuuka. Lumu, Mukama ng'Ayagadde, ndikomawo nzirire "amakubo" gano nga kwateko, awo, we tusobolera okuba n'obudde obusingawo. Mubaddenga mwemulugunya nti tetumalaawo kaseera kawanvuko. Olwa leero, tukikoze. Ebbugumu lingi. Naye, kaakati, Katonda Abawe omukisa. Nnyumirwa okuyimba okwo.

Waliwo muliraanwa wano, ku luli bwe baggyako omuzindaalo gw'ebweru, yagamba nti, "Obubaka bwannyumidde nnyo, naye lwaki mwaggyeeko ennyimba ezo ennungi, eyo, wabweru?" Kale, muliraanwa, bw'oba owuliriza enkya ya leero, ndowooza tulina abaliraanwa abasinga obulungi mu Jeffersonville mwonna. Emmotoka zaffe tuzisimba mu maaso g'enju zaabwe na buli kimu; tugenda bugenzi mu maaso; bambi tebatunyega n'akatono. Kale, tubeebaza kaakati.

Oh, nga Wa kitalo nnyo! Katonda abeere nammwe kaakano.

… Erinnya, Oh nga ddungi!

Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Okutuuka lwe tulisisinkana…

Ka tukoteke ku mitwe gyaffe. Omusumba leka atusiibule, mu ddakiika ntono ddala. Katonda Abeere nammwe!

…tusisinkanire ku bigere bya Yesu, (mu Kibuga ekikulu, ku Nnamulondo),

Okutuusa lwe tulisisinkana, okutuusa lwe tulisisinkana!

Katonda abeere nammwe okutuusa lwe tulisisinkana.

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7